Obuyinza bw'okuwandiika © 2019 bwa Jonathan Menn. Eddembe lyonna liri mu buyinza bwaffe.

EQUIPPING CHURCH LEADERS
• EAST AFRICA •

**OKUTENDEKA ABAKULEMBEZE BA'MAKANISA MU BUVANJUBA BW'AFRICA**

# YAKOBO

**Kyawandiikibwa**

**Jonathan M. Menn**

**B.A., University of Wisconsin-Madison, 1974**
**J.D., Cornell Law School, 1977**
**M.Div., Trinity Evangelical Divinity School, 2007**

**Equipping Church Leaders East Africa, Inc.**
**714 S. Summit St., Appleton, WI 54914**
**+1-920-2846841 (mobile and WhatsApp)**
**jonathanmenn@yahoo.com**
**www.eclea.net**

2019

Ekitabo kya Yakobo kirowoozebwa okuba nga kyawandiikibwa muganda wa Yesu,wano abanoonyereza bangi bagamba nti kyandiba nga kye kitabo ekyasooka okuwandiikibwa mu Ndagaano Empya.Ekitabo kino kyekuusa nnyo ku njigiriza ya Yesu.Essira kisinga kulisimba kw'ebyo ebitugasa mu bulamu.Kyogera ku nsonga nnyingi ezisinga obukulu mu bulamu omuli: okugezesebwa,okubonyaabonyezebwa, n'ebikemo; okusaba, ekibi eky'okusosola, obutonde bw'okukkiriza okwa nnamaddala okulamu, okufuga olulimi, amagezi ag'obwa Katonda n'agatali, ekibi ekibeera munda era n'engeri gye kyeyolekamu kungulu,ekibi ky'okwefuga era n'engeri gye kyeyolekamu kungulu, era n'okukkiriza okutuufu.

Obuyinza bw'okuwandiika © 2019 bwa Jonathan Menn. Eddembe lyonna liri mu buyinza bwaffe.

**ENDAGIRIRO**


**I. Ennyanjula ........................................ 2**

**II. Yak 1:1-27—Okwanjula emiramwa emikulu gyonna ........................................ 3**

**III. Yak 2:1-13—Ekibi eky'obusosoze ........................................ 11**

**IV. Yak 2:14-26—Okutambulira/Okukolera mu kukkiriza ........................................ 15**

**V. Yak 3:1-12—Ekibi ky'olulimi olutafugibwa ........................................ 20**

**VI. Yak 3:13-18—Amagezi ag'obwa Katonda nga golakanye n'agatali ........................................ 22**

**VII. Yak 4:1-4—Ekibi ekibeera munda era n'okweyoleka kwakyo okw'okungulu ........................................ 23**

**VIII. Yak 4:5-10—Engeri y'okunoonya ekisa kya Katonda n'okufuna amagezi okuva waggulu**[jm1]**.......25**

**IX. Yak 4:11-5:6—Ekibi ky'okweguliumiza era n'okweyoleka kwakyo okw'okungulu ..................26**

**X. Yak 5:7-20—Okubuulirira okusembayo ........................................ 30**[jm2]

**ESENGEKA Y'EBITABO ........................................ 34**[jm3][jm4]

**OMUWANDIISI ........................................ 35**

Obuyinza bw'okuwandiika © 2019 bwa Jonathan Menn. Eddembe lyonna liri mu buyinza bwaffe.

# I. Ennyanjula

## A. *Omuwandiisi*

Ekitabo kino kirowoozebwa okuba nga kyawandiikibwa, "*Yakobo eyali omuweereza wa Mukama era ne Yesu Kristo"* (**Yak 1:1**). Carson ne Moo balaga nti, "obutaba na kunnyonnyola kulaga nti Yakobo amanyiddwa ennyo" (Carson and Moo 2005: 621). Abantu abasinga okumanyika erinnya lino mu Bayibuli ne mu kkanisa eyasooka be batume Yakobo ne Yakobo muganda wa Yesu.Yakobo omutume, yattibwa mu myaka nga 44 Yesu ng'amaze okugenda, oboolyawo nga bukyali nnyo ku kuwandiikibwa kwe bbaluva eno kino. Kaakati kye kiva kirowoozebwa nti omuwandiisi yandiba Yakobo muganda wa Yesu era ng'ono abayizi ba Bayibuli bangi gwe bagamba nti ye mutuufu (Eusebius 1988: 78-79 [*Ecclesiastical History* 2.23.25]; Carson and Moo 2005: 621-26). Kino kyongera okukakasibwa bwe tusoma ebbaluwa eno mu Luyonaani ne tugigeraageranya n'okwogera kwa Yakobo okuli mu Bikolwa by'Abatume 15:13- 21 (Carson and Moo 2005: 622).[1]

## B. *Ennaku z'omwezi*

Wadde nga waliwo okukaayana ddi ekitabo kino lwe kyawandiikibwa, naye nga kirowoozebwa nti kye kyasooka mu Ndagaano Empya.Harold Lindsell awandiika nti, bwe kiba nti okumanyibwa kw'omuwandiisi kuba kutuufu, ebbaluwa eteekwa okuba nga yawandiikibwa nga AD 62 tannatuuka omwaka Yakobo mwe yatiibwa. Abamu bakitwala nti kye kitabo ky'Endagaano Empya ekyasooka okuwandiikibwa nga mu mwaka 45 Yesu ng'amaze okugenda. (Lindsell 1971: 1822) Abamanyi abasinga obungi abakkiriza nti Yakobo muganda wa Yesu ye muwandiisi bamaliriza nti ekitabo kino kyawandiikibwa mu makkati g'emyaka gya 40, nga Olukiiko lw'Ebikolwa bya Yerusaalemi 15 terunnabaawo olwaliwo mu mwaka gwa AD 49 oba 50 (soma mu Carson and Moo 2005: 627; *Africa Study Bible, New Living Translation* 2016: 1841; *Life Application Study Bible, New International Version* 1986: 2243; *New American Standard Bible* 1995: 1159).

## C. *Ebikwata ku njigiriza ya Yesu*

Ekitabo kya Yakobo, kirimu bingi ebikwata ku njigiriza ya Yesu, nga bw'olaba Matayo ne Lukka bwe bamuwandiikako. Era tekyewuunyisa nti balina bingi bye bafaanaganya:

| **Yakobo** | **Matayo** | **Lukka** | **Essomo** |
|---|---|---|---|
| 1:2 | 5:12 | | Okusanyuka wakati mu kugezesebwa |
| 1:4 | 5:48 | | Okubeera atukiridde |
| 1:5; 4:2-3 | 7:7 | 11:9 | Buuza era ojja kufuna |
| 1:12 | 5:11-12; 24:13 | 6:22-23 | Okugumira okubonyaabonyezebwa |
| 1:19-20 | 5:22 | | Okufuga obusungu |
| 1:22-25; 2:14-17 | 7:24-27 | 6:46-49; 11:28 | Okukola ekigambo kye kitugamba |
| 2:5 | 5:3 | 6:20 | Abaavu be bannannyini bwa Kabaka obw'omu ggulu |
| 2:8 | 22:36-40 | 10:25-28 | Okwagala baliraanwa bafffe |
| 2:13 | 5:7 | | Ebiva mu kuba ab'ekisa |
| 3:12 | 7:16-18 | 6:44 | Ekibala ky'omuti |
| 3:18 | 5:9 | | Okukuuma emirembe |
| 4:4 | 6:24 | 16:13 | Okwetowaliza Katonda |
| 4:8 | 5:8 | | Obulongoofu bw'omutima n'okuliraana katonda |
| 4:9 | | 6:21, 25 | Abaseka balikungubaga |
| 4:10 | 23:12 | 14:11; 18:14 | Abeetowaza baliyimusibwa |
| 4:11-12 | 7:1-2 | 6:37 | Tosalira munno musango |
| 5:1 | | 6:24 | Abagagga zibasanze |
| 5:2-3 | 6:19-20 | 12:33 | Tolulunkanira bugagga |
| 5:9 | 24:33 | | Omulamuzi ali ku mulyango |
| 5:12 | 5:33-37 | | Ebirayiro: mwewale okwefuulanga |

## D. *Mu bufunze*

Abawandiisi ab'enjawulo bateesezza ku nteekateeka ez'enjawulo ez'ekitabo kya Yakobo nga basinziira ku ndowooza zaabwe ku miramwa gy'ekitabo n'ensengeka (soma Martin 1988: xcviii-civ). Ensengeka y'ekitabo kino nnyangu ya kutegeera, kubanga kirimu bufunze ate nga n'amakulu ga kungulu. Ebigambo ebimpi era ebituufu

[1] Okufuna ebisingako awo ku Yakobo, laba okukubaganya ebirowoozo wansi ku **Yakobo 1:1.**

(enjogera eya bulijjo) mu suula esooka binnyonnyoddwa mu suula eziddako.[2] Okuva ku suula ey'okubiri okutuuka ku y'okutaaano, bw'ozeetegereza zaawandiikibwa mu ngeri ya kaddannyuma nga zeekuusa kw'esooka. Omugatte ogw'entiiko ogw'ekitabo ye **3:13-18**, "amagezi agava waggulu," agatuyamba okutambulira nga bwe tusaanide. Era ekitabo kino, kitwawulirawo ku bulamu obw'obutuukirivu na buno obw'ekibi bwe twesibamu. N'olwekyo, tukyasobola okukifunza mu ngeri bw'eti:

**1:1-27**—Ennyanjula y'emiramwa emikulu gyonna: kirungi
- Omuweereza n'endagiriro (1:1)
- Okugezesebwa, ebiboonyobonyo n'ebikemo (1:2-4, 12-15)
- Amagezi, ekisa n'okusaba (1:5-8, 16-18)
- Abagagga n'abaavu (1:9-11)
- Olulimi (1:19-20, 26)
- Okukkiriza okutuufu (1:21-27)

**2:1-13**—Ekibi ky'*obusosoze* (soma 1:9-11): kibi

**2:14-26**—*Okukkiriza* okulamu oba okukola (soma 1:22-27): kirungi

**3:1-12**—Ekibi ky'*olulimi olutafugiddwa* (soma 1:19-20, 26): kibi

**3:13-18**—*Amagezi ag'obwa Katonda* nga golakanya n'agatali (soma 1:5-8, 16-18): kirungi

**4:1-4**—*Ekibi ekibeera munda era* n'engeri gye kyeyolekamu kungulu: enkaayana; okutabuka; entalo; ettemu; obwenzi, n'ebyoleka nti omuntu talina magezi ga bwa Katonda (soma 1:13-15): kibi

**4:5-10**—Engeri y'*okunoonya* ekisa kya Katonda *n'okufuna* amagezi okuva waggulu (soma 1:2-4, 12): kirungi

**4:11-5:6**— Ekibi ky'*obuteefuga* era n'engeri gye kyeyolekamu kungulu: okusalira abalala omusango; okumala gakikkiriza; n'omululu gw'ebintu. Ebyo byonna biraga nti twweewaddeyo era teweetowalizza Katonda (soma 1:9-11, 14-15, 20-21): kibi

**5:7-20**—Enfundikira esimba essira ku miramwa emikulu, okuggyako ensonga z'abagagga n'abaavu kubanga zo zoogerwako mu 5:1-6: kirungi
- Okugezesebwa, ebibonyobonyo n'ebikemo—5:7-11, 13 (soma 1:2-4, 12-15)
- Olulimi—5 :9, 10, 12, 16 (soma 1:19-20, 26)
- Okusaba—5:13-18 (soma 1:5-8)
- Okukkiriza okutuufu—5:19-20 (soma 1:21-27)

## II. Yak 1:1-27—Okwanjula emiramwa emikulu gyonna

**1:1**—***Nze Yakobo omuweereza wa Katonda era owa Mukama waffe Yesu Kristo mbalamusaako mmwe ab'ebika ekumi n'ebibiri ebibunye wonna.***

***"Yakobo omuweereza wa Mukama ne Yesu Kristo."*** Ono gwe tusuubira nti muganda wa Ysu, ka tulabe ebimukwatako:
- Erinnyalye eryasooka ye Jacob (Eyo y'egeri gye liwandiikibwamu mu Luyonaani); oluvannyuma lyafuuka James okusinziira ku nzivunula ez'enjawulo okuva mu nsi za Bulaaya.
- Yali omu ku baganda ba Yesu (**Mat 13:53-55; Makko 6:3; Bag 1:19**), alowoozebwa okuba nga ye yali adda ku Yesu kubanga ayogerwako mu **Mat 13:55** and **Makko 6:3**.[3] Era muganda wa Yuda era Ebbaluwa

[2]Mu butuufu, essuula esooka ekola "ng'endagiriro ey'ebyo ebiri" mu miramwa gyonna Yakobo gy'awandiikako (Johnson 1995: 15). Ralph Martin mu ngeri y'emu agamba nti," Esuula esooka ekwata ekisumuluzo ky'ensengeka y'ebbaluwa era n'eraga ensonga enkulu egenda okwolekagana nayo: atya mu kubeerawo kw'omuntu okutuukiriza ekiruubirirwa kyayo n'okuzuula ekitiibwa kyayo?" (Martin 1988: cii).

[3] Bayibuli etera okugamba nti Yesu yalina baganda be bana: (Yakobo, Yusufu, Simooni, ne Yuda) era ne bannyina babiri (soma **Mat 12:46-47; 13:53-56; Makko 3:31-32; 6:3; Lukka 8:19-20; Yok 2:12; 7:3, 5, 10; Bik 1:14; 1 Kol 9:5; Bag 1:19**). Olw'okuba kimanyiddwa nti Maria yali tamanyi musajja, Abakatoliki bangi abe Ruumi bagamba nti aboogerwako nga

Obuyinza bw'okuwandiika © 2019 bwa Jonathan Menn. Eddembe lyonna liri mu buyinza bwaffe.

ya Yuda (**Yuda 1**; era soma **Mat 13:55 [**mu Luyonaani, erinnya Yuda lye bayita "Judas"]).

- Yesu bwe yali akyali ku nsi, Yakobo ne baganda be abalala tebamukkiririzaamu. (**Makko 3:21; Yok 7:5**). Naye Yakoba yakyusibwa Yesu bweyamulabikira oluvanyuma lw'okuzuukira (**1 Kol 15:7**).
- Ku lunaku lwa Pentekooti, Yakobo yali wamu n'abayigirizwa abalala mu kisenge ekya waggulu (**Bik 1:14**) era n'afuuka omukulembeze w'ekkanisa mu Yerusalemu (**Bik 12:17**); yali mpagi luwaga mu kuteesa ebiteeso mu lukiiko olwatuula mu Yerusalemu kubanga ye yali ssentebe, era n'alangiririra n'ebyasalibwawo byonna (**Bik 15:13-29**). Yali omu ku batandisi b'ekkanisa (**Bag 2:9**).
- Ettutumu lya Yakobo lyagenda lyeyongera, era n'atuumibwa Yakobo omwenkanya (Eusebius 1988: 76 [*Ecclesiastical History* 2.23.4, 7]).
- Yattibwa nga omujulizi mu mwaka gwe 62 nga Yesu agenze era yakubibwa amayinja n'afa oluvannyuma lw'okusindikibwa okuva ku Ntinko ya Yeekaalu. (Eusebius 1988: 77 [*Ecclesiastical History* 2.23.11-16]; Josephus 1987, *Ant.:* 20.9.1).

***"Eri ebika bya Yisirayeri 12 ebyasaasaana."*** Yakobo mukulisitaayo (**Yak 1:1; 2:1**) era awandiikira Bakulisitaayo (soma **Yak 5:14** era yeekuusa nnyo ku kuyitibwa kwa *bakadde b'ekkanisa*.) Kyokka Yakobo yakuzibwa Muyudaaya era n'aweebwa obukulu bw'ekkanisa mu Yerusalemu.wano ka tutunuulire ebintu ebikulu bwe twogera ku "*bika bya Yisirayeri 12 ebisaasaanidde wonna*" mulimu*:* Abayudaaya Abakristaayo abaali babeera ebweru wa Palisitiina, oba n'Abakristaayo bonna (Abayudaaya n'Abamawanga).

1. <u>Abakristaayo Abayudaaya abaali ebweru wa Palisitiina.</u> Ensonga ezimu ziraga nti abaasooka okufuna ebbaluwa eno nga Bakristaayo Abayudaaya ababeera ebweru wa Palestina.
    - **Bik 11:19** atulaga bulungi Abayudaaya bano Abakristaayo abaali basaasaanidde ebweru wa Palisitiina. Mu **Yak 1:1** ekigambo kye kimu ne mu Luyonaani (*diaspora*) bakirina era bakuyita kusaasaana nga bwe tukiraba mu Bikolwa by'Abatume. Era y'engeri y'emu diaspora gy'ekikozesebwa mu **Yok 7:35**.
    - **Yak 2:2** bw'ayogera ku "lukuŋŋaana" lw'Abakristaayo ekigambo ekituufu ekikozesebwa ye "Kkunŋŋaaniro" aba ategeeza Sinagooga**.**
    - Yakobo mu kitabo kye kyonna ajuliza nnyo Endagaano Enkadde, enfumo n'ebigambo ebijuliziddwa, ng'asuubira nti abasomi be baategeera Endagaano Enkadde.
2. <u>Abakristaayo bonna Abayudaaya ne bannamawanga.</u> Abalala b'awandiikira be Bakulisitaayo nga tasosodde oba Bayudaaya oba Bannamawanga.
    - "Ebika 12" tategeeza Bayudaaya Bakulisitaayo bokka naye kitegeeza nti omuwandiisi ye abasomi bonna abalaba nga Yisirayeri yennyini. Kkanisa mu butonde efunye ekitiibwa ekyo, kubanga gwali mulimu gwa Masiya okuddamu okuteekawo ebika ekkumi n'ebibiri (Ye. 3:18; Ezk. 37:19-24; Pss. Sol. 17:28), era Abakristaayo beetegeera ng'abasika abatuufu ab'enzikiriza y'Ekiyudaaya (Baruumi 4; 1 Bak 10:18; Bag 4:21-31; Baf 3:3)." (Davids 1982: 63; soma ne Moo 1985: 58)[4]
    - Ekigambo *diaspora* ("ebyasaasaana"), mu ngeri y'emu kyalina amakulu ag'olugero, nga okutwalira awamu kiraga Abakristaayo ng'abo ababeera ewala n'amaka gaabwe amatuufu ag'omu ggulu. (1 Peetero 1:1)" (Carson and Moo 2005: 628; see also **Beb 11:13; 13:14; 1 Peet 1:17; 2:11**).
    - Okukozesa ebyokulabirabirako, enfumo n'ebigambo ebijuliziddwa mu Ndagaano Enkadde si kya bulijjo, okuva abawandiisi ba Bayibuli bonna bwe beyambisa Endagaano Enkadde okuba omusingi gw'Endagaano Empya. Era n'ekigambo Sinagooga mu **Yak 2:2** tekitegeeza enkuŋŋaana za Bakulisitaayo Abayudaaya, kubanga Yesu mu Kub **2:9** ne **3:9** ekigambo kino akikozesa okutegeeza ekkanisa yonna wamu.
    - "Bwe kiba nti 'ebika ekkumi n'ebibiri' birina okutegeeza eggwanga lya Yisiraeri. Olwo tekitegeerekeka ngeri ki gye kiyinza kutegeeza Abayudaata bokka abatuuka okuba Abakristaayo

---

baganda ba Yesu, baali ba kizibwebe. Kyokka, "ekitundu kyokka baganda Olw'okuba kimanyiddwa nti Maria yali tamanyi musajja, Abakatoliki bangi abe Ruumi bagamba nti aboogerwako nga baganda ba Yesu, baali ba kizibwebe. Kyokka, "ekitundu kyokka baganda ba Yesu mwe batagattibwa na nnyina kye Yokaana7:3, 5, 10 we wokka bano baganda ba Yesu ne batagattirwa wamu naye. Nye awalala wonna we baboogererako, we watulaga nti bano babbeere (Zodhiates 1993: *"adelphos,"* 80) Yesu alabika okuba nga ye yali omuggulanda kubanga kino kyongera okukakakasibwa mu Lukka7 atunnyonnyola ebikwata ku ba kaggulanda. Lukka yandibadde takyogerako singa yali tamanyi nti Maria yalinayo abaana abalala kubanga, alina bingi ebiraga nti yali yeekakasa (Lukka. vii. 12, viii. 42). Era n'ebigambo ebiri mu Matayo i 25 tetusaanye kubisuula muguluka. Bw'amala okuzaaala omuggulanda, obufumbo bwe bwatinta n'azaala n'abaana abalala. (Tasker 1982: 22-23)

[4] Kristo n'ekkanisa nga ebituukiriza Endagaano Enkadde era nga bikola Yisiraeri empya, ey'amazima, omwesigwa byogerwako mu buwanvu mu Menn 2016: 26-93.

Obuyinza bw'okuwandiika © 2019 bwa Jonathan Menn. Eddembe lyonna liri mu buyinza bwaffe.

[okuva bwe kiri nti tewali kyogerwa ku 'bika ekkumi n'ebibiri' okubeera Abakristaayo]. Wano amagezi ag'ekikugu we geetagisiza ekigambo ekyo tukitegeere ng'ekitegeeza Abayudaayo bonna, oba tukutegeere mu ngeri ey'akabonero." (Nystrom 1997: 38) Okuva lwe kiri nti ekitabo kino kiwandiikibwa Bakulisitaayo, si Bayudaaya, "ebika ekkumi n'ebibiri" kabeere akabonero oba eky'okulabirako ekinnyonnyola ekkanisa yonna so si akatundu obutundu ak'abantu abali mu kkanisa.

- Obubaka bwa Yakobo era bugasa Abakristaayo bonna, ebiseera byonna mu bifo byonna.

Kuba amazima gali nti tewali kintu na kimu mu bubaka bwa Yakobo.Amazima gali nti, obubaka bwa Yakobo bube bwa kungulu oba bbukusike, tebuluubirira Bayudaaya Abakristaayo newankubadde okuteekawo oluwonko wakati w'Abayudaaya n'Abamawanga. Kyo kituukana n'Abakristaayo bonna, awatali kunonoza mawanga gaabwe oba buzaale. Kino kikulukuta okuva ku kuba nti, mu Kristo, *"tewali Muyudaaya wadde Omuyonaani, tewali muddu wadde omusajja ow'eddembe, tewali musajja si mukazi, kubanga mwenna muli bumu mu Kristo Yesu"* (**Bag 3:28**; soma ne **Bak 3:11**). Ekitabo kino nsibuko yamagezi eri buli mukkiriza abe wa wa oba wa?

***<u>1:2-4</u>—[2]Baganda bange ne bwe mubanga mubonyaabonyezebwa, musanyuke [3]nga mumanyi mwe muliva okunyezebwa. [4]Era muganye okugumiikiriza kwammwe kuzaale ebibala, mulyoke mutuukirizibwe nga temulina ke mujula.***

Yakobo ebbaluwa agitandika atulaga ensonga enkulu etukwatako ffenna: okugezesa okukkiriza kwaffe n'ebikemo wamu n'ebiboonyobonyo, engeri gye tugumiikirizaamu ko n'engeri gye tubyanganga. Ka tulabe engeri kino gye kiwandiikiddwako mu nnyiriri zino.

1. <u>Ekigambo ky'oluyoonaani "okugezesebwa" (*peirasmos*) ekisobola okuvvunulwa "okugezesebwa".</u> Zodhiates annyonnyola enjawulo nti: "Okugezesebwa, okukemebwa, okutekebwa ku kugezesebwa bikolebwa ku muntu yekka. Bwe kikolebwa Mukama, *peirasmos* kigendererwamu kukakasa muntu oyo so si kumusuula. Ate bwe kiba kivudde wa setaani,ye aba agenderera kusuula busuuzi" (Zodhiates 1993: "*peirasmos*," 1135) Marshall, Travis, ne Pawulo babannyonnyola: "Ebyo 'ebigezo' by'ayogerako si kuyigganyizibwa kwa lwatu, wabula okunyigirizibwa okw'engeri yonna okukema omukkiriza okuva ku kukkiriza, okugeza, endwadde, ebibamba, okutuntuzibwa okuva mu batali bakkiriza,okukaluubirirwa okugobereera ennono z'Ekikulisitaayo mu nsi eteri yaabwe.ebigezo ebiringa ebyo tebiva wa Katonda,biyinza okuleeetebwa embala yaffe ey'obwonoonyi oba omulabe setaani (1:13-16; 4:7). Kyokka bwe tugumiikiriza okubonyaabonyezebwa, tukula mu mwoyo era oluvannyuma tuwangula (1:4, 12; 5:7-11)." (Marshall, Travis, and Paul 2002: 257)
2. <u>Ensonga **y'enyiriri 2-4** eraga nti enzivvunula entuufu wano kwe "kugezesebwa".</u> Kino kirabibwa bwe twetegereza *endowooza* yaffe ku bizibu n'ebigezo bye twolekagana nabyo n'*ebyava* mu kugumira ebizibu n'okugezesebwa ng'ebyo. Endowooza yaffe kwe *"kutwala ku byonna nga <u>essanyu</u>"* bwe tugwa mu kugezesebwa okw'enjawulo. Weetegereze nti Yakobo agamba 'bwe" tugwa mu kugezesebwa okw'enjawulo, so si "singa" tugwa mu kugezesebwa okw'enjawulo. N'olwekyo okunyigirizibwa n'embeera embi bwe bitutawaanya, tetusaanidde kulowooza nti Katonda yatusuula oba nti tubonerezebwa olw'ebibi oba nto singa twalina okukkiriza okusingawo kwokka tetwandiyolekedde bizibu ng'ebyo. Okwawukana ku ekyo, Yesu yennyini yayolekagana n'ebizibu ebya buli ngeri n'agamba nti, "*mu nsi mujja kubonaabona"* (**Yok 16:33**). Ekivaamu, tusaana okukitegeera nti ebizibu bye twolekagana nabyo si bya njawulo wabula byennyini *bwe bukakafu bwonna nti Katonda akola mu bulamu bwaffe okubikula n'okutukiriza okukkiriza kwaffe okututwala mu kifaananyi kya Yesu Kristo!*

Ensonga etugaana okwekubagiza nga tugudde mu bizibu, tugisomako mu **3-4**: "tukimanyi" nti Katonda afuga era akozesa okugezesebwa "okugezesa okukkiriza kwaffe" okusobola okufulumya *okugumiikiriza* okujja okuvaamu okubeera *"okutuukiridde era okujjuvu, okutabulwa mu kintu kyonna"*[5] Ekigambo ekivvunuddwa "okugumiikiriza" kiri hupomonē*,* ekitegeeza "omutindo ogwo ogw'empisa ogutakkiriza muntu kwewaayo mu mbeera oba okugwa wansi ng'agezesebwa" (Zodhiates 1993: *"hupomonē,"* 1425). Ekigambo ekivvuunirwa ekituukiridde kiri "teleois" ekitegeeza "oyo atuuse mu kukula mu mpisa, ekigenderera, kwe kugamba, okuba omuntu omuwulize eri Kristo. (Zodhiates 1993: *"teleois,"* 1372) Mu ngeri endala, Katonda akozesa ebigezo ebiri mu bulamu bwaffe okutufuula abantu abakulu ab'empisa enyweevu ennyo nga, okufaananako Yesu yennyini, abasobola enfunda n'enfunda

[5] Tuyinza okubudaabudibwa nga twolekedde okuyigganyizibwa mu bulambulukufu olw'okukkiriza, nga abatume mu Bik **5:40-41**. Wabula, okugezesebwa mu butuufu kufuuka "okugezesa okukkiriza kwaffe" bwetuzuuliddwa nga tulina kookolo, nga tufunye ebisago eby'amaanyi mu kabenje, oba okubonaabona okulala ne kutukuba awatali *nsonga ey'enjawulo.* Ebizibu ebyo byonna bitugezesa kubanga *tubaawo lwa kukkiriza so si lwa kulaba"* (**2 Bak 5:7)**

Obuyinza bw'okuwandiika © 2019 bwa Jonathan Menn. Eddembe lyonna liri mu buyinza bwaffe.

okwolekagana n'embeera ezisinga obubi mu bulamu n'omwoyo nga musanyufu, alina essuubi, emirembe era ajjudde okwagala. Ennyiriri zino wammanga zituyamba okubala "ebibala ebya mwoyo mutukuvu" (soma **Bag 5:22-23**). Ensonga eno Yakobo gy'awandiikako ne Pawulo agiwandiikako mu **Bar 5:3-5** ne Peetero agikkaatiriza mu **1 Peet 1:6-9**.

3. <u>Ensonga y'ebigezo n'ebikemo kyenkana yeefuze ekitabo kyonna.</u> Ekitabo kyonna kiringa ekizingiddwa mu nnyiriri ezo essaatu ze tulabye waggulu. Bwe kityo "amagezi" mu **Yak 1:5** kikwatagana okudda ku "kumanya" **kw'olunyiriri 3**. Okukubaganya ebirowoozo ku bugagga n'abaavu mu nyiriri **9-11** kubaawo mu mbeera y'okukola ku kugezesebwa (obwavu n; obugagga byombi bikemo oba bigezo ebigezesa okukkiriza kw'omuntu). **Yak 1:12-15** era attaanya ensonga y'ebigezo n'ebikemo. Kaakati awo ebiddako byonna nga bwe twalaba mu nnyanjula, ekitabo kino kittaanya essuula esooka **Yakobo 1**. Ekitabo kino kyonna mu bukalaativu kikwata ku ngeri okukkiriza okwa nnamaddala gye kufaanana—era okukkiriza okuwa nnamaddala ku nkomerero kulabibwa nga kugezeseddwa okugezesebwa n'okukemebwa.

<u>1:5-8</u>— ***5 Naye oba nga mu mmwe mulimu aweeebuka mu magezi, asabe Katonda agabira bonna n'ekisa awatali kukodowala, galimuweebwa. 6Naye asabenga mu kukkiriza, nga taliiko ky'abuusabuusa; kubanga abuusabuusa afaanana ng'ejjengo ery'ennyanja eritwalibwa empewo ne lisukuundibwa. 7 Kubanga omuntu oyo talowoozanga ng'aliweebwa ekintu kyonna eri Mukama waffe, 8Omuntu ow'emyoyo ebiri, atanywera mu makuboge gonna.***

Ebigambo "naye" n'ekekwa" biyunga ennyiriri zino ku lunyiriri olw'okubiri okuuka ku lw'okuna (**ennyiriri 2-4**). Zitulaga ekisumuluzo eky'okugumira obulungi n'okuvvuunuka ebigezo n'okukemebwa ge *magezi*. Amagezi kisumuluzo kubanga gasinga "okumanya" kubanga go gagatta okumanya ate n'okuteeka mu nkola ekyo ky'oteggedde. Amagezi kwe "kumanya" **(olunyiriri 3)** nti Katonda y'ali emabega w'ebigezo era abikozesa olw'obulungi bwaffe obw'enkomerero era atulaga *engeri y'okugumira* ebigezo n'ebikemo byaffe. Kituwa endowooza etegeerekeka ku mbeera yaffe okusinziira ku *ndowooza ya Katonda,* so si mu ndowooza yaffe eyinza okukyusibwakyusibwa n'okutataganyizibwa olw'obulumi n'okubonaabona kwaffe. Nga tulina amagezi tutegeera nti ebisirani, ka bibeere nti ensibuko ki, kakisa Katonda kayinza okukozesa okuleeta ebigendererwa bye mu bulamu bwaffe.

Ennyiriri zino, era zitugamba nti enteekateeka ey'okusobola okukola obulungi ebigezo n'ebikemo byaffe ye Katonda yennyini. Y'oyo "*awa bonna n'ekisa awatali kukodowala*" (**olunyiriri 5**). N'ekirala era, tukimanyi bulungi nga Mukama y'atuwa amagezi kubanga ye yekka y'ensibuko yaago (**Yobu 12:13; Nge 2:6; Yis 11:2; Lukka 21:15; 1 Kol 2:13; Beef 1:16-19; Bak 2:2-3; 3:16; Yak 3:17**).

Okukkiriza kwe tulina mu kusaba (**olunyiriri 6**) si "kukkiriza mu maanyi g'okusaba" oba "okukkiriza mu maanyi g'okukkiriza." Okukkiriza si kika kya "maanyi"ga kifuusa. Wabula, okukkiriza kwa Bayibuli mu bukulu kwe kwesiga Katonda n'okuwaayo obulamu bw'omuntu mu buwulize eri Katonda okuyita mu Kristo nga yeesigamye ku by'ayogedde. Bwe kityo, mu Ndagaano Enjadde, ekibinja ekimu eky'ebibinja by'ebigambo by'Olwebbulaniya eby'okukkiriza oba enzikiriza ebinnyonnyola endowooza ya "okufaayo oba okwesiga omuntu oba ekintu [oyo nga ye Katonda]"; ekibinja ekirala eky'ebigambo by'Olwebbulaniya ebinyonyola endowooza yemu "bitera nnyo mu Bayibuli y'Olwebbulaniya naye nga bitera okuvvuunulwa 'okwesiga' okusinga okubeera 'n'okukkirza/okukkiririza mu"' Bwe kityo, "Ibulaamu okwagala okwesiga Katonda . . . kimufuula ekyokulabirako ekikulu eky'endowooza ya Bayibuli ey'okukkiriza. Okwagala kwe okukkiriza n'okugondera Katonda kwe kutuukiriza endagaano Katonda gye yali akoze naye." (Schowalter 1993: 222) Endowooza y'Endagaano Empya ey'okukkiriza afaananako bwetyo, enjawulo enkulu eri nti ekintu ky'okukkiriza kw'omuntu ye Yesu Kristo. Bwe kityo, olulimi lw'okukkriza lukozesebwa "byombi okutegeera mu nkola obuyinza bwa Yesu obusukkulumye ku butonde era n'okwanuukula okutuufu eri enjiri gye yajja okulangirira." (France 1992: 223) Kino kitugamba nti waliwo okutebenkera n'obutakyukakyuka ku kukkiriza okwa nnamaddala okuteesigamye ku mbeera z'omuntu ez'okungulu era ezitakyukakyuka wabula nga kwesigamiziddwa ku nkolagana ennamu ne Mukama.

Okutebenkera kuno n'obutakyukakyuka bw'okukkiriza kulagibwa ekikontana nabyo—"okubuusabuusa." Yakobo ageraageranya ababuusabuusa, "*ku jjengo ly'oku nnyanja erifuuyibwa era ne lisuukundibwa empewo . . . omuntu ow'emyoyo ebiri, atanywera mu makubo ge gonna* **ennyiriri** (**6, 8**). Mu ngeri endala, omuntu ng'oyo aba waggulu olunaku lumu ate wansi oluddako, ng'avugibwa embeera ez'ebweru so si kwesiga n'okukakasa okw'omunda. Douglas Moo annyonnyola nti, "Yakobo ky'anenya mu nyiriri zino si muntu alina okubuusabuusa oluusi n'oluusi ku kukkiriza kwe, oba okugwa mu kibi kati n'oluusi—batono ddala abaandifunye okuddibwamu mu ssaala zaabwe singo gwali gutyo! Wabula, Yakobo abonereza omuntu okusinga atali mwesimbu mu kunoonya ebintu ng'amagezi okuva eri Katonda; omuntu anoonya okuweereza abakama ababiri ab'enjawulo mu kiseera kye kimu (soma Mat 6:24; Yakobo 4:4)." (Moo 1989: 1154) Ronald Ward agamba bwati, "*Okubuusabuusa* si

Obuyinza bw'okuwandiika © 2019 bwa Jonathan Menn. Eddembe lyonna liri mu buyinza bwaffe.

butakkiriza oba butakkiriza mu by'obufirosoofo. Kifaanaganyizibwa nga omuwaatwa ogw'munda. Abuusabuusa, akkiriza ate era n'awakana; anywerera ku kisuubizo—era mukakafu nti tekijja kutuukirizibwa." (Ward 1970: 1224). Ebigezo n'ebikemo bye tuyitamu, bye biraga embeera y'okukkiriza kwaffe era ebiweereza okwongera okukkiriza kwaffe n'okwesiga Mukama nga bw'akola mu ffe era ng'ayita mu ffe mu kugezesebwa n'okukemebwa kwaffe.

**<u>1:9-11</u>—*[9] Naye owooluganda omukopi yeenyumirizenga olw'obukulubwe: [10] era n'omugagga yeenyumirizenga olw'okukopawala kwe: kubanga aliggwaawo ng'ekimuli ky'omuddo. [11] Kubanga enjuba evaayo n'omusana omungi n'ewotosa omuddo n'ekimuli kyagwo ne kigwa n'obulungi bw'ekifaananyi kyagwo ne bubula: era omugagga bw'atyo bw'aliwotoka mu kutambulakwe.***

Emboozi eno ku bagagga n'abaavu era ekola nnyo nga twogera ku bugumiikiriza wakati mu bikemo—wano ebituuka ku bantu abagwa mu makowe g'ebyenfuna ag'enjawulo. Obwavu bwennyini bulijjo buyinza okuba ekigezo ekizibu. Naye n'okuba omugagga nakyo kigezo; obugagga buleeta ekikemo ekinene eky'okugabanyaamu obwesigwa bwaffe. Eneewulira eziragiddwa wano zifaananako ne **Nge 30:8-9**: *"Tompanga bwavu newankubadde obugagga; Ndisanga emmere gye nneetaaga, nneme okukkutanga ne nkwegaana ne njogera ntj, "Mukama ye ani?" era nnemenga okuba omwavu ne nziba, Ne njogera bubi erinnya lya Katonda wange."* Ekisumuluzo ekikulu, nga bwe kiragiddwa mu **Yak 1:9-11**, kwe kusa essira ku Mukama n'obulamu obutaggwawo, naye si ebyo ebitusoomooza mu byenfuna. Yakobo ayogera ekikulu Kristo ky'ayogerako mu **Mat 6:19-21**: *"[19]Temweterekera ku nsi kwe buyononekera n'ennyenje n'obutalagge, n'ababbi kwe basimira ne babba. [20]Naye mweterekeranga ebintu mu ggulu, gye bitayonoonekeran'ennyenje newankubadde obutalage, so n'ababbi gye batasimira; so gye batabbira; [21]kubanga ebintu byo we bibeera, omutima gwo nagwo we gubeera."* Douglas Moo ky'ava akikkaatiriza nti, "Yakobo, olwo akubiriza Abakulisitssyo, abagagga n'abaavu okujjukira bulijjo nti omusingi gwokka ogw'okwesiga kwabwe kwe kwekkaanya kwabwe ne Yesu Kristo. . . . Abakristaayo bombi, mu ngeri endala, balina okutunuulira obulamu bwabwe okuva mu ggulu so si ku nsi. (Moo 1985: 69)

**<u>1:12-15</u>—*[12] Alina omukisa omuntu agumiikiriza okukemebwa: kubanga bw'alimala okusiimibwa aliweebwa engule ey'obulamu, Mukama waffe gye yasuubiza abamwagala. [13]Omuntu yenna bw'akemebwanga, tayogeranga nti Katonda y'ankema kubanga Katonda takema na bubi, era ye yennyini takema muntu yenna. [14]Naye buli muntu akemebwa, ng'awalulwa okwegomba kwe ye n'asendebwasendebwa. [15]Okwegomba okwo ne kulyoka kuba olubuto ne kuzaala okwonoona: n'okwonoona okwo, bwe kumala okukula ne kuzaala okufa.***

Mu nnyiriri zino Yakobo akomawo mu bulambulukufu ku mulamwa gw'ennyiriri **2-4**wabula, **olunyiriri 12** lusukka **olunyiriri 4** ku bikwata ku mpeera z'okusigala nga tweesigwa nga tuli mu kugezesebwa nga kuleeta ekintu eky'empeera ey'omu maaso— "*engule y'obulamu*"—abo abagumikiriza. Ekyo kikwatagana n'okuggumiza Yakobo kwasa nnyiriri 9-11 nti abantu beetaaga okussa essira ku mbeera yaabwe ey'olubeerera, so si ku mbeera yaabwe ey'ebyenfuna ey'ekiseera.

**Yak 1:13-15** kwekennenya kukulu nnyo ku ngeri y'okukemebwa n'ekibi. Ennyiriri zino ziraga ensonga enkulu eziwerako:

1. <u>Mu **lunyiriri 12** ekigambo ekivvuunulwa nga "okugezesebwa" (*peirasmos*) kye kigambo kye kimu ekikozesebwa mu lu**nyiriri 2**; ne mu **nnyiriri 13-14** ebigambo ebivvuunuddwa nga "okukumebwa" n' "okema" (*peirazō*) ky'ekigambo ky'Oluyonaani kye kimu.</u> Omulamwa mu mbeera guraga nti okuvvuunula okutuufu mu **lunyiriri 12** "kugezesebwa" ate mu **nnyiriri 13-14** okuvvuunula okutuufu "akemeddwa." Kyokka, newankubadde ebigambo bye bimu bye bikozesebwa, mu **nnyiriri 2** ne **12** embeera ez'ebweru bwe zikozesebwa nga kyogerwako, naye **ennyiriri 13-14** okwegomba okw'omunda kwe kwogerwako.
2. <u>Mu nnyiriri zino, kyeraga lwatu nti ensibuko y'ekibi—n'ensibuko y'okukemebwa—byombi biva munda muffe.</u> Embeere zaffe ez'ebweru, abantu abalala, ne setaani yennyini buli kiseera batuwa emikisa okulaga obwesigwa oba okukola ekibi. Naye n'embeera ez'amaanyi nga zigatta wamu n'abantu abasikiriza abakolera awamu ne setaani yennyyini teziyinza kututeeka mu kabi mu by'omwoyo *okuggyako era okutuusa nga tufudde ebiteeso bya setaani ebyaffe*. Ebikemo bisibuka munda mu muntu so si kungulu. Abantu babiri, bayinza okulumbibwa ekikemo kye kimu, naye ekyewuunyisa omu asobola okugwa mu kibi ate munne n'akitebuka. Ekyokulabirako, omuntu omwavu ayinza okulaba ensimbi eziringiza munsawo y'omulala, okuzibba oba okuzireka byombi biri mu mutima. N'omusajja omusuubuzi omufumbo nga ali yekka ewala n'awaka, asobola okusobola okusisinkana omukazi omusikiriza ayagala okwebaka naye; oba yeebaka naye oba asigala nga mwesigwa eri mukyala we kisinziira ddala oba atwalibwa oba nedda n'asendebwasendebwa okwegomba kwe oba yeekuuma okutuusa lw'adda awaka. Era ye Yakobo

Obuyinza bw'okuwandiika © 2019 bwa Jonathan Menn. Eddembe lyonna liri mu buyinza bwaffe.

agaanira ddala abeekwasa mbu setaani yabakemye. Setaani si y'atukozesa ebibi era tusobolera ddala okumuwakanya. Ensobi ffe tuzeekolera era Mukama azituvunaana. Kya mazima Yakobo akkaatiriza Yesu kye yatugamba mu **Mat 15:19** *"eky'emitima gyaffe okuba ensibuko y'okwonoona kubanga abatemu, abenzi, abakaba, obubbi, okuwaayiriza, n'abasaaba bannaabwe enziro."*

3. Ekigambo ekivvuunuddwa nga "okwegomba"mu **lunyiriri 14-15** kiri *epithumia.* Wadde ekigambo "okwegomba" kitera okuba n'amakulu ag'okwegatta, ago si ge makulu gaakyo agasookerwako wano. *Epithumia* okusinga kitegeeza "okwegomba ennyo, okwegomba okw'amaanyi, okuyayanira"; naddala nga kikozesebwa mu ngeri embi kitegeeza "okwagala okususe era omulugube, omululu, okwaaka" (Zodhiates 1993: *"epithumia,"* 627). Mu bukulu, ennyirir zino zitugamba nti bulijjo era tukola kyokka ekyo *kye tusinga okwegomba*. Okugeza singa, omukozesa, atugamba nti tulina okulimba ku kintu oba tujja kufirwa omulimu gwaffe, bwe tulimba si lwakuba nti twali "tukakkiddwa" okulimba wabula lwakuba twagala okusigala ku mulimu gwaffe okusinga okubeera omuntu ow'obwesimbu era ayogera amazima. Singa mu kitta bantu ekyali e Rwanda, twalagirwa okutta omuntu, era nga bwoogana ggwe wattibwanga, bwe wakkirizanga n'omutta, oba osazeewo ggwe obeere mulamu naye ojeemere etteeka lya Mukama, "*Tottanga*" (**Kuv 20:13**). Omukisa (embeera zaffe) bwe zisisinkana okwegomba, olwo olubuto ne lubaawo. Olubuto lw'ekibi bulijjo luzaala kufa.

Enkola eno ebadde bwetyo okuva abantu abasooka ennyo (Adamu ne Kaawa) lwe baakola ekibi ekyasooka ennyo (okulya ekibala ekigaaniddwa): Kaawa bwe," *yalaba ng' omuti mulungi okulya, era nga gusanyusa amaaso, era nti omuti gwali gwegombebwa okubageziwaza, yaggya ku bibala n'alya; n'awa ne bba wamu naye, n'alya"* (**Lub 3:6**). Mu ngeri endala, baali baagala okulya ekibala ekyo olw'emigaso gye baali baagala balowooza nti bajja kufuna okusinga bwe baali baagala okwesiga Katonda n'okugondera ye. Eryo bulijjo ly'ekkubo. Tuyonoona kubanga twagala.

**1:16-18:** ***16Temwerimbanga, baganda bange abaagalwa. 17 Buli kirabo kirungi na buli kitone kitukirivu kiva waggulu, nga kikka okuva eri kitaffe ow'ebyaka atayinza kuba na kufuukafuuka newankubade ekisiikirize eky'okukyuka. 18Olw'okuteesakwe yatuzaala n'ekigambo eky'amazima, tulyoke tubeere ng'omwaka omubereberye ogw'ebitonde bye.***

Olunyiriri **16** lukwata ku nnyiriri **14-15** era ne ku **17-18**. Ennyiriri ezo ennya ziraga enjawulo ez'amaanyi:

| Enyiriri 14-15 | Enyiriri 17-18 |
|---|---|
| **Okukemebwa** = okutwalirizibwa n'okusendebwa olw'omulugubwe gwaffe | **Buli kirungi na buli kitone** kiva **wa kitaffe** |
| **Omulugube**—gwe guvaako okwonoona | **Yatukola—lwa kwagala kwe n'ekigambo eky'amazima** |
| **Ekibi** empeera yaakyo **kufa** | **Ffe** twandibadde **bibala ebisooka** mu bitonde bye**.** |

Embala ye "bibereberye" (**lunyiriri 18**) bye bino wammanga:

- Biva mu kwesalirawo (**Kuv 23:19**)
- Biba birungi nga bitukuvu (**Leev 2:11-12, 14**), ebisinga (**Kub 18:12**), tebiriiko kamogo (**Kub 28:31**)
- Biweesa Mukama ekitiibwa (**Nge 3:9**)

Nga "ebibereberye" obulamu bwaffe bulina okulaga engeri ezo waggulu.

- Ebibereberye biwanirira bakabona (**Kub 8:8-12; Ezek 44:30**); kati ffe ekkanisa, tuli bwa bakabona obutukuvu (**1 Peet 2:5, 9; Kub 1:6**), kwe kugamba, tulina okuwagiragana.
- Omugabo 'gwa bakabona gwali bwe gutyo *"basobole okwemalira mu mateeka ga Mukama"* (**2 Ebyomu 31:4- 5**); kakati tulina *"okunywerera [okweyongerayongera] mu kiganbo kyange"* (**Yok 8:31**) era tubeere *"abakola ekigambo"* (**Yak1:22**).
- Ebireberye biraga nti Katonda alikkiriza Yisirayeri (**Leev 23:10-11**); kakati ffe, ekkanisa, ffe "kukomola okutuufu" (**Baf 3:3**), abaana ba Ibulayimu abatuufu (**Bag 3:29**), yeekaaalu entuufu (**1 Kol 3:9, 16-17; 2 Kol 6:16-7:1; Beef 2:21; 1 Peet. 2:5; Kub 3:12**; **13:6**), ttabamiruka wa Yisirayeri yennyini (**Beef 2:12, 19**), Yisirayeri wa Katonda yennyini (**Bag 6:16**).

Olunyiriri **18**, okufaananako ne **olunyiriri 16**, lunyiriri lwa nkyukakyuka. Lufundikira Yakobo by'abadde ayogerako okuviira ddala emabega okuva ku lunyiriri **2**. Essira lyaffe kwe kubeera mu Katonda; atuwa amagezi okusobola okugumira obulungi ebigezo (**olunyiriri 5**); tatukema kukola kibi (**olunyiriri 13**) naye, mu kifo ky'ekyo, atuwa ebintu byonna ebirungi, (**olunyiriri 17**). Ensonga lwaki bino byonna bobaawo eri nti, oyo *"eyatuzaala n'ekigambo eky'amazima"* (**olunyiriri 18**), kubanga, atuzza buggya, n'atuwa obulamu obupya era n'atulokola (**Yok 1:12-13; Beef 2:8-9**). Yatulokola lwa kigendererwa, tulyoke tusaanire "*okubeera ababereberye be era abakira ebitonde byonna"* (**olunyiriri 18**). Ekyo kye kifaanana kye kikwata ku ssuula 1 yonna era ddala n'ekitabo kyonna okutwalira awamu.

Obuyinza bw'okuwandiika © 2019 bwa Jonathan Menn. Eddembe lyonna liri mu buyinza bwaffe.

**1:19-20:** ***[19] Ekyo mukimanyi, baganda bange abaagalw. Naye buli muntu abeerenga mwangu wa kuwulira, alwengawo okwogera, alwengawo okusunguwala. [20] kubanga obusungu bw'omuntu tebukola butuukirivu bwa Katonda.***

Tutera okuba n'omusango gw'okwogera nga tetulowoozeza, okufubutuka n'okwogera okutali kwa kimpowooze—oba olugambo oba obusungu. Ekirala, tutera okwanguwa okutwala ekifo ky'obusungu obw'okwetukirira, kwe kugamba, nga tulowooza nti tusobezeddwa ko, nti tulina eddembe okunyiiga, era nti Katonda ali ku ludda lwaffe. Endowwoza zino zituviirako, "*okuddiza ekibi mu kibi oba okuvuma mu kuvuma"* (**1 Peet 3:9**). Ekyo kye kikontana n'obulamu obwesigamye ku bwe tulina okubeera. Mu bulamu obwesigamye ku kisa, tetulina kuddiza kibi ku kibi oba okuvuma wabula tulina *okuwa omukisa mu kifo ky'ekyo* (**1 Peet 3:9**)*."*

Ekigambo ky'Oluyonaani ekitegeeza obusungu kiri *orgē* ekitegeeza obusungu nga "embeera y'ebirowoozo" okwawukana ku kigambo *thumos* ekitegeeza "obusungu ng'okubutikira kw'ebirowoozo eby'okwesasuza." (Zodhiates 1993: *"orgē,"* 1055). Yakobo akkiriziganya ne Yesu kye yagamba ng'alaga nga bwe twonoonebwa ebintu ebiva munda mu ffe (**Mat 15:15-20; Makko 7:14-23**). Mu byonna, tulina okukuuma omutima, ebirowoozo n'enneewulira yaffe. Nga, "*tuli bangu okuwulira, abalwawo okuwulira, abalwawo okwogera era abalwawo okusunguwala,"* tujja kwewala ekibi eky'okusalira omusango n'olwekyo twewale okusalirwa omusango oba okusalirwa omusango ffekka. (soma **Mat 7:1-2**).

**1:21-27:** ***[21] Kale muteekenga wala obugwagwa bwonna n'obubi obusukkiridde, mutoolenga n'obuwombeefu ekigambo ekisigibwa ekiyinza okulokola obulamu bwammwe. [22] Naye mubeerenga bakozi ba kigambo, so si bawuliriza buwulizi, nga mwerimbaalimba. [23]Kubanga omuntu yenna bw'aba omuwulizi w'ekigambo, so nga si mukozi, oyo afaanana ng'omuntu eyeeraba amaaso ag'obuzaaliranwa bwe mu ndabirwamu: [24] Kubanga yeeraba n'agenda, amangu ago ne yeerabira bw'afaananye. [25]Naye atunula mu mateeka amatuukirivu ag'eddembe n'anyiikiriramu, nga si muwulizi eyeerabira naye mukozi akola, oyo anaweebwanga omukisa mu kukola kwe. [26]Omuntu yenna bwe yerowooza nga wa ddiini, bw'ataziyiza lulimi lwe, naye nga yeerimba omutima gwe eddiini y'oyo teriko ky'egasa. [27] Eddiini ennongoofu eteriimu kko mu maaso ga Katonda kitaffe y'eno, okulammulanga abafuuzi ne bannamwandu mu bunaku bwabwe, n'okwekuumanga obutaba na mabala ag'mu nsi.***

Ekitundu kino ekisembayo, eky'essuula 1 kiwa okulambika okwa bulijjo okw'ekitabo kyonna; ekitabo ekisigadde kyogera ku nkozesa ey'enjawulo ey'emisingi egyogeddwako wano. Ekisumuluzo ky'okubeera n'obulamu obw'obwesigwa kye kigambo kya Katonda. Bwe kityo, newankubadde "*kubanga obusungu bw'omuntu tebukola butuukirivu bwa Katonda*." (**olunyiriri 20**), ekigambo kya Katonda, bwe kisimbibwa mu mwoyo gw'omuntu kituuka ku butuukirivu—kwo kyokka "*kirina obusobozi okulokola emwoyo gyammwe*" (**olunyiriri 21**). Kyokka, ekigambo ekyo si kya kusoma oba okukwaribwa mu mutwe bukusu kyokka; wabula kibeera kya kutambuliremu. N'olwekyo olunyiriri 22 lutugamba okutuuka "*okuba abakozi b'ekigambo so si bawulizi abeerimbaalimba*."

Olunyiriri **21** lutujjukiza nti tutambulira mu bubi. Era bwe tutabwewala, bwe butuviirako okwonoona n'okwonooneka. Ekigambo ky'Oluyonnaani ekivvuunuddwa 'obubi' wano ye *kakias* ekitegeeza obubi ng'omuze omubi ogw'ebirowoozo . . . obubi mu ngeri y'empisa ekitegeeza obubi bw'omutima, obulamu n'empisa." (Zodhiates 1993: *"kakia,"* 807). Nga bwe yakola mu lunyiriri **19-20**, olaba nga Yakobo akkatiriza nnyo ku nsonga y'omutima n'omuntu owoomunda. Okutegeera ekigambo kya Katonda, twetaaga *okwetowaliza ddala.* Ekyo nakyo kikwatagana n'olunyiriri **19-20** kubanga obwetoowaze kikontana n'okwefaako n'obusungu bw'ennyiriri ezo. Obwetoowaze kwe kukimanya nti ekigambo kye tufuna ekiwonya emyoyo gyaffe kituweebwa olw'ekisa kya Katonda kyokka, so si lwa mugaso gwonna mu ffe. Tetukifuna mu bituukiddwaako oba emirimu gyaffe; kituweebwa wadde nga—mazima, olw'ebibi byaffe, okulemererwa n'obutasaana. Ekyo bwe tukitegeera mu butuufu, tekiyinza butatuusa ku mbeera entuufu ey'omutima n'ebirowoozo Yakobo by'ayogerako.

Ennyiriri **22-25** zikkatiriza eky'okuba: "*abakozi b'ekigambo so si abawulizi*" (**olunyiriri 22**). Ekigambo y'endabirwamu mwe twerabira (**enyiriri 23-25**). Era ekigambo gwe mutindo gwe tulina okusalawo obulamu bwaffe. Ekigambo kitulaga engeri gye tulina okubeera. Naye ekigambo kisinga kino. Mu lunyiriri **olunyiriri 25** ekigambo **"***kiyitibwa eteeka erituukiridde, erituwa eddembe."* Kino kiri kityo kubanga ekigambo kitusumulula okuva mu bubi. Era ne Yesu yakitugamba nti, "*bwemunanyiikirire mu kigambo kyange muba abayigirizwa bange ddala, era mulitegeere amazima, n'amazima galibafuula ba ddembe"* (**Yok 8:31-32**). Ekigambo kitusumulula okuva mu maanyi n'ebiva mu kibi; nga Olunyiriri **21** bwe lutugamba, ekigambo ekisimbiddwa mu ffe kilokola emeeme zaffe. N'olwekyo, ekigambo, mu kukola, kigeraageranyizibwa n'enjiri eyatusumulula okuva mu maanyi n'enjegere z'ekibi tuleme okuba abaddu b'ekibi. (**Bar 6:6-7**) Ekigambo tekikoma bukomi ku kutusumulula okuva mu bulimba n'ekibi, naye kitusumulula era ne kitusobozesa okumanya Katonda, okusinza Katonda, okulowooza okutuufu, n'okubeera

Obuyinza bw'okuwandiika © 2019 bwa Jonathan Menn. Eddembe lyonna liri mu buyinza bwaffe.

batuukirivu. Bw'ekityo **olunyiriri 25** lusuubiza omukisa abo bonna abakola ekigambo. Mu kukola bwetutyo, Yakobo akkiriziganya ne Yesu ky'ayogera mu **Lukka 11:28** (ESV): "*Naye ye n'abagamba nti ekisinga, balina omukisa abawulira ekigambo kya Katonda, ne bakyekuuma."* Naye, okufuna emikisa n'emiganyiro gy'ekigambo binaaba byaffe singa, "ekigambo tukyekkenneenyezza." Kwe kugamba, tulina okusoma ekigambo ne tukiyiga, ne tukyefumitirizaako ne tukiteeka mu nkola olwo ne kiryoka "kisimbibwa" mu ffe. Mu bufunze, tufuuka bantu ba kigambo.

Enyiriri **26-27** ziwumbaawumba byonna Yakobo byayogedde nga annyonnyola kiki Katonda kyayita okuba "ediini entuufu." Ekigambo ekivvuunudwa nga eddiini mu nyiriri zino kye ki *thrēskeia,* kikozesebwa okutegeeza "emikolo gy'okusaba oba egy'okusinza" (Zodhiates 1993: *"thrēskeia,"* 742) oba "okulaga okwewaayo eri ebitonde ebisukkulumye, naddala nga bwe kyeyoleka mu mikolo gy'okusinza" (Danker 2000: *"thrēskeia,"* 459). Kwe kugamba, kitegeeza emikolo egy'eddiini egy'omuwendo mu maaso ga Katonda. Abantu bakola obulombolombo bungi n'emikolo mingi egy'eddiini: abamu basinza (nga bafukamizaako evviivi limu oba ne balikwatako okulaga obwetowaze bwabwe); abamu bakuba akabonero k'omusaalaba; abalala ne bawanika emikono nga basaba; waliwo n'abakutamyako ku mitwe, ne bazibiriza n'okugatta engalo. Yakobo atugamba nti bino byonna omuli: okufunya ku maviivi, okukoteka omutwe n'ebirala, Mukama si by'atunuulira ennyo emikolo egyo gyonna n'obulombolombo busobola okukolebwa "*naye ekikulu kwe kuyamba ba mulekwa ne ba nnamwandu mu buyinike bwabwe n'obutemaliza ku bya mu nsi"* (**olunyiriri 27**).

Yakobo akikkaatiriza nti, "*eddiini entuufu era ekkirizibwa mu maaso ga Katonda Kitaffe*" kizingiramu omuntu yenna munda n'ebweru. Omuntu okusobola "*okwekuuma eby'ensi*" kikwatagana n'obulamu bwaffe, kwe kugamba, okwekuma "okw'ononebwa ensi" olw'empisa, ebikulembeza, n'endowooza y'ensi. Kino kikulu kubanga "ekibiina ky'abantu kyoleka, okutwaliza awamu, enzikiriza n'enkola ezitali za Kikristaayo, bwe kiba nga si nnyo abawakanya obukulisitayo. Omukkriza abeera 'mu nsi' ali mu bulabe obutasalako obw'okubeera n'obucaafu bw'enkola, 'okumwesimuuliza' ku ye" (Moo 1985: 87) Okubuulirira kuno kudda ku **lunyiriri 21** Yakobo w'atukubiririza *okwewala obubi n'obugwagwa* bwonna. Ekyo tukikola nga okulowooza *kw'ebyo byokka ebiri mu ggulu so si eby'oku nsi kuno* (**Bak 3:2**). Ekyo tukikola nga, tutwala "*buli ndowooza mu buwambe mu buwulize bwa Kristo*. (**2 Kol 10:5**) era nga essira tulitadde ku *kintu kyonna ekituufu, eky'ekitiibwa, eky'amazima*, *ekirongoofu, eky'okwagala, ekiweesa erinnya eddungi*, "ekisukkulumu era ekisaana okutenderezebwa*"* (**Baf 4:8**). Mu bufunze, tulina "*musooke munoonye obwa kabaka bwe n'obutuukirivu bwe; era ebyo byonna mulibyongeerwako*." (**Mat 6:33**) era, "*yagalanga Mukama Katonda* wo *n'omutimagwo gwonna, n'emmeemeyo yonna, n'amaanyi go gonna; n'amagezi go gonna, ne muliraanwawo nga ggwe bwe weeyagala wekka*." (**Lukka 10:27**; soma ne **Mat 22:37**) ekyo kye kiragiro ekisooka era ekikulu mu byonna (**Mat 22:38**).

Okulambula ba mulekwa ne ba nnamwandu abali mu buyinike ayogera ku kwolesebwa okw'ebweru okw'okwewaayo kwaffe eri Katonda. Ako ke kabonero ak'okungulu, akalabika ak'ekisa eky'omunda, eky'omwoyo mu bulamu bw'omuntu. Eryo Yesu lye yayita etteeka "ery'okubiri" nti, yagala *muliraanwa nga ggwe kennyini bwe weeyagala* (**Mat 22:39**; soma ne **Lukka 10:27**). Okufaayo n'okulumirirwa bannaffe tekukoma ku bamulekwa ne bannamwandu bokka. Mu butuufu "bamulekwa ne bannamwandu" baafuuka mu Ndagaano Enkadde abagattibwa kw'abo abantu abataliiko mwasirizi (Moo 1989: 1155). Kino Yesu yakitegeera bulungi mu kwogera ku musango gw'endiga n'embuzi. N'agamba nti, ng'atulabula ku lunaku lw'omusango "*[35] bwe nnali omuyala, mwampa ekyokulya, ennyonta bwe yannuma, mwampa ekyokunywa; nnalimugenyi ne munsuza; [36]nnali bwereere ne munnyambaza: nnali mulwadde ne munnambula: nnali mu nvuba, ne mujja ne muindaba.' [37]Awo abatuukirivu balimuddamu nga bagamba nti Mukama waffe, twakulaba ddi ng'olina enjala ne tukuliisa? Oba ng'olina ennyonta ne tukunywesa? [38] Era twakulaba ddi ng'oli mugenyi ne tukusuza? oba ng'oli bwereere ne tukwambaza? [39] Era twakulaba ddi ng; oli mulwadde oba mu nvuba, ne tujjatukulaba?' [40] Ne Kabaka aliddamu alibagamba nti mazima mbagmba nti nga bwe mwakola omu kw'abo baganda bange abasinga obuto, mwakikola nze. Yokaana omutume ky'ava akkaatiriza ensonga y'okweyisa obulungi eri bannaffe tulyoke tukakase ensi nga twalokolebwa lwa kisa.* Omutume Yokaana yakiggumiza nti ebikolwa byaffe eby'okungulu eby'okulaga okwagala eri abalala bwe bukakafu, ekigeera, oba tulina okukkiriza okwa nnamaddala okulokola oba nedda. Mu **1 Yok 4:20** atugamba nti, "*Omuntu bwagamba nti, Njagala Katonda, era nga akyawa muganda we, aba mulimba, kubanga oyo atayagala muganda we gw'alabye, tayinza kwagala Katonda gw'atalaba.*" Mu bufunze, "eddiini entuufu" eyo "mukrisitaayo omutuufu'' (olunyiriri 4) ekwataganya omutima omulongoofu ogulabikira mu bye tukola (Moo 1985: 87).

Essuula esooka mu kitabo kino ekya Yakobo eyogera nnyo ku nsonga enkulu ezikwata ku bulamu bwaffe n'okukiriza kwaffe: ng'atandikira ku bikemo n'engeri y'okubivvunuka, ekibi n'embeera zaakyo, engeri gye tulina okweyisamu n'amaliriza ng'atulaga eddiini entuufu esiimibwa mu maaso ga Katonda. Yakobo era amala eggobe mu kibya bw'annyonnyola eddiini entuufu bw'efaanana mu **lunyiriri 27** n'atulaga bulungi omukkiriza omutuufu bwe yandibadde**:** nga twenywerezza ku magezi ga Katonda ne tuteesiga gaffe, awo tuba tulagira ddala embala ya Katonda "*oyo kitaawe wa bamulekwa era bba wa bannamwandu*" (**Zab 68:5**) era nga oyo, mu muntu wa Yesu Kristo, yali, *yafuuka omuntu era n'akemebwa naye n'atayonoona (***Beb 4:15**), kwe kugamba, "*ensi*

Obuyinza bw'okuwandiika © 2019 bwa Jonathan Menn. Eddembe lyonna liri mu buyinza bwaffe.

*teyamwonoona*." Engeri y'okubeera n'obulamu obw'engeri eyo gye kulabika mu mbeera ezitali zimu y'ensonga ekwata ku kitabo kyonna. Ku ekyo kati katutandike.

**EBIBUUZO EBYOKUKUBAGANYAAKO EBIROWOOZO**

1. Lwaki Yakobo ayita ekkanisa (gy'awandiikira ebbaluwa eno) "ebika ekkumi n'ebibiri ebisaasaanidde mu nsi? Mu Yak 1:1?

2. 'Okugezesebwa' kye ki, era lwaki era tutya "byonna bwetubitwala okuba essanyu" bwe tusanga ebigezo eby'enjawulo (laba Yak 1:2-4)?

3. "Magezi" ki ge tusaanidde okusaba Katonda (Yak 1:5)? Lwaki kikulu nnyo?

4. Yak 1:6 agamba nti tulina okusaba Katonda mu "kukkiriza." Nnyonnyola obutonda n'engeri z'okukkiriza.

5. Ensonga ki enkulu Yakobo gy'ayogerako mu Yak 1:9-11 ku kukubaganya ebirowoozo kwe ku bagagga n'abaavu?

6. Mu Yak 1:12-15 Yakobo ayogera ku bikemo n'okugezesebwa.
- Njawulo ki eri wakati w'okukemebwa n'okugezesebwa?
- Mu Yak 1:14-15 Yakobo akozesa ekigambo "okwegomba." "Okwegomba" kye ki nga Yakobo bw'akozesa ekigambo ekyo?
- Okusinziira nu nyiriri zino, ekibi kisibuka wa?
- Mukama akozeasa atya ebikemo n'okugezesebwa bye tuyitamu okusobola okutukuza mu mwoyo n'okutufaananya Yeasu?

7. Ebibereberye byeyisa bitya (soma Yak 1:16-18), era obulamu abaffe, bulina kufaanana butya okuva bwe tulina okuba "ekika ky'ebibereberye" mu bitonde bye"?

8. Yak 1:19-21 awandiise ebintu ebikulu ebiwereko ebirina okulaga obulamu Omukulisitaayo. Ebintu bino bye biki? Ekkanisa eyinza etya okuyamba abantu baayo okukula mu bitundu bino?

9. Yak 1:22-25 akubaganya ebirowoozo ku musingi omukulu ogw'okubeera abakozi b'ekigambo so si bawulizi baakyo. Okuyita mu buweereza bwayo obw'okubu; ira n'okusomesa, ekkanisa esobola okuyamba abantu okuyiga Ekigambo. Naye ekkanisa kiki ky'eyinza era ky'erina okukola okuyamba abantu baayo okusukka ku kuyiga Ekigambo kwokka okufuuka "abakola' Ekigambo?

10. Mu Yak 1:26-27, Yakobo atugamba "eddiini ennongoofu eteriimu kko mu maaso ga Katonda kitaffe kye ki" (kwe kugamba, "eddini oba emikolo n'bulombolombo" Katonda by'atwala ng'eby'omuwendo). Bulombolombo na mikolo ki ebikkirizibwa Katonda? Kiki bye twetaaga okukola mu makkanisa gaffe okutandika okussa essira n'okukola Katonda by'atwala ng'eby'omuwendo?

**III. <u>Yak 2:1-13—Ekibi eky'Obusosoze</u>—*Baganda bange, mmwe abakkiriza Mukama waffe Yesu Kristo ow'ekitiibwa, temusosolanga mu bantu. [2]Kubanga bw'ayingira mu kuŋŋaaniro lyammwe omuntu alina empeta eya zaabu ayambadde eby'obuyonjo, era n'omwavu ayambadde enziina n'ayingira, [3] nammwe ne mwaniriza ayambaddde ebyambalo eby'obuyonjo, ne mwogera nti ggwe tuula wano awalungi era ne mugamba omwavu nti Ggwe yimirira eri, oba tuula wansi awali akatebe k'ebigere byange; [4] nga temwawukanye mu mmwe mwekka, ne mufuuka abasazi b'ensonga ab'ebirowoozo ebibi? [5] muwulire, baganda bange abaagalwa; Katonda teyalonda abalina obwavu bw'omu nsi okubeerangan'obugagga obw'okukkiriza, n'okusikira obwakabaka bwe yasuubiza abamwagala? [6]Naye mmwe mwanyooma omwavu. Abagagga si be bajooga ne babawalula bennyini awasalirwa emisango? [7] Singa bavuma erinnya eddungirye muyitibwa? [8]Naye bwe muba mutuukiriza etteeka lino eriri nga kabaka w'amateeka, nga bwe kyawandiikibwa nti OYAGALANGA MUNTU MUNNO NGA BWE WEEYAGALA WEKKA, mukola bulungi. [9]Naye bwe munaasosolanga mu bantu, nga mukoze ekibi, ne musingibwa amateeka ng'aboonoonyi [10] Kubanga omuntu yenna bw'aba akwata amateekagonna, naye n'asobya mu limu, ng'azzizza omusango gwa gonna. [11] Kubanga oyo ayogera nti TOYENDANGA ate ayogera nti TOTTANGA.Kale bw'otoyenda naye n'obba, ng'ofuuse mwonoonyi w'amateeka. [12]Mwogeranga era mukolengabwe mutyo ng'abagenda okusalirwa omusango n'amateeka ag'eddembe. [13] Kubanga omusango tegubaako kusalirwa eri atassssira: okusaasira kujaguliza ku musango.***

Obuyinza bw'okuwandiika © 2019 bwa Jonathan Menn. Eddembe lyonna liri mu buyinza bwaffe.

Ekigambo mu **lunyiriri 1** ekivvuunuddwa "endowooza y'okusosola mu bantu" kigambo kya Luyonaani (*prosōpolēpsia*) ekitegeeza butereevu "okufuna feesi" kwa kugamba, okulaga obusosoze oba okusosola (*prosōpolēpsia*) (soma Moo 1989: 1155; Zodhiates 1993: *prosōpolēpsia,* 1239). Ekigambo kiri mu bungi (kwe kugamba, "ebikolwa eby'okusosola,"), ekiraga nti, newankubadde nga Yakobo akozesa ekyokulabirako kimu eky'okusosola ekiragibwa Omusajja omugagga ayambadde n'atonya emmooli ne lunkupe ayambala enziina (**enyiriri 2-6**), *emisingi* Yakobo gy'akkaatiriza mu kitundu kino gikwata ku "engeri omuntu yenna gy'ayisibwamu ng'asinziira ku kulowooza okw'ebweru—kabeere ggwanga, langi, obugagga oba engeri y'ennyambala" (Moo 1989: 1155).

1. Ekitundu kino kituwa eby'enjigiriza ebijjuvu ku nsonga lwaki okulaga obusosoze kibi nnyo:
   - **Olunyiriri 1—**Yesu ye Mukama waffe ow'ekitiibwa. Singa tuwa abantu abamu ekitiibwa, ng'omugagga mu kyokulabirako kya Yakobo, awo tuba tweyisa "nga Yesu takyali kitiibwa; okuyingira kw'abagagga kukuzibwa nga kulinga okulabika kwa Mukama waffe Yesu yennyini" (Ward 1970: 1227). Okulaga obusososze eri ebika by'abantu ebimu" tekikwatagana na kukkiriza mu Oyo eyajja okumenyawo ebiziyiza by'erangi, eggwanga, kiraasi, ekikula, n'eddiini (Moo 1985: 88; soma **Beef 2:11-22**). Kwe kugamba, bwe tutiitiibya abantu abamu ate ne tuboola abalala, mu butuufu tuba tuggya Yesu Kristo ku ntebe mu kifo ky'busukkulimu Ye yekka ky'alina. Eno nsonga ya maanyo nnyo.

     N'ekirala, Katonda kyenkanyi ye mutonzi w'ebintu byonna. Katonda teyamala gakola bantu babiri abaasooka (Adamu ne Kaawa) n'oluvannyuma n'atuleka ffekka. Wabula Katonda akola *buli muntu ku lulwe* (**Kuv 4:11; Yob 10:8; 31:15; Zab 100:3; 119:73; 139:13-16; Yis 44:24; Yer 1:4-5; 27:5**). Kubanga Mukama ye yatutonda tuli babe **(Ma 10:14; Zab 24:1; 50:10-12; 95:6-7; 100:3; Yis 17:7; 29:19; 45:9; 64:8; Yer 18:1-10; Bar 9:20**). Okugatta ku ekyo, abantu bonna bakoleddwa mu "kifaananyi kya Katonda" (**Lub 1:26- 27; 5:1, 3; 9:6; Yak 3:9**). Ku bino byonna **Bar 2:11** egamba, *"kubanga Katonda tasososla mu bantu."* (soma ne **Leevi 19:15; Ma 10:17**). Olunyiriri olwo lukozesa ekigambo ky'Oluyonaani (*prosōpolēpsia*) Yakobo ky'akozesa mu **lunyiriri 1**. Kaakati mu Kristo, **Bag 3:28** egamba, "*Tewakyali njawulo wakati w'Omuyyudya n'eggwanga eddala, wakati w'omuddu n'ow'eddembe, wakati w'omusajja n'omukazi. Mwenna muli omu mu Kristo Yesu."* Ekikulu mu kino kiri nti, buli lwe tusosola bannaffe, tuba tuwakanya Katonda mwene ne Kristo omwanawe abaagaaana obusosoze!
   - **Olunyiriri 4—**Bwe tulaga obusosoze, tufuuka abalamuzi abalina ebigendererwa ebikyamu. Mu **Yok 7:24** Yesu agamba, "*Mulekenge kusala musango nga musinzira ku bya kungulu, naye musalenga omusango nga mugoba ensonga.*" Bwe tutandika okuboola abantu okusinziira kw'ebyo eby'okungulu nga ebyenfuna, langi, amawanga n'ebirala, Katonda kino akitwala ng'engeri embi ey'okusalawo, kubanga omusingi gw'okusala omusango gwesigamiziddwa ku nsonga ezitakwatagana. N'okusingawo, okusalawo okwesigamiziddwa ku nsonga ez'ebweru ng'ezo kusinga kubaamu ebintu ng'omululu, obuggya, obukyayi n'ebigendererwa ebirala eby'ekibi. Tulina okujjukira nti **1 Sam 16:7** (ESV): "*Mukama talaba ng'abantu bwe balaba; kubanga abantu batunuulira okufaanana okw'okungulu, naye Mukama atunuulira mutima*." Okutuuka ku kigero kye tulaga obusosoze nga tusinziira ku bintu eby'ebweru, tuba twekenneenya n'okusalira abantu omusango ekikontana n'engeri Katonda gye yeekeneenyamu n'okusalira abantu omusango. Bwe tukola ekyo, tuba tufaananye nga Peetero Yesu bwe yamugamba nti, "*setaani dda emabega wange anti ofuuse enkonge mu kkubo lyange kuba otunuulidde bya kungulu so si bya munda ebya Katonda*." (**Mat 16:23**)
   - **Enyiriri 5-6—**Bwe tusosola abantu ba Mukama, tuba tutyoboode abo be yawa ekitiibwa. Yesu naye yali musajja mwaavu. Yagamba, "*muli bamukisa abaavu, kubanga Obwakabaka bwa Katonda bwammwe"* (**Lukka 6:20**).[6] Bwe tusosola ekibiina kyonna eky'abantu kye tuba tweyisa "nga kikontana n'endowooza n'ebikolwa bya Katonda yennyini." (Moo 1989: 1156). Mu butuufu, tufuuja amalusu mu maaaso ga Katonda eyawa omukisa n'alonda abantu okuva mu *buli "kika, olulimi, eggwanga n'abantu"*

---

[6] Olunyiriri **5** lugamba nti, **"***Katonda yalonda abalina obwaavu bw'omu nsi naye nga bagagga mu kukikiriza balyoke basikire obwa kabaka bwe yasuubiza abamwagala.* Kisaanye kimanyibwe ntiYakobo tatugamba nti Mukama yeeroboza abaavu bonna oba bokka, naye Mukama ayagala abaavu (Lukka 6:20)" (Moo 1989: 1156). Era, kijjukirwe nti abantu tebasaaanye kweremeza mu bwavu olw'okuba Mukama ayagala abaavu. Ensonga emu kw'ezo Mukama emulonza abaavu erabibwa ku kyokulabirako ky'omukulembeze omu omugagga omuto (Makko 10:17-27). Awo Yesu w'wagambira nga kizibu abagagga abavundu okuyingira mu bwa kabaka bwa Katonda (enyiriri 23-25), akageri gyekiri nti obugagga buva gy'ali, Mukama agaggawaza abo abeetowaza era abakkiriza nti baavu mu mwoyo (Mat. 5:3). Ensonga eyookubiri lwaki Katonda alonda abaavu eraguddwa mu bulambulukufu mu 1 Kol.1:26-29. Mukama yeeroboza abo abatalina ke balina oba abatalina kye abali wabulewo eyeenyiumiriza (olunyiriri 29)." (Burdick 1981: 179)

Obuyinza bw'okuwandiika © 2019 bwa Jonathan Menn. Eddembe lyonna liri mu buyinza bwaffe.

mu nsi (**Kub 5:9; 7:9**). Mu butuufu tuba tugamba, "Katonda, olina okusalawo okubi olw'okusiima abantu ng'abo. Nnina okusalawo okusinga okukwo, kubanga abantu ng'abo sibaagala." Mazima tegereza amampaati agenkanidde awo! Mu kifo ky'ekyo twetaaga okujjukira nti, Abakristaayo newankubadde baavu mu bintu eby'omubiri baize okuba nga balini obugagga obw'omwoyo mu kiseera kino era nga basuubira emikisa minene mu biseera ebijja. Okusinziira mu kifo kino eky'omwoyo, so si eby/omubiri, Abakristaayo mwe bakina okusalira abalala emisango. Oba bakkiriza oba sibakkiriza abantu tebalina kwekenneenyezebwa ba Kristaayo okusinziira ku mutindo gw'ensi. (Moo 1985: 91)

- <u>**Enyiriri 6-7—**Nga tulaga obusosoze eri abagagga era ab'amaanyi abatatya Katonda tuba tussa ekitiibwa mu abo abaswaza Kristo.</u> Mu biseera bya Yakobo abagagga baali batuligunya abaavu wadde ng'abakristaayo abasinga baali baavu. N'olwekyo, kisesa era kikontana n'obumu n'okwegatta kw'ekkanisa "okuyisa obubi abo abasinga obungi be baaggyibwamu okusobola okufuna okusiimibwa abagagga n'ab'amaanyi." (Moo 1989: 1156). Kino kyongera na kusajjula mbeera. **Olwo 7** lugamba, "*Tovvoola linnya eddungi lye mwayitibwa*." Abakristaayo beetikka erinnya lya Kristo ery'ekitiibwa. Eri abo abatululugunya n'okuyigganya oba okubonyaabonya Abakristaayo (**olunyiriri 6**) baba batulugunya Kristo yennyini era (soma **Bik 9:4-5**). Era kino kye kimu n'okuvuma erinnya lya Kristo. Donald Burdick agamba nti, "Okulaga obusososze eri abo abavvoola erinnya eryo ery'ekitalo kye kisinga obutujju mu byonna" (Burdick 1981: 179). Ate gujabagira bwe tudda ku bavuma erinnya lya Kristo ne tugulumiza oba okutiiitiibya olw'okuba balina ssente n'amaanyi, naffe tuba *tuvunaanyizibwa kyenkanyi ku bubi bwabwe*. Ne Pawulo ensonga y'emu eno yagyogerako mu **1 Tim 5:22** bwe yagamba Timoseewo nti, "*Toyanguyirizanga kussaako mikono gyo ku muntu n'omu, teweetabanga mu bibi bya balala. Weekuume obeerenga mulongoofu.*" Bombi Yakobo ne Pawulo kye bagamba kiri nti engeri gye tuyisaamu bannaffe ekola kinene nnyo okusinga ne bye tulabako. Bagamba nti okulaga nti okwagala omuntu atatya Katonda olw'okuba mugagga kisukka ku sente; ddala kwe kukakasa n'okukkiriza obulamu bw'omuntu oyo obutatya Katonda era obw'okuvvoola.
- <u>**Enyiriri 8-11—**Bwe tulaga abantu okusosola nga tusinziira ku misingi egitali gya Bayibuli, tuba tumenya, "Amateeka g'Obwakabaka".</u> "*Okwagala mulirwaanwa wo nga ggwe kennyini*," kiyitibwa "Eteeka ly'Obwakabaka" kubanga liva ku Kabaka yennyini. Kiba "kya bwakabaka" kubanga "lye tteeka ery'okuntikko amateeka amalala gonna agafuga enkolagana z'abantu mwe gali wansi" (Burdick 1981: 179). Kya mazima, ddala **Bag 5:14** agamba nti amateeka gonna gafunzibwa era ne gatuukirizibwa mu kigambo "*Yagala mulirwaanwa wo nga ggwe kennyini bwe weeyagala*." N'olwekyo*, "okulaga obusososze [kiraga] nti okola ekibi era musingisibwa omusango amateeka ng'abamenyi b'amateeka."*

Mu butuufu nti amateeka gonna gatuukirira ng'oyagala mulirwana wo ng'ggwe kennyini kikutuusa ku nsonga ya Yakobo mu olunyiriri **10**, "*bw'okwata mateeka gonna naye ne wesittala mu nsonga emu, obeera n'omusango gwa gonna.*" Lwaki ayogera bw'atyo? Ensonga eri nti etteeka liri wamu—engeri y'olujegere. Bw'omenyako ekkowe limu ku lujegere, lwonna luyiika. Mukama ye yeeeteerawo etteekalye. N'olwekyo n'ekibi ekitono ennyo kixingiramu okusobya ku eyateekawo Amateeka, kubanga kitegeeza okugana obuyinza bwe bwonna ku bitundu byonna eby'obulamu bwaffe. Nga Burdick bw'atugamba, Okumenya amatteeka mu kiseera kyonna ekimu si kumenya tteeka limu lyokka; kwe ktyoboola Katonda by'ayagala n'okukontana n'empisa za Katonda. . . . Bwe kitunuulirwa bwe kiti, ekikolwa eky'okusosola mu bantu kiba wala nnyo okuva ku butabeera na makulu" (Ibid.: 180).

Katonda yawa etteeka lye mu kitundu okubikkula embeera y'emitima gyaffe. Akimanyi nti tulaba kungulu—naye ye akebera mutima. Bwe tulaga obusososza tuba tubikkulu okunyooma kwe tulina eri omuntu mu mutima gwaffe—kubanga Yesu yagamba mu Makko **7:21**, "*Kubanga munda mu mitima gy'abantu, muvaamu ebirowoozo ebibi, obukaba, obubbi, ettemu obwenzi."* Ekyewuunyisa byombi mu, **Makko 7** ne wano mu **Yakobo 2,** Yesu ne Yakobo boogera ku *birowoozo ebibi,* ettemu, n'obwenzi. Bombi bakimanyi nti ebintu bino byonna kwolesebwa kwokka n'omitima omwonoonefu era omubi. Mu ngeri eyo, n'olwekyo, okulaga omuntu obusososze nga tusinzira ku mpisa ez'ebweru si "kibi kitono" kyokka fenna kya tutera okukola. Mu kifo ky'ekyo, kitta abantu ng'ettemu oba obwenzi.[7]

- <u>**Enyiriri 12-13**— Okulaga obusososze kijja kuvaamu okusalirwa omusango awatali kusaasira</u> Abakristaayo bulijjo balina okukijjukira nti wajja kutuuka olunaku lwe tunaasalirwa omusango (**2 Kol.**

[7] Yesu ye okusosola abantu akigeraageranya n'obusungu obubeera munda mu muntu era n'obutemu (**Mat 5:21-22**; era soma mu **1 Yok 3:15**) era n'obukaba wamu n'obwenzi (**Mat 5:27-28**). Obusungu n'obukaba byetaaga era kye kimu n'obutemu n'obwenzi. Obusosoze bubi nnyo kubanga kulimu okulumya omuntu mu mwoyogwe.

Obuyinza bw'okuwandiika © 2019 bwa Jonathan Menn. Eddembe lyonna liri mu buyinza bwaffe.

**5:10** [ "*FFenna tulina okutuuka ku Nnamulondo ya Mukama kw'asalira emisango, buli muntu alyoke asasulire ebikolwabye bye yakola ng'akyali ku nsi, byombi ebibi n'ebirungi"*]). Nga Yesu bweyabamba nti, "*Byonna ebikwekweddwa birikwekula, era n'ebibikkiddwa biribikkulwa.* [3] *Ka mbabuulire, buli kye mwogera mu nzikiza kiriwulirwa mu lwatu, n'ebyama bye mwogerera mu nnyumba biryogererwa mu kasolya waggulu."* (soma ne **Mat 10:26; Makko 4:22; Lukka 8:17**) Yesu y'omu era yatugaana okusalira abalala omusango. Okugatta ku ekyo Yesu yagamba nti, "*ku mutindo gwo ogw'okupima kijja kukupimibwa no kwanukula."* (**Lukka 6:37**).

Ronald Ward akatiiriza nti nga bwekyogerwa mu lunyiriri **olunyiriri 13** nti, "*omusango tegujja kuba gwa kusaasira eri oyo atalaga kisa,"* mu mbeera y'emu kino kiringa "ekirimu okwesasuza era ekitatuuka na mutindo gwa kikristaayo naye kituufu. Gwo omusango, nga gusalibwa tewalina kuba kisa. Era omusango bwe gusalwa n'ekisa, okwo kuba tekukyali kusala." (Ward 1970: 1228) Mu ngeri endala, abo mu bulamu buno abatalaga kusaasira bajja kufuna ekyo kyennyini ekibasaanidde: obwenkanya obulongoofu. Bwe kityo, omusango gukwatagana ne "Eteeka ly'Obwakabaka" ery'omukwano. Engeri gye tuyisaamu abantu mu bulamu buno ejja kuba musingi omukulu ogw'okusalawo kwaffe okusembayo, bwombi olw'empeera n'okubonerezebwa, kubanga ekyo kiraga embeera entuufu omutima gwaffe n'enkolagana yaffe eya nnamaddala ne Yesu (**Mat 6:1-4, 12, 14; 10:42; 24:45-51; 25:31-46; Makko 9:41-42; Lukka 6:35; 12:33, 41-48; 14:13-14; 16:1-9; Bar 2:1-6; 1 Tim 6:18-19; 2 Tim 4:14; Beb 6:10; 1 Peet 5:1-4**). Yesu kino akiraga bulungi nnyo mu kusaba kwa Mukama waffe n'engeri gye yannyonnyolamu omusango ogukwata ku Ndiga n'Embuzi. Ekitundu ekyo eky'Essaala ya Mukama waffe ekigamba nti, "*tusonyiwa amabanja gaffe, nga naffe bwe tusonyiwa abatubanja"* (**Mat 6:12; Lukka 11:4)** kye kitundu kyokka eky'Essaala ya Mukama waffe Yesu kye yaggumiza mu ngeri ey'enjawulo era n'annyonnyola nti: *"Kubanga bwe musonyiwa abalala baabwe ebisobyo, Kitaammwe ow'omu ggulu naye ajja kusonyiwa. Naye bwe mutasonyiwa balala olwo Kitaammwe ow'omu ggulu tasonyiwa bibi byammwe."* (**Mat 6:14-15;** era soma ne **Makko 11:23-26**) Mu ngeri y'emu, enjigiriza ya Yesu ey'olwatu ku musango ogw'enkomerero yalaga nti okukolimirwa okw'ebweru oba omukisa ogw'enkomerero yalaga nti okukolimirwa okw'ebweru oba omukisa ogw'olubeerera gujja kwesigama ku ngeri gye tuyisaamu abantu mu bulamu buno kubanga: *okutuuka ku kigero kye wakikola* [kwe kugamba, okulaga okufaayo n'okusaasira] *eri omu ku bano baganda bange, ne bwe aba omuto, mwakikola nze"* (**Mat 25:40**), era "okusinziira kw'*ekyo ky'otankolera wadde okukikolera omuto ennyo, awo tolina kye wankolera* (**Mat. 25:45**). Ensonga eri nti, oyo yenna ataakwatirwa balala kisa naye tasuubirayo okumukwatirwa ekisa ku lunaku lw'omusango kubanga "ekisa kye tugirira abalala, kye kiraga enkolagana yaffe ne Katonda, era ne Yesu mu lugero lwe olw'omukozi atasaasira akiraga bulungi (olunyiriri 13; gerageranya ne. Matayo 18:21-35)" (Moo 1989: 1156). Ye Stephen Travis by'ayogera ku kino kikwatagana nnyo ku ikwata ku kyokulabirako kya Yakobo ekyokuswaza omuntu omwavu ekitiibwa n'okulaga obusosoze eri omugagga: "Ekintu ekimu ekikwata ennyo mu kitundu kino ekisembayo [Endiga n'Embuzi] y'engeri wadde "endiga" wadde "embuzi" bakitegedde mu bumanyirivu nti, *mu kufaayo oba wadde obutalabirira abaavu*, mu butuufu babadde baddamu Kristo. . . . Tewali kiyinza kwogera mu ngeri ya maanyi okusinga nti engeri ebikolwa Katonda by'asiima gye bikulukuta mu butonde okuva mu nkolagana entuufu ne Katonda. Omuntu ky'akola ng'atanoonya kusiimibwa kye kiraga empisa ze entuufu." (Travis 1982: 191, lyayongerwako)

Ekigambo kya Yakobo ekifundikira mu lunyiriri **olunyiriiri 13**, "*okusaasira kuwangula omusango,"* osanga kitwalibwa ng'ekitegeeza okusaasira kwe tulaga abalala: "okulaga kwaffe *okusaasira kuwangula omusango* gwa Katonda mu ngeri nti kutuwolereza mu maaso g'entebe ya Katonda ey'omusango" (Moo 1985: 98). Obulamu bwaffe bwe buba nga bumanyiddwa olw' okusonyiwa, okwagala, n'okusaasira, kiraga nti twatwala ku mutima Essaala ya Mukama waffe, "etteeka ly'obwakabaka" n'ennono Yesu gy'ayogerako ey'okulumirirwa abalala mu lugero olw'omuddu atalina kisa, *"Naawe tewandibadde n'okusaasira eri muddu munno, mu ngeri nange bwe nnakusaasira*?" (**Mat 18:33**). Burdick afundikira atulaga nga "omuntu addiziddwa obuggya bw'alina okulaga banne ekisa. Omukkiriza yenna alina ekisa, talina kye yeeraliikirira ku lunaku lwa musango . . . okubeerawo kw'okwagala (oba okusaasira) kulaga nti katoonda akoze omulimu ogw'ekisa mu mutima gw'omukkiriza, n'amufuula nga Kristo. N'ekyavaamu, asobola okuba n'obwesige ng'asaliddwa omusango." (Burdick 1981: 181)

2. <u>Ekiva mu kibi eky'okusosola: Kukosa kutya muntu omwaavu</u>
   - Omuntu asosolwa aba yeemulugunya buli kaseera n'kukuba emimiro, "Kiki ekinfuula omukrisitaayo, era ki ekinnyingiza ekkanisa? Ndaba nabo tebalina njawulo n'abali mu nsi! Ward arago nti, oluvannyuma lw'okusosolwa, "Omusajja omwaavu tayinza kukkiriza Kigambo ekibuuliddwa kati" (Ward 1970: 1227).

Obuyinza bw'okuwandiika © 2019 bwa Jonathan Menn. Eddembe lyonna liri mu buyinza bwaffe.

- <u>Kukosa kutya omugagga.</u> Newankubadde omugagga atiitiibizibwa, akimanyi mu ye nti bamukozesa bukozesa. Teyinza kulowooza nti, "Nfuna olusuusuuto ne ekitiibwa kino lwakuba ndi mugagga, kubanga baagala ssente zange. Tebalina njawulo n'abali mu nsi."
- <u>Kukosa kutya Ekkanisa.</u> Yakobo essuula eyookubiri yagitandika abakkiriza—ekkanisa—nga abooluganda mu Kristo. Abakkiriza bonna baluganda mu Kristo. Ffenna mu maaso ga Katonda twenkananankana (**Bag 3:28; Bak 3:11**) kubanga ffenna Kitaffe ali omu (**Mat 12:49-50; 2 Kol 6:18; Beef 2:19; 1 Tim 3:15; 5:1-2**). Ekya mazima ffenna twayingizibwa mu maka ga Katonda (**Bar 8:14-17, 23; Bag 3:25-4:7**). N'olwekyo, okulaga obusosoze mu Bakristaayo nga tusinziira ku mpisa ezitali za Bakristaayo, ez'okungulu, kye kibi ekisingayo kubanga kikuba ku mutima gw'ebyo Kristo by'atukolera okutulokola ffenna kyenkanyi, mu kutuwa Omwoyo we Omutukuvu ffenna kyenkanyi, n'okututwala ffenna mu maka gr kyenkanyi. Bwe tutiitiibya abagagga abamu, abatali bakkiriza okusinga ab'oluganda kuba baavu kibi nnyo. Enneeyisa ng'eyo ekutula mu ekkanisa. Kristo ky'agase awamu ffe tetwandikyawude.
- <u>Kukosa kitya abatali bakkiriza.</u> Omuntu atali mukkiriza bw'alaba nga tusosola abantu mu ngeri ekontana ne Bayibuli, mu neeyisa ey'okungulu tayinza okulowooza nti, "bwekiba nti bwe kiri nti Abakristaayo n'Obukristaayo bwe biri, olwo lwaki nfuuka Omukristaayo? Tebalina njawulo na nsi."

Ebyo bye tukola mu nsi muno—naddala engeri gye tuyisaamu bannaffe—erina ebirala bingi ebivaamu bye tutalaba. Era bye tukola tebikoma kutukosa wano ku nsi naye ne mu bulamu obutaggwaawo. Kino tulina okukireeta mu kutegeera kwaffe okw'okumanya buli kiseera nga bwe tugenda mu bulamu bwaffe obwa bulijjo. Eno y'ensonga lwaki bayibuli egamba nti, "Mutwale buli kirowoozo mu buwambe mu buwulize bwa Kristo*"* (**2 Kol 10:5**). nga bwe tukola kino, tujja kutandika okubeera mu bugebderevu. Tujja kutandika okubera n'obulamu obulinga obwa Kristo. Tujja kutandika okweyongera okufaanana Kristo yennyini."

## <u>EBIBUUZO EBYOKUKUBAGANYAAKO EBIROWOOZO</u>

1. Kubaganya ebirowoozo ku "ekibi eky'obusosoze" Yakobo ky'asimbako essira mu Yak 1:1-13. Ngeri ki ez'enjawulo abantu gye tukolamu ekibi kino?

2. Lwaki ekibi ky'okusosola kitwalibwa nga kuzza gwa nnaggomola?

3. Tukosebwa tutya oba biki ebivaamu gye tuli nga tukola ekibi eky'obusosoze?

4. Biki ebiva mu kibi ky'obusosoze ku bibinja oba ebika by'abantu eby'enjawulo ng'Abakristaayo bakola ekibi eky'obusosoze?

**IV. <u>Yakobo 2:14-26—Okutambulira/Okukolera mu kukkiriza</u>—*14 Kigasa kitya, baganda bange, omuntu bw'ayogera ng'alina okukkiriza, naye n'ataba na bikolwa? Okukkiriza okwo kuyinza okumulokola? 15 Bwe wabaawo ow'oluganda omusajja oba omukazi nga bwereere ng'emmere eya buli lunaku tebamala, 16 era omu ku mmwe bw'abagamba nti mugende n'emirembe mubugume, mukkute, naye ne mutabawa omubiri bye gwetaaga; kigasa kitya? 17 Era n'okukkiriza bwe kutyo, bwe kutabaako bikolwa, kwokka nga kufudde. 18 Naye omuntu alyogera nti Ggwe olina okukkiriza, nange nina ebikolwa: ndaga okukkiriza kwo awatali bikolwa byo, nange olw'ebikolwa byange ndikulaga okukkiriza kwange. 19 Okkiriza nga Katonda ali omu; akola bulungi: era ne bassetaani bakkiriza, ne bakankana. 20 Naye oyagala okutegeera, ggwe omuntu ataliimu, ng'okukkiriza awatali bikolwa tekuliiko kye kugasa? 21 Ibulayimu jajjaffeteyaweebwa butuukirivu lwa bikolwa, kubanga yawaayo Isaka omwana we ku Kyoto? 22 Olaba ng'okukkiriza kwakolera wamu n'ebikolwa bye, era okukkirizakwe kwatuukirizibwa olw'ebikolwabye: 23 ekyawandiikibwa ne kituukirira ekyogera nti, ERA IBULAYIMU N'AKKIRIZA KATONDA, NE KUMUBALIBWA OKUBA OBUTUUKIRIVU; N'AYITIBWA MUKWANO GWA KATONDA. 24 Mulaba ng'omuntu aweebwa butuukirivu lwa bikolwa, so si lwa kukkiriza kwokka. 25 Era ne Lakabu omwenzi bw'atyo teyawebwa butuukirivu lwa bikolwa, kubanga yasembeza ababaka, n'abayisa mu kkubo eddala? 26 Kuba ng'omubiri awatali mwoyo bwe guba nga gufudde, era n'okukkiriza bwe kutyo awatali bikolwa nga kufudde.***

Ekitundu kino eky'ekitabo kiwa oboolyawo ennyonyola esinga obulungi ku ngeri okukkiriza okwa nnamaddala, okulokola gye kufaanana. Yakobo akkaatiriza nnyo obukulu "bw'ebikolwa" ebikwatagana n'okukkiriza kw'omuntu ("*okukkiriza okutalliko bikolwa kuba kufu oba tekugasa,"* **enyiriri 17, 20, 26;** "*omuntu bamulabira ku bikolwabye so si kukkiriza kwokka,"* **olunyiriri 24**). Abantu abamu balowooza nti kino kikontana n'engeri Pawulo gye yassa essira ku kuweebwa obutuukirivu olw'okukkiriza kwokka ("*Kubanga olw'ebikolwa by'amateeka alina*

Obuyinza bw'okuwandiika © 2019 bwa Jonathan Menn. Eddembe lyonna liri mu buyinza bwaffe.

*omubiri yenna taliweebwa butuukirivu mu maaso ge; kubanga amateeka ge gamanyisa ekibi."* **Bar 3:20;** "*kye tuva tulaba ng'omuntu aweebwa obutuukirivu lwa kukkiriza awatali bikolwa bya mu mateeka."* **Bar 3:28;** "*Naye atakola, kyokka n'akkiriza oyo awa obutukirivu abatatya Katonda, okukkiriza kwe kumubalirwa okuba obutuukirivu*." **Bar 4:5**).

Ekituufu kiri nti Yakobo ne Pawulo tebakubagana mpawa, wabula buli omu ajjuliriza munne kye yagamba. Kino kiri bwe kityo olw'ensonga eziwerako:

- Pawulo ne Yakobo boogera ku nsonga za njawulo: Pawulo ayogera ku kulangirira obutuukirivu bwaffe, ate Yakobo n'ayogera ku kwoleka obutuukirivu bwaffe. . . . Bombi ekirungi nti boogera ku mwonnoonyi n'engeri gy'atuukiriramu mu maaso ga Katonda, naye Pawulo essira aliteeka ku ngeri omuntu gy'asembezebwa mu kifo kyo okuweebwamu obutuukirivu ate Yakobo ku ngeri omuntu ono gy'akakasibwamu okubeera mu kifo ekyo mu maaso ga Katonda mu kuyitibwa ng'asalirwa omusango. (Carson and Moo 2005: 633) "Enjawulo wakati wa Pawulo ne Yakobo eri mu nsengeka y'ebikolwa n'okukyusibwa: Pawulo agaana okola obulungi kwonna ku bikolwa eby'okukyuka nga tebannaba kukyuka, naye Yakobo yeegayirira obwetaavu obw'enkomeredde obw'ebikolwa oluvannyuma lw'okukyusibwa" (Moo 1985: 102). Burdick akiteeka bw'ati: "Yakobo yali alwanyisa okukkiriza okw'okungulu okwali tekulina kye kukola mu bulamu bw'oyo eyeeyita omukkiriza. Pawulo, ku ludda olulala, yali alwanyisa enkola y'amateeka—enzikkiriza nti omuntu ayinza okufuna okulokolebwa mu maaso ga Katonda olw'ebikolwa bye ebirungi." (Burdick 1981: 185)
- Kubanga Yakobo ne Pawulo essira balitadde ku nsonga ez'enjawulo oba okulwanyisa endowooza ez'obulimba ez'enjawulo ezikwata ku kukkiriza okwa nnamaddala okw'Ekikristaayo, bakozesa endowooza y'okukkiriza kwokka (i.e. okukkiriza ng'oggyeeko ebikolwa) mu ngeri ez'enjawulo, newankubadde nga bombi bakkiriziganya ku kukkiriza okwa nnamaddala, okukkiriza okulokola kye kuli: "Yakobo annyonnyola "okukkiriza kwokka" nga si kwa mazima, okukkiriza okulokola; Pawulo akozesa endowooza ya "okukkiriza kwokka" nga okunnyonnyola okukkiriza okwa nnamaddala okulokola: "Okukkiriza kyokka" Yakobo kw'ayogerako, tekuweesa muntu butuukirivu, kwe kwogera obwogezi awatali bikolwa (enyiriri 15-16) oba okukwata ensonga obukusu nga ku mutima teziriiko(olwa 19). Kino si kukkiriza kwa Kikristaayo. Era ne kino Pawulo teyandibadde na kuyomba kwonna; era yakikkaatirizza nti okukkiriza 'okweyoleka mu kwagala' kwe kubala." (Moo 1989: 1157) "Ekika ky'okukkiriza Yakobo ky'agamba nti 'kufu' (kwe kugamba, okukkiriza okw'amagezi kwokka, 2:14-17) si Pawulo kye yanditegedde ng' okukkiriza okwa nnamaddala (kwe kugamba 'okukkiriza okukola okuyita mu kwagala', Bag. 5:6)" (Marshall, Travis, and Paul 2002: 255).
- "Engeri Pawulo gye yayisaamu "okukkiriza n'ebikolwa" ekwatagana n'ekibuuzo oba Abakristaayo ab'amawanga balina okukola 'emirimu gy'amateeka'—naddala okukomolebwa, ssabiiti, n'amateeka agakwata ku biriibwa n'ebitaliibwa. Yakobo, ensonga terina bannamawanga oba ng'ebyo "emirimu gy'amateeka" mu kulaba n'akatono. . .. Mu butuufu beenyigira mu kuyomba si ne bannaabwe wabula n'abawakanya ab'enjawulo – Pawulo n'abo abanditeeka "ebikolwa by'amateeka" ku b'amawanga, Yakobo n'abantu abafuuse abagayaavu mu bulamu bwabwe obw'Ekikristaayo." (Marshall, Travis, and Paul 2002: 255)."

Carson ne Moo baggumiza obukulu bw'okuwuliriza endowooza zombie eza Pawulo ne Yakobo: "Bwe yayolekagana n'enkola y'amateeka, n'okugezaako okusinziira ku bulokozi ku bikolwa by'abantu, Pawulo yeetaga okuwulirwa—nga bwe yali mu maanyi nnyo mu kiseera ky'Ennongoosereza. Naye bwe ayolekedde okusirika, n'endowooza egoba ebikolwa ng'ebiteetaagisa eri Abakristaayo, Yakobo yeetaga okuwulirwa—nga bwe yaki ow'amaanyi kyenkanyi mu kiseera kya ba Wesley. (Carson and Moo 2005: 633) Ekitundu kino kirimu ebintu ebikulu ebikwata ku bikolwa n'okukkiriza era bye bino wammanga:

1. <u>Embala y'okukkiriza okwa nnamaddala okulokola.</u> Ensonga enkulu mu kitundu kino mu bweerufu y'embala y'okukkiriza okwa nnamaddala okulokola—si kwe kukola "ebikolwa ebirungi" byokka okusobola okufuna obubonero ne Katonda oba okufuna ekkubo lyaffe erigenda mu ggulu. N'olwekyo, **Olunyiriri 14** lutandikira mu maanyi n'ekibuuzo: "Ekika 'ky'okukkiriza' okwa nnamaddala okulokola kye ki?" "Okukkiriza" kisingako ku "nzikkiriza" yokka mu birowoozo mu kintu. "Okukkiriza" ddala kuzingiramu ebintu by'enjigiriza ebikulu (soma, eby'okulabirako mu nnyiriri zino **Bik 2:22-24, 32-36; Bar 1:1-4; Bar 10:9; 1 Kol 15:1-8**). Naye era kizingiramu ebitundu ebikulu nnyo eby'eenneyisa (ebyokulabirabirako, **Beef 2:8-10; Yak 2:14-20; Mat 28:18-20; Yok 14:23-24**) n'eby'omukwano oba eby'okwewaayo (soma, eby'okulabirako **Yok 15:4-11, 12-15; 17:3; 21:15-17**). Mu ngeri endala okukkiriza okwa nnamaddala, okulokola kuzingiramu obulamu bwaffe bwonna. Tulaba nti okukkiriza kuzingiramu obulamu bwaffe bwonna butambulira mu olunyiriri **19**. Eyo, badayimooni batuufu mu "*njigiriza*": era bamanyi Katonda ky'ali; bakimanyi nti Yesu ye Masiya. Naye *enzikiriza* ya badayimooni teyakyusa bulamu bwabwe wadde enneeyisa yaabwe. Tekyabaleetera kwagala Yesu Kristo oba okwewaayo. Basigala nga bagoberezi ba setaani mu kujeemera Katonda mu Kristo. Mw'ekyo, okukkiriza kwabwe si kwa ddala, okukkiriza okulokola. Babuze era bakolimiddwa.
2. <u>Enkolagana y'okukkiriza n'ebikolwa.</u> **Lunyiriri 18** eggyayo bulungi enkolagana wakati w'okukkiriza

Obuyinza bw'okuwandiika © 2019 bwa Jonathan Menn. Eddembe lyonna liri mu buyinza bwaffe.

n'ebikolwa bwe lugamba nti, "*nange olw'ebikolwa byange ndikulaga okukkiriza kwange.*" Ensonga si kuba na kukkiriza *gatako* ebikolwa, oba okuba n'okukkiriza *okutaliko* bikolwa. Wabula, okukkiriza okwa nnaamaddala okulokola bulijjo kuvaamu enkyukakyuka mu bulamu, okukyusa emize, okukyusa "ebikolwa." Ebikolwa byaffe—engeri gye tuwangaala ku bye tugamba nti tukkiriza—bwe bukakafu obuteewalika obw'obutuufu (oba obutaba na butuufu) bw'okukkiriza kwaffe. Abatereeza baategeera bulungi omusingi nti *tulokoka olw'okukkiriza kwokka, naye okukkiriza okulokola tekubangawo kwokka*:

- *Martin Luther:* "Okukkiriza mazima ddala kulina okuba okw'amazima. Kuteekwa okuba okukkiriza okukola ebikolwa ebirungi okuyita mu kwagala. Okukkiriza bwe kubulwa okwagala so kukkiriza kwa mazima. . .. Okulowooza nti "okukkiriza bwe kuwa obutuukirivu awatali bikolwa, tuleme kukola kintu kyonna," kwe kunyooma ekisa kya Katonda. Okukkiriza okutaliimu nsa si kuwa okukkiriza okutuufu. . . . Munda kwe [okukkiriza okutuufu] kubeera mu kukkiriza eri Katonda, kungulu kwagala eri bannaffe." (Luther 1535: re. Bag 5:6)
- *John Calvin:* "Emirundi gyonna gye twogera ku Kukkiriza kwokka mu kibuuzo kino, tetulowooza ku kukkiriza okufu, okutakola lwa kwagala, wabula okukwata okukkiriza nga kwe kuleeta obutuukirivu bwokka. (Bag 5:6; Bar 3:22.) N'olwekyo okukkiriza kwokka kwe kuwa obutuukirivu, naye ate okukkiriza okuwa obutuukirivu si kwokka: nga bwe kiriri ebbugumu lyokka ery'enjuba eribugumya ensi, ate mu njuba si lyokka, kubanga buli kiseera kugattibwa n'ekitangaala." (Calvin 1547: Antidote, Canon 11)
- *Entikko y'Ensengekera y'Okukkaanya [Lutheran confession of Faith]:* "Oluvannyuma ly'omuntu okutukirizibwa olw'okukkiriza, olw'okukkiriza okulamu okwa nnamaaddala kukola olw'okwagala Bag.5:6, era ebikolwa bino ebirungi bigoberera okukkiriza okutukiriza, era bisangibwa ddala nakwo bwekuba okw'amazima era nga; kuba tekuba kwokka, naye bulijjo kuba n'okwagala n'essuubi." (Epitome 1577: III.11)

Jjukira, ekibuuzo mu **lunyiriri 14** ekyatandika okukubaganya ebirowoozo kuno kwonna kyali nti, "*Okukkiriza okutaliimu bikolwa kuyinza okutaasa omuntu?*" Eky'okuddamu kya Yakobo kitegeerekeka bulungi nti, "Nedda." Anyweza ensonga eno mu **nyiriri 17, 20,** ko n'olwe **26** bw'akiggumiza nti, "okukkiriza okutaliko bikolwa kufu (oba tekulina mugaso)." Ageraageranya okukkiriza "okufu" ne okukkiriza "okutaliimu mugaso". Tulaba mu **nyiriri 16-17** bw'abuuza *"kigassa ki bw'otayamba muntu ali mu bweetavu ng'olina obusobozi*," era nalyoka agamba "*n'okukkiriza bwe kutabaako bikolwa kuba kufu*." Kwe kugamba, okukkiriza okutaliiko bikolwa *si kukkiriza kulokola.*

3. Lwaki okukkiriza n'ebikolwa bikwatagana nnyo? Okukkiriza okusookera ddala mulimu gwa Mwoyo Mutukuvu mu bulamu bwaffe. Enteekateeka y'ebintu eri nti: Omwoyo Omutukuvu asooka kutuzza buggya (**Yok 3:3, 5-8**); Akola mu bulamu bwaffe okutuwa omutima omuggya (**Yer 31:33; Ezek 11:19; 36:26**). Nga **Beef 2:8-9** bwagamba, *"[8] Kubanga mwalokolebwa lwa kukkiriza; so tekwava gye muli: kye kirabo kya Katonda. [9] tekwava mu bikolwa, omuntu yenna aleme okwenyumirizanga."* Katonda yekka y'alokola, so si ffe okwerokola. Ffe twanukula nga twatula okukkiriza kwaffe mu Yesu Kristo ne tubeera n'obulamu obuggya. Era nga Pawulo bw'atugamba mu **Beef 2:10**, *"Kubanga ffe tuli mulimu gwe, abaatonderwa mu Kristo Yesu olw'ebikolwa ebirungi, Katonda bye yasooka okuteekateeka ffe okubitambulirangamu. "Obulokozi bwaffe bwennyini "olw'ebikolwa ebirungi"* Katonda bye yatutegekera okukola. Katonda afaayo ku bulamu bwaffe bwonna. Obulokozi bwe buli mu bujjuvu kubanga nga **Bar 8:29** bwetugamba, ensonga yonna ey'obulamu bwaffe n'okutulonda kwa Katonda n'okutulokola kwe *"kufuuka okufananyisibwa eri ekifaananyi ky'Mutabani we [Yesu Kristo]."*

Ekisumuluzo ky'okutegeera enkolagana eri wakati w'okukkiriza ebigambo Onesimus Ngundu agamba nti: "ebikolwa bye biraga embeera y'omwoyo ey'omutima gw'omuntu. . . . Omusango si kwe kugeraageranya ebikolwa ebirungi ku bikolwa ebibi. Wabula ebikolwa bitunuulirwa ng'obujulizi obutabuusibwabuusibwa obw'obwesigwa bw'omutima; biraga okukkiriza, obwesigwa oba obutali bwesigwa. Olunaku lw'omusango lwe luliraga oba ng'abantu baagondera Katonda n'omwanawe (omwana gw'endiga) oba baali kimu n'abalabe be." (Ngundu 2006: 1576) Ensonga eno y'etukozesa ebikolwa ebirungi. Ensonga eya bulijjo lwaki abantu bakola ebikolwa ebirungi kwe kugezaako okufuna okuganja kwa Katonda. Naye, ekyo tekyewalika kivaamu obutali bukakafu n'okutya, kubanga tetusobola kukakasa nti "tukola ekimala" oba "okubeera abalungi." Wansi w'enjiri, tetugondera Katonda era tetukola bikolwa birungi okusobola okufuna okuganja kwe; tugondera Katonda ne tukola ebikolwa ebirungi kubanga yatuwa dda ekuganja kwe! Nga Yokaana omutume bw'atugamba nti, "Twagala kubanga Mukama ye yasooka okutwagala (1 Yokaana 4:19). Ekivaamu tetwetaaga kutya oba obutali bukakafu wabula tusobola "okusemberera n'obwesige entebe ey'ekisa" (Beb. 4:16), nga tukimanyi bulungi nti Yesu "tajja kutuleka wadde okutulekerera" (Beb. 13:5). Kiri bwekityo ddala kubanga "Mukama akola mu mmwe okwagala n'okukola, olw'okusiima kwe okulungi." (Baf. 2:13) nti tusobola okwesunga omusango, nga tumanyi nti ebikolwa byaffe bijja kweyolekera nga

Obuyinza bw'okuwandiika © 2019 bwa Jonathan Menn. Eddembe lyonna liri mu buyinza bwaffe.

byakolebwa mu Katonda (Yokaana 3:21). Eyo y'ensonga lwaki , kati ne ku musango ogusembayo, Katonda asala omusango era n'asasula abantu n'amawanga " okusinziira ku bikolwa byabwe[ku 'makubo' oba 'ebikolwa']" (**Balam 1:6-7; 9:22-24, 56-57; 2 Sam 12:9-12; 1 Bassek 2:32-33; 20:35-42; 21:17-19; 2 Ebyomu 6:23, 30; Yob34:11; Zab 18:24; 31:23; 62:12; Nge 24:12; Mub 12:13-14; Yis 59:18; Yer 17:10; 25:14; 32:19; Ezek 7:3, 8-9, 20, 23-24, 27; 9:10; 11:21; 16:43, 59; 18:30; 22:31; 24:14; 33:20; 35:6, 11, 15; 39:24; Koseya 12:2; Yoweeri 3:5-7; Obad 15; Zek 1:6; Mat 16:27; 25:14-46; Lukka 12:47-48; Yok 5:28-29; Bar 2:1-6; 12:19; 1 Kol 3:8, 11-15; 2 Kol 5:10; 11:15; Bag 6:7-8; Beef 6:8; Bak 3:25; 2 Tim 4:14; Beb 10:26-27; 1 Peet 1:17; 2 Peet 2:20-22; Yuda 14-15; Kub 2:23; 14:13; 20:11-13; 22:12**). Ebikolwa bye tukola—n'ensonga ezibitukoza—bye biraga ekiri mu mitima gyaffe.

4. <u>Ebyokulabirako eby'okukkiriza okwannamaddala okulokola.</u>

- *Ekyokulabirako ekisookera kye kyolulabirako ekiteeberezebwa mu **nyiriri 15-16** eky'omuntu omwavu eyeetaaga ebyambalo oba emmere.* Sooka eetegereze engeri ekitundu kino gye kikulukuta okuva mu kukubaganya ebirowoozo kw'abagagga n'abaavu mu **nyiriri 1-13**. Mu **nyiriri 1-13**, omwavu yali ajolongebwa. Wano Yakobo atandika n'ekyokulabirako kino kyennyini eky'omwavu era n'alaga okukkirza okutuufu bwe kulina okuba okusobola okugasa omwavu asobole okuwona olunnabe lw'obwavu. Mu kyokulabirako kino, Katonda atubikkulira empisa ze n'ebintu by'akulembeza. Yesu era yayoleka bulungi nnyo ekiri ku mutima gwa Katonda bwe yatubuulira obutonde bw'omusango gwe tugenda okwolekagana nagwo nga tumaze okufa mu **Mat 25:31-46** (olugero lw'endiga n'embuzi). Okusinziira ku lugero luno, okukkiriza kw'embuzi tekwakyusa bulamu bwazo k'ebe enkolagana yaazo n'abantu—naddala abeetaaga. Mu ngeri endala, okukkiriza okw'endiga kwo kwasenserera ddala mu mitima gyazo, mu mmeeme, ne mu myoyo era ne kukyusa obulamu bwazo n'ebiyaayaanirwa—naye nazo tezaasooka kutegeererawo nti zaali zimaze okufaanana Yesu, kubanga embeera za Yesu zaali zimaze okuziyingira; ng'akyayagala nazo kye zaagala, era, bwe zaatandika okukola nga ye, endiga tezaalabawo nnyo kipya. Yakobo bw'ayogera ku kukkiriza okutuufu era okulokola, mu **Yakobo 2**, akozesa ebyokulabirako ebibiri Yesu bye yakozesa mu **Matayo 25**—eby'omuntu atalina kya kwambala n'oyo omuyala. Ebintu nga bino bye bitulaga ekyo kyennyini Katonda ky'atwagaza. Engeri gye tuyisaamu abantu—naddala abaavu, abali mu bwetaavu, ababonyaabonyezebwa n'abayisibwamu amaaso—y'eraga oba ddala okukkiriza tulina kutuufu oba nedda.
- *Ekyokulabirako ekyokubiri eky'okukkiriza okulokola kye kya Ibulayimu mu nyiriri **21-24**.* Mu **lunyiriri 23** we wali ebigambo ebiraga nga Ibulayimu bwe yakkiriza Mukama era ne kimubalibwako okubeera obutuukirivu kino kyaviira ddala mu **Lub 15:6** Mukama bwe yamusuubiza omwana omulenzi era n'amugamba atunule ku mmunyeenye agezeeko okuzibala, kubanga abaana be n'abazzukulu baliba bangi okuyita mu mwana oyo gw'alimuwa. Ibulayimu yali mukadde, nga takyasobola na kuzaala, naye yakkiriza Mukama, era okukkiriza okwo Mukama n'akumubalira ng'obutuukirivu. Yakobo era atulaga Mukama ng'agamba Ibulayimu okusadaaka omwana we Yisaaka, Katonda gwe yali amusuubizza; Ibulayimu yagondera Mukama, era omwana Mukama yamutaasa okufa (**olunyiriri 21**). Okukkiriza kwa Ibulayimu mu kisuubizo kya Katonda—kye nti alizaala omwana ow'obulenzi era ng'avaamu abantu bangi ng'emmunyeenye—kwatekebwa mu kugezesebwa. Obutuufu bw'okukkiriza kwa Ibulayimu bwakwakasibwa ebikolwa bye, emirimu gye. Olunyiriri **22** lunnyonnyola enkolagana ya Ibulayimu (n'oku) kiriza n'ebikolwa: okukkiriza gye kutambula wamu n'ebikolwa: "Okukkiriza kwe kwatambuliranga wamu n'ebikolwa" bye (soma ne **Bag 5:6**). Moo, annyonnyola nti, "Okukkiriza kwa Ibulayimu kwali "kukkiriza okukola," okulamu, okukkiriza okwali nga si nnyo nsibuko wabula nga ye mubeezi ow'emirimu gye buli kiseera. . .. Okukkiriza kwa jajja Ibulayimu teyakulagira ku kintu kya mulundi gumu; era kye kyamufuula jajja w'abakkiriza, nakugattako ebikolwa awo ne kuba n'amakulu. (Moo 1985: 112) N'ekyaavamu Yakobo alaga ku mu lunyiriri lwa **22 nti** obuwulize bwa Ibulayimu obwamaliriza bwatuukiriza okukkiriza mu kwe. Ekigambo "okumaliriza" kitegeeza okutuukirizibwa ng'otuuka ku kiruubirirwa ky'ogenderera (Zodhiates 1993: *teleioō*, 1373).

  Okukkiriza kwaffe tekuyinza kukula yadde okutuuka aweetaagisa nga tetukugasseeko bikolwa, nga tetukutambuliddemu, kwe kugamba, kuba ng'omwana afiiridde munda. Oba kifaananako n'olugero lwa Yesu olw'omusizi: abantu abamu ekigambo bakiwulira, naye ssetaani n'akibabbako mangu ago; abamu ebizibu bye batuukako bye biggya ku mulamwa; n'abamu ekigambo kibabbibwako olw'okufuna bye beetaaga n'okugonderwa embeera (**Mat 13:3-9, 18-23; Makko 4:3-9, 13-20**). Abo bonna tebatuka ku bukulu mu mwoyo. Era ebyo byonna tebigasa musizi. Ensigo za mulundi gumu gwokka ze zaagwa ku ttaka eddungi, era ne zikula, n'okubala ne zibala. Ab'engeri eyo be baba bakuze—abeesigwa—ebikolwa byabwe bye bikakasa amazima n'obutuufu bw'okukkiriza kwabwe.
- *Ekyokulabirako ekyokusatu eky'okukkiriza okulokola kye kya Lakabu mu **lunyiriri 25.*** Lakabu okukweka abakessi ababiri n'oluvannyuma n'awona ng'Abayisirayeri batwala ekibuga si kyakulabirako

Obuyinza bw'okuwandiika © 2019 bwa Jonathan Menn. Eddembe lyonna liri mu buyinza bwaffe.

kyokka nti, "okukyuka okumu okulungi kusaana okulala." Wabula, mu **Yoswa 2** kigamba nti tulaba Lakabu n'ayatula okukkiriza kwe nga agambanti, "*Mmanyi nga Mukama ensi eno agibawadde.*" (**Yoswa 2:9**) era "*Mukama Katonda wammwe, ye Katonda ali waggulu mu ggulu, ne wansi ku nsi.*" (**Yoswa 2:11**). Amazima g'okwatula kwe kukakasa olw'ekyo kyeyakola okukweka abakessi. N'olwekyo **Beb 11:31** akwataganya okukkiriza kwe n'ebikolwa bye era n'ayawula ekyo n'abo abaali abajeemubwe kigamba nti, "*Olw'okukkiriza Lakabu malaaya teyazikirizibwa wamu n'abo abajeemuoluvannyuma lw'okusembeza abakeesi mu mirembe.*"

Mu byokulabirako ebyo byonsatule, ebikolwa Yakobo by'ayogerako *bya kungulu*, ekyoleka okukkiriza kwaffe *okw'omunda*, era okw'omwoyo.

5. Embala y'ebikolwa byaffe n'enkolagana yaabyo n'okukkiriza. Okukkiriza, okutuufu era okulokola kwabagibwa okutusindikiriza okwekenneenya ebisoosowazibwa mu bulamu bwaffe era ebiyinza okutuleetera okukola ebyo ebyawukana ku bulombolombo era n'engeri ezitali za bulijjo. Okugeza, labira ku Ibulayimu ne Lakabu. *Ekibuuzo*: Kiki Ibulayimu kye yali yeetegese okukola? *Ekiddibwamu*: Okutemula mutabani we. *Ekibuuzo*: Ekituufu, Lakabu yakola ki? *Ekiddibwamu*: Yalya mu nsi ye olukwe. Tulina okubaako kye tutegeera ku kyokulabirako kya Ibulayimu. Katonda kye yayita Ibulayimu okukola kyali kiragiro kya njawulo,'ekitali kya bulijjo' ekyaweebwa Ibulayimu, so si kiragiro 'ekikulu' ekyaweebwa abakkiriza oba Abayisirayeri bonna. Kyali kya njawulo eky'engeri mu byafaayo eby'obununuzi ekyalaga ssaddaaka ya Katonda ey'Omwana we yennyini ku musaalaba.[8] Ebyawandiikibwa ebirala biraga bulungi nti Katonda awakanya—era mu ngeri ey'enjawulo akugira—okuyiwa omusaayi ogutaliiko musango (soma **Kuva 20:13; Nge 6:16-17**). *Ennono* y'olugero olw'enjawulo olukwata ku Ibulayimu naffe lutukwatako naye tekitegeeza nti naffe "tugende tusale abaana baffe," naye "tubeere beteefuteefu okuweereza Mukama n'ebyaffe byonna." Lakabu atuwa ekyokulabirako, kubanga abatukulembera emirundi mingi lwe batulagira okukola ebikontana n'enzikkiriza zaffe: awo Peetero yatuwaawo amagezi nti, "*tulina kugondera Mukama so si bantu*" (**Bik 5:29**). Ennono etuddizaayo ddala emabega ku ntandikwa ya Yisirayeri bwe tulaba abazaalisa Abamisiri nga bajeemera Falaawo ne bagaana okutta abaana abalenzi abaali bakazaalibwa kubanga baali "batya Katonda" (**Kuv 1:15-21**).

Ebyokulabirako ebyo ekya Ibulayimu ne Lakabu biraga nti ebikolwa Yakobo by'ayogerako tebikoma kuba birungi kyokka oba eby'ekiyambi, naye biraga obugonvu bw'omuntu (soma **Yok 14:15, 21, 23; 15:12-17; 1 Yok 5:3; 2 Yokaana 6**). Mukama ayinza okututeeka mu bifo ebizibu okubeeramu ng'agezesa okukkiriza kwaffe. Bwe tugondera Mukama, tuyinza okutuntuzibwa olw'okukkiriza kwaffe oluusi n'okuttibwa (soma **Mat 10:22; 24:9; Yok 15:20; Beb 11:35-40**). Kino kizze kibaawo, okuviira ddala ku batume abaasooka abaasibwa mu makomera era ne bakubibwa olw'okubuulira ku Yesu naye ne batakerebuka kuba kyali kituufu okubonabona olw'erinnya lye (**Bik 5:41**) Ebintu ng'ennaku, okuyigganyizibwa, ebizibu n'okukemebwa bye biraga ekiri munda mu ffe. Era mu biseera n'embeera nga zino, bye biraga Katonda gwe tukkiriza: tukkiriza Yesu oba tukkiriza byaffe?

## EBIBUUZO EBYOKUKUBAGANYAAKO EBIROWOOZO

1. Otabaganya otya okussa essira Pawulo ku kuweebwa obuuukirivu olw'okukkiriza kwokka ng'oggyeko bikolwa (soma Bar 3:20, 28; 4:5) n'ebigambo ebya Yakobo nti okukkiriza okutaliiko bikolwa kuba kufu (soma Yakobo 2:17, 20, 26)?

2. Okusinziira ku Yak 2:14-26 nkolagana ki wakati w'okukkiriza n'ebikolwa, era lwaki okukkiriza n'ebikolwa bikwatagana nnyo? Okukiyisa mu ngeri endala, okukkiriza okwa nnamaddala okulokola kutegeeza ki era kufaanana kutya?

---

[8] Olugero lwa Ibulayimu ne Yisaaka lwali lutubagulizaao ku kukomererwa kwa Kristo ku musaalaba. Nga Yisaaka bwe yali mutabani wa Ibulayimu omu yekka era ow'enkizo (**Lub 22:2**), bw'atyo ne Kristo bwe yali omwana wa Katonda omu omwagalwa (**Yok 3:16**). Ng'enku ezaali ez'okwokya Yisaaka bwe zaali zimusibiddwako (**Lub 22:6**), bw'atyo ne Kristo bwe yeetikka omusaalaba gwe (**Yok 19:17**). Ng'era Ibulayimu bwe yagamba nti Mukama yali ajja kwefunira endiga (**Lub 22:8**) ey'okusadaaka, era Bw'atyo Mukama new yawaayo yesu kristo, akaliga ka katonda akaggyawo ebibi by'ensi (**Yok 1:29;** era soms **Kub 5:6**). Nga yisaaka bwe yagondera kitaawe, n'agumira n'okufa, ne yesu naye bw'atyo bwe yagondera kitaawe, n'akkiriza n'okufa (**Mat 26:39; Baf 2:8**). Nga Yisaaka bwe yali omufu okumala ennaku essatu ze baama la mu lugendo ne kitaawe (**Lub 22:4**), bw'atyo ne Yesu bwe yamala ennaku ssatu mu ntaana (**Mat 12:40; Lukka 24:21**). Ibulayimu yalina okukkiriza nga Mukama alizuukiza Yiaaaka mu bafu (**Beb 11:19**), ng'eera ne Yesu bwe yazuukizibwa bw'atyo (**Mat 28:1-6; Makko 16:1-13; Lukka 24:1-6; Yok 20:1-28**). **Beb 11:19** (NASB) tulaba nga Yisaaka ataasibwa era awoo kitaawe Ibulayimu, w'alabira endiga ng'ewagamidde mu maggwa era kino kisanyusa bangi (**Lub 22:13**). Augustine n'agamba nti, "Kati olwo ye [endiga ennume] yali ekiikirira ki okuggyako Yesu, nga tannaweebwayo, yatikkirwa engule ey'amaggwa?" (Augustine 1950: 16.32)

Obuyinza bw'okuwandiika © 2019 bwa Jonathan Menn. Eddembe lyonna liri mu buyinza bwaffe.

3. Yakobo bwagamba nti okukkiriza okutaliiko bikolwa okuba "okufu," kitegeeza ki?

4. Kubaganya ebirowoozo ku byokulabirako ebisatu Yakobo by'atuwa (soma Yak 2:15-16 [omuntu omwavu eyeetaaga engoye oba emmere, Yak 2:21- 24 [Ibulayimu], ne Yak 2:25 [Lakabu]). Nnono ki eri emabega w'ebyokulabirako bino? Ebyokulabirako bino bikwatagana bitya era biyinza kukozesebwa bitya leero?

**V. <u>Yakobo 3:1-12—Ekibi ky'olulimi olitafugibwa</u>—*Temubeeranga bayigiriza bangi, baganda bange, nga mumanyi nga tulisalirwa omusango ogusinga obunene. [2] Kubanga mu bingi tusobya ffenna. Omuntu yenna bw'atasobya mu kigambo, oyo ye muntu eyatuukirira, ayinza okuziyiza era n'omubiri gwe gwonna. [3] Naye bwe tuteeka ebyuma eby'embalaasi mu mimwa gyazo ziryoke zitugonderenga, tuyinza okufuga emibiri gyazo gyonna.[4] Laba, era n'amaato, newankubadde nga manane bwe gatyo, era nga gatwalibwa empewo ez'amaanyi, enkasi entono ennyo y'egagoba yonna yonna omugoba gy'asiima mu kwagalakwe. [5] Era n'olulimi bwe lutyo kye kitundu ekitono, ne lwenyumiriza nnyo. Laba, emiti emingi egyenkanidde awo okwokebwa akaliro akatono bwe katyo! [6] N'olulimi muliro: ensi ey'obubi mu bitundu byaffe lwe lulimi, olwonoona omubiri gwonna, era olukoleeza nnamuziga w'ebitonde byonna, era olukoleezebwa Ggeyeena. [7] Kubanga buli ngeri ey'ensolo n'ennyonyi n'ebyewalula n'ebyennyanja bifugika era byafugibwa abantu: [8] Naye olulimi siwali muntu ayinza kulufuga; bubi obutaziyizika, lujjudde obusagwa obutta. [9] Olwo lwe tutenderezesa Mukama waffe ye kitaffe; era olwo lwe tukolimiza abantu abaakolerwa mu kifaananyi kya Katonda: [10] Mu kamwa akamu mwe muva okutendereza n'okukolima. Baganda bange, ebyo tekibigwanira kubera bwe bityo. [11] Ensulo ekulukuta amazzi amalungi n'agakaawa mu liiso erimu? [12] Omutiini guyinza, baganda bange, okubala ezeyituuni, oba omuzabbibu okubala ettiini? So amazzi ag'omunnyo tegayinza kuvaamu malungi.***

Ekitundu kino eky'ekitabo, Ekisimba essira ku njogera n'enkozesa y'olulimi, kisobola okwawulwamu ebitundu bisatu: **enyiriri 1-2**—Obuvunaanyizibwa bw'abasomesa; **enyiriri 3-6a**—Amaanyi g'olulimi; ne **enyiriri 6b-12**—Amaanyi g'olulimi okutattana n'okuzikiriza:

1. <u>**Enyiriri 1-2**—Obuvunaanyizibwa bw'abasomesa.</u> Yakobo ekitundu kino akitandika ekikwata ku kwogera (olulimi) ng'ayogera ku basomesa, kubanga obusomesa buweereza bukulu nnyo mu kkanisa (soma **Bik 13:1; Bar 12:6-7; 1 Kol 12:28; Beef 4:11-12**). Singa kikolebwa bubi oba olw'ebigendererwa ebikyamu, abasomesa basobola okuleeta obujeemu mu kkanisa ne babuzaabuza bangi. Olw'obuvunaanyizibwa obunene obw'okuyigiriza ekigambo kya Katonda obulungi, Yakobo alabula nti abasomesa "bajja kufuna omusango omukakali." Okulabula okwo kukwatagana n'omusingi Yesu gwe yayogera mu **Lukka 12:48:** *"Buli eyaweebwa ebingi, alisabibwa bingi n'oyo gwe baateresa ebingi, balimubuuza ebisingawo ku bye yateresebwa."* Mu **Makko 12:38-40** Yesu omusingi ogwo yagukozesa ku bawandiisi b'Abayudaaya abaali bakubirizibwa mu kifo kyabwe eky'obuyinza olw'okwagala okwambala engoye empanvu, okufuna okulamusa okw'ekitiibwa mu katale, n'okutuula mu bifo ebikulu mu makuŋŋaaniro ne mu bifo eby'ekitiibwa ku mbaga. Baakozesa ekifo kyabwe "*okulya ennyumba za bannamwandu."* Mu ngeri endala nga Victor Babajide Cole bw'annyonnyola' "Baayiga abantu abatalina musango era abataliiko mwasirizi, nga bakiikirirwa bannamwandu abatalina bakuumi. Ekibi ekisinga, baagezaako okukweka obubi bwabwe n'okusaba kwaabwe okubi okwali okw'okwefuula, kuno kwaalinga kuwanvu era nga kwali mu lujjudde (**12:40**). Yesu yalabulirawo abantu ab'ekikula kino nti ekibonerezo kyabwe bakyerinde. Eky'okusaalirwa kiri nti ne gye buli eno ekibonerezo ekyo tekivangawo. Abantu ba Katonda n'abaweereza b'enjiri balina okwegendereza obuteeyigiriza mize nga gino kubanga gisaanuula obusungu bwa Katonda." (Cole 2006: 1193)

Ensonga lwaki Yakobo alabula mu **lunyiriri 1** esangibwa mu **lunyiriri 2** era ekitandikira n'ekigambo "ku lwa" (ekitegeeza "kubanga"). "Omusomesa yeeteeka mu kabi akasingako okusalirwa ommusango kubanga ekintu ekikulu eky'obuweereza bwe nakyo kye kitundu ky'omubiri ekisinga okukaluba okufuga: olulimi" (Moo 1985: 120). Endowooza ya Yakobo mu **lunyiriri olw2** tekoma ku basomesa bokka wabula ezingiramu abantu bonna, okuva: "*ffenna twesittala*" ne "*omuntu yenna bw'aba teyeesittala mu by'ayogera, aba musajja atuukiridde"* (ku byo tewali n'omu). Kino kitujjukiza nti ekibi kiri mu nsi yonna, ne mu bakkiriza. N'olwekyo olunyiriri luno era lukola ng'enkyukakyuka eri ekitundu ekitono ekitandikira ku **lunyiriri 3** ekikwata nu buyinza obw'amaanyi obw'olulimi. Yakobo atulaga akakwate akaliwo wakati w'ebyo bye twogera ne bye tukola. Ensonga ye eri nti," okuva ebibi by'olulimi bwe bisinga okukaluba okwewala, omuntu yenna ayinza okufuga olulimi lwe mazima ddala yandisobodde "okukuuma omubiri gwe gwonna nga guli mu mbeera" —kwegamba, kikuume obutakozesebwa ng'ekintu ekikozesebwa mu kibi" (Burdick 1981: 187). Okuva ekibala ky'Omwoyo ekifundikira Pawulo mu **Bag 5:22-23** bwe kiri "okwetangira," Yakobo mu butuufu ye agamba nti, omuntu bw'asobola okufuga olulimi, aba ajja kusobola

Obuyinza bw'okuwandiika © 2019 bwa Jonathan Menn. Eddembe lyonna liri mu buyinza bwaffe.

okufuga buli kitundu ekirala eky'obulamu bwe.

2. **<u>Enyiriri 3-6a</u>**<u>—Obuyinza obw'amaanyi g'olulimi.</u> Mu **enyiriri 3-6a** Yakobo akozesa ebyokulabirako bino ebisatu okutulaga nti, newankubadde olulimi katundu katono kati ku mubiri gw'omuntu, lulina akakwate ak'amaanyi ku bulamu bwaffe. Olulimi alugeraageranyizibwa ku kyuma kye bateeka mu mumwa gw'embalaasi kale kitono naye kye kitambuza embalaasi ennene ekyenkanidde awo, era olulimi alugeraageranya ne ku kakono k'emmeeri akagiyambako okuseyeeya ku mazzi ne ku kati k'akabiriiti akamu naye akasobola okukoleeza ekibira kyonna. Moo mu bufunze, "Amaanyi g'olulimi alaga nga lwe lukola amagenda g'omuntu. Omukkiriza, bw'akozesa obulungi olulimi lwe, kiba kikakasa nti asobola bulungi okutambuza obulamu bwe mu ngeri ennambulukufu: oyo era aba mutuukirivu (olunyiriri 2). Naye olulimi bwe lulemerera okufuga, wadde lutono lutya, omubiri gwonna gusobola okulema okufuga ka kube okugutereeza." (Moo 1985: 122)

Ekyokulabirako ky'omuliro ku ntandikwa yo **lunyiriri 5** ne ku ntandikwa yo **lunyiriri 6** nabyo biba bitubagulizaako ku biri mu kitundu ekikwata ku maanyi olulimi ge lulina okutattana n'okukyusa enneeyisa y'omuntu.kino era tukirabira mu byokulabirako eky'omuliro,embalaasi n'emmeeri, ekyuma ky'embalaasi n'akakono k'emmeeri, okufaananako n'olulimi, byeyambisibwa okutambuza ebintu ebinene ne bikwata ekkubo omuvuzi ly'ayagala bikwate.Naye ekibira kyo kisaanirawo ddala.Ekirala , mu **lunyiriri 6a** Yakobo Takoma ku kugamba nti, "olulimi muliro*"* naye agenda mu maaso n'okuluyita "*ensi yennyini ey'obutali butuukirivu."*

3. **<u>Olunyiriri 6b-12</u>**<u>—Obusoboozi bw'okuzikiriza n'obukyayi bw'olulimi.</u> Obusoboozi bw'okuzikiriza butegeerekeka bulungi olw'ebigambo bina mu **lunyiriri 6**:

- *Olulimi muliro.* Tuddako katono ku katundu akasembayo ku **lunyiriri 5** akoogera ku kabiriiti akatono ennyo akasobola okukoleeza ekibira ekiramba.
- *Olulimi luzikiriza omubiri gwonna*. Yakobo atulaga nti olulimi lutuukiriza ekikyuusa "*eddiini ennongoofu era etali ntuufu*" (**Yak 1:27**). Ekigambo ekivvuunuddwa nti "ayonoona" mu **lunyiriri lw 6** mu bufunze kitegeeza "okukuba amabala" oba "okusiiga amabala" [Oluyonaani = *spilousa*]. Kiva mu kigambo ekikozesebwa mu **1:27** ekigamba nti eddini ennongoofu erimu okwekuuma nga "<u>*tolina bbala*</u> *[Oluyonaani = aspilon] lya nsi*. Mu **lunyiriri 6** Yakobo bwagamba nti olulimi "*lwoonoona omubiri gwoona*," mu bukalaativu aba agamba nti "ebibi ebikolebwa n'olulimi bisaasaanya obucaafu obw'omwoyo eri omuntu yenna." (Moo 1985: 125).
- *Olulimi lukuma omuliro mu nkola y'obulamu bwaffe*. Ebigambo kino kisukka ku kukakasa nti olulimi lukosa obulamu bw'omwogezi bwokka okutuuka ku kugamba nti. "Amaanyi g'olulimi ag'omuliro ag'okuzikiriza gakwata ku kubeerawo kw'omuntu kwonna, okuva ku ntandikwa okutuuka ku nkomerero, ne mu mbeera zaayo zonna." (Ibid.: 125-26).
- *Olulimi omuliro gwalwo gukoleezebwa mu Ggeyeena.* Ekigambo kino kitubulira olulimi gye lufuna obusobozi bwalwo obw'okuzikiriza ennyo: okuva mu ggeyeena. Nga agamba nti, "*olulimi lukutte omuliro ggeyeena*," Yakobo aba agamba nti setaani y'ensibuko ey'enkomerero ey'okwogera okubi n'obusobozi bwaffe okwesaanyaawo, abalala, n'enkolagana yaffe olw'ebyo bye twogera. Ggeyeena wano ekozesebwa nga ekigambo ekimpimpi ekitegeeza, okuva omuliro ogw'olubeerera ogwa ggeyeena "*bwe gutegekeddwa setaani ne bamalayika be"* (**Mat 25:41**). Kino kifaananako n'engeri Matayo gy'atera okukozesaamu ebigambo "*obwakabaka bw'<u>eggulu</u>*" okujuliza obwakabaka bwa <u>Katonda</u> (soma, ennyiriri zino ez'obyokulabirako **Mat 3:2; 4:17; 5:3, 10, 19; 7:21**). Ekirala setaani "*tayimiridde ku mazima kubanga temuli mazima mu ye. Buli lw'ayogera obulimba ayogera okuva mu butonde bwe, kubanga mulimba era kitaawe w'obulimba*." (**Yok 8:44**)

Obulabe bw'olulimi bulabikira mu nyiriri **6a, 7-12**. Kino tusooka okukisomako mu nyiriri **6 ne** 8 ezinnyonnyola obutonde bw'olulimi obukyamye. Olunyiriri 6 olulimi erwogerako *ensi ey'obutali butukuvu* era olunyiriri **8** n'ekkatiriza nti olulimi *lubi olutateredde era lujjudde obutwa obutta."* Wano waliwo okukkiriziganya n'ebigambo bya Yesu bye yayogera mu **Mat 15:11, 18-19**, "*Ekiyingira mu kamwa si kye kyonoona omuntu; naye ekiva mu kamwa, ekyo kye kyonoona omuntu. Naye ebifulima mu kamwa biva mu mutima; n'ebyo bye byonoona omuntu. Kubanga mu mutima mwe muva ebirowoozo ebibi, obussi, obwenzi, obukaba, obubbi, okuwaayiriza, okuvuma*." Olulimi lulaga embeera y'abantu eyonoonese, ey'ekibi, eyagwa.

Eky'okubiri, tulaba obukyamu bw'olulimi mu **nyiriri 7-12**. Ennyiriri **7-8** zikakasa nti obutafaananako busobozi bwaffe okufuga ebisolo, olulimi teruyinza kufugubwa. **Ennyiriri 9-10** olwo ziraga nti obutakwatagana kintu kya kukyama kw'olulimi: mu kamwa ke kamu omuva emukisa n'ekukolima. N'ekisembayo, **ennyiriri 11-12** zigeraageranya olulimi ku nsulo, omutiini, n'amazzi ag'omunnyo. Ensonga ye eri nti ebintu bino ebirala byonna bikola nga bikwatagana n'obutonde bwabyo: ensulo tefulumya mazzi malungi ate n'agakaawa; omuti omutiini gubala mizeyituuni, so si mizabbibu;

Obuyinza bw’okuwandiika © 2019 bwa Jonathan Menn. Eddembe lyonna liri mu buyinza bwaffe.

amazzi ag’olunnyo ate tegavaamu mazzi malungi. Mu ngeri y’emu, Mukama atulagira okumwagala n’okwagala bannaffe era atuwadde n’amaanyi agakola ekyo. Kyokka, buli lwe tutaagala Mukama ne bannaffe, tuba nga esulo evaamu amazzi amalungi n’agakaawa, oba ng’ezeyituuni eribala emizabbibu, si mizayituuni. Nga Yakobo bwagamba nti, “*abooluganda ebintu tebisanye kuba bwebityo”* (**olunyiriri 10**). Ensonga eno nkulu nnyo era Yesu akyogerako nti, “*omuti gumanyibwa olw’ebibala byagwo”* (**Mat 12:33**). Ensonga eno era ya mwoyo: ebyo ebituva mu kamwa bye biraga ekiri ku mitima gyaffe. Eky’enkomerero, olulimi lwaffe lw’oleka oba twalokola oba nedda.

## EBIBUUZO EBY’OKUKUBAGANYAAKO EBIROWOOZO

1. Mu Yak 3:1 abasomesa balabulwa nti nga abasomesa “tujja kufuna omusango omukakali.”
   - Lwaki kituufu era kya bwenkanya okuwa abasomesa okusalirwa omusango omukakali?
   - Ngeri ki ez’enjawulo abasomesa gye banaafunamu okusalirwa omusango okukakali?

2. Mu kitundu kino, emu ku nsonga za Yakobo eri nti olulimi lulina obuyinza obw’amaanyi ku bulamu bwaffe. Teesa ku ngeri n’ebyokulabirako eby’enjawulo olulimi mwe lulina enkizo ey’amaanyi.

3. Yakobo era alaga ensonga nti olulimi lulina obusobozi bungi obw’okuzikiriza n’okukyama. Teesa ku ngeri n’ebyokulabirako eby’enjawulo olulimi mwe luzikiriza era nga lukyamye.

4. Abakristaayo bayinza batya okuyiga okufuga ebiva mu kamwa kaabwe? Waliwo obukodyo bwonna bw’osanze nga buyamba okufuga ebiva mu kamwa?

**VI. Yak 3:13-18— Amagezi ag’obwa Katonda nga golakanye n’agatali** ***[13] Ani alina amagezi mu mmwe? Alagenga mu mpisa ennungi ebikolwa bye mu magezi amawombeefu. [14] Naye bwe muba n’obugya obukambwe n’okuyomba mu mutima gwammwe, temwenyumirizanga so temulimbanga okuziyiza amazima. [15] Amagezi gano sigegakka okuva waggulu, naye ga mu nsi, ga buzaaliranwa, ga setaani. [16] Kubanga awaba obuggya n’okuyomba, we waba okutabuka na buli kikolwa ekibi. [17] Naye amagezi agava waggulu okusooka malongoofu, nate ga mirembe, mawombeefu, mawulize, agajjudde okusaasira n’ebibala ebirungi, agatalina kwawula, agatalina bunnanfuusi. [18] Era ekibala eky’obutuukirivu kisigibwa mu mirembe eri abo abaleeta emirembe.***

Mu kitundu kino, Yakobo alaga enjawulo wakati w’amagezi agava mu ggulu n’g’ensi. Mu **lunyiriri 13** Yakobo atulaga ng’amagezi gafaananako n’okukkiriza (soma **Yak. 2:18**): Nga okukkiriza bwe kuli enzikiriza ekozesebwa n’amagezi bwe gali okumanya okukozesebwa. Moo akiteeka bwati, “amagezi amatuufu nga okukkiriza okwa nnamaddala, kikulu nnyo, omutindo ogw’enkola ogulina ekinene (oba okusingawo) ekikwatagana n’engeri gye tubeera nga bwe tulowooza oba bye twogera” (Moo 1985: 132). Yakobo akola okugeraageranya kuno wammanga: Jjukira nti, amagezi ag’ensi geefaako gokka kyokka go a’eggulu gafa ku balala. Yakobo bw’akola

| *Amagezi ag’ensi* | *Amagezi ag’egulu* |
|---|---|
| **Ensibuko** | **Ensibuko** |
| Ga nsi, makolerere, ga setaani (**olunyiriri 15**) | Gava waggulu (**ennyiriri 15, 17**) |
| **Engeri yaago n’ebibala byago** | **Engeri yaago n’ebibala byago** |
| Ga buggya, kweyagaliza, mivuyo, gajjudde obubi (**olunyiriri 16**) | Ga mpisa, buwombeefu (**olunyiriri 13**), malongoofu, ga mirembe, makakkamu, kufumiitiriza, gajjudde okusaasira n’ebibala ebirungi, si makuusa, tegaliimu bunnanfuusi, matuukirivu, ga mirembe (**ennyiriri 17-18**) |

okugeraageranya ku magezi ag’ensi n’g’eggulu, aba afaananye ne Pawulo ky’ayogera ku mubiri n’omwoyo mu **Bag 5:16-26**.

## EBIBUUZO EBY’OKUKUBAGANYAAKO EBIROWOOZO

1. Amagezi kye ki?

2. Abantu bangi bayivu era baasoma, naye si “bagezi.” Kubaganya ebirowoozo ku njawulo eriwo?

3. Amagezi gasobola okuyigirizibwa, era bwe kiba bwe kityo, gatya?

Obuyinza bw'okuwandiika © 2019 bwa Jonathan Menn. Eddembe lyonna liri mu buyinza bwaffe.

**<u>Yak 4:1-4—Ekibi ekibeera munda era n'okweyoleka kwakyo okw'okungulu</u>—**[1]***Entalo ziva wa n'okulwana kuva wa mu mmwe? si muno mu kwegomba kwammwe okulwana mu bitundu byammwe?*** [2] ***Mwegomba so temulina: mutta, era mwegomba, awo temuyinza kufuna: mulwana era mutabaala, temulina kubanga temusaba.*** [3] ***Musaba ne mutaweebwa, kubanga musaba bubi: mulyoke mubikoze okwegomba kwammwe.*** [4] ***Mmwe abakazi abenzi temumanyi ng'omukwano gw'ensi bwe bulabe bwa Katonda? Kale, omuntu yenna bw'ayagala okubeera mukwano gw'ensi yeefuula mulabe wa Katonda.***

Essuula eyo **3** twagifundikira tulaba enjawulo wakati w'amagezi amatuufu n'amagezi ag'obulimba. Kati essuula eyo **4,** eddiriira okuva mu ekyo ng'eyogera ku ngeri y'abo abakolera ku musingi gw'amagezi ag'obulimba. Obukulu bwa kino bulabibwa mu lulimi olukambwe Yakobo lw'akozesa. Abantu ng'abo balina "enkaayana n'okusika omugwa" wakati waabwe; amasanyu gaabwe "galwana olutalo" munda mu bo; "beegomba" era "battemula"; ba "buggya" ekibatuusa "okulwana n'okuyomba"; balina "ebigendererwa ebikyamu"; "benzi"; "balabe ba Katonda." Ekisinga okwennyamiza kiri nti, ebyo byonna biwandiikibwa ku bantu abeeyita Abakristaayo (soma **Yak 2:1**). Ennyiriri zino wammanga zirina ebikulu bingi:

1. **<u>Ennyiriri 1-2</u>**<u>—Ensibuko y'ebizibu byaffe.</u> Mu nnyiriri zino, Yakobo akitulaga bulungi nti ensibuko y'ennyombo n'obutakkanya kwe kwagala okwefaako ffekka. Era bw'atyo ayogera ku kwegomba kwaffe, obukaba, n'obuggya nti y'ensibuko y'ebize bitutuukako ne bannaffe. Nga byonna bino bisibuka ku kwefaako ffekka na ffekka. Mu **1:14**, mu kwogera ku nsibuko y'ekibi okutwaliza awamu, Yakobo mu ngeri y'emu yali agambye nti, "*buli omu akemebwa asikirizibwa era asendabwasendebwa kwegomba kwe."* Wano essira aliteeka ku enkaayana wakati w'abantu eziva ku ssanyu ery'okwefaako, okwegomba n'obuggya. Enkaayana eziringa ezo ze ziraga nti etteeka ekkulu era erisooka twalijeemera, eritulagira nti, "*Oyagalanga Mukama Katonda wo n'omutima gwo gwonna, n'emmeeme yo yonna, era n'endowooza yo yonna"* (**Mat 22:36**), eta n'etteka eryokubiri nalyo twalijeemera, eritulagira nti, "*Oyagalanga mulirwaana wo nga gwe nnyiini bwe weyagala*" (**Mat 22:39**).
2. **<u>Olunyiriri 2</u>**<u>—Ettemu.</u> Olunyiriri olw'okubiri lugamba, "*Mwegomba so temulina: kale n' emutta*." Engeri Yakobo gy'awandiikira Abakristaayo, ayinza okuba nga tategeeza Bakrisitaayo kutta bannaabwe. Wabula, "mu mbeera y'ebigambo eby'amaanyi nga *polemoi* (entalo) [ezivvuunuddwa waggulu nga enkaayana] ne *machai (*essitaano) [ezivvuunuddwa nga 'enkaayana'] kirungi okutwala *phoneuete* ('otta") nga ekyeyolekera mu bukyaayi. Kino kigonjoola ekizibu ky'ensengeka y'ebigambo erabika ng'etali ya ntikko. Okugamba nti, "okyawa n'okwegomba" kiragiro kya butonde nnyo okusinga okugamba nti, 'otemula n'okwegomba". Era, Matayo 5:21-22 ne 1 Yokaana 3:15 ziraga nti obukyaayi bwenkana n'obutemu." (Burdick1981:193) Si ebyo byokka, Yakobo akakasa ng'entalo, enkaayana, n'ennyombo akageri ke biri mu kkanisa nga n'okwegomba, obuggya n'okweyagaliza, ettemu n'obutabanguko nabyo tubyerinde.
3. **<u>Olunyiriri 2b-3</u>**<u>—Okusaba.</u> Oluvannyuma lw'okwogera ku kwefaako, okwegomba n'obuggya ebivuddeko enkaayana, ennyombo n'okulwana, Yakobo agamba nti, "*tolina kubanga totusaba*." Era mangu ddala ayongera nti, ebikyamu, *"Musaba ne mutaweebwa, kubanga musaba bubi: mulyoke mubikoze okwegomba kwammwe*." Ekiva mu kusaba kw'okweyagaliza, "okusaba" nga omuntu asaba ebintu okuva eri Katonda olw'ensonga ez'okwefaako yekka okusaasaanya ku kwegomba kw'omuntu n'amasanyu, bye bimu n'obutasaba n'akatono! Aba agamba nti n'okusaba mu butuufu kukuzesebwa ng'ekintu eky'okumatiza okwegomba kwaffe.

Ensonga eno nkulu nnyo mu nsangi zino, naddala nga tuli mu biro "eby'enjiri y'okukulaakulana" essomesa nti ye Mukama ky'atwagaza kimu kugaggawala nti era eby'obugagga kabonero akalaga nti Mukama atutaddeko okuganja era tuli kimu naye. Mu njiri eno y'okukulaakulana, okukkiriza n'okusaba binnyonnyolwa nga: "Okukkiriza kw'omutima kusibiddwa ku kwatula akamwa okutondawo ekituufu ekipya. Ofuna mu bulamu buno ekyo kyennyini ky'oyogera n'akamwa ko. 'Ekigambo ekiri mu kamwa ko kwe kukkiriza nga kwogera. Ebigambo by'oyogera bw'okkiririzaamu. *Ebigambo by'oyatula by'okkiriza*. Ebigambo byo bisobola okukubeererawo oba okukwegaana. Bikuleeetera obulamu oba okukuleetera endwadde. Ebigambo byo bye bisalawo oba obeera mu bungi oba obeera mu bbula.'" (Sarles 1986: 347-48, ng'ajuuliza Gloria Copeland). Ensomesa eno yabulimba. "Kubanga wano okukkiriza kuba kufuuse kwa bufuusa, nga n'ebigambo ebyogerwa bifuuse bufuusa kuloga. Ensonga ey'omunda ey'endowooza y'okukulaakulana egamba nti okuva omuntu bwe kiri ekitonde ekiringa katonda, ebigambo bye bwe byogerwa mu kukkiriza birina amaanyi ag'omunda ge gamu n'aga Katonda. Naye endowooza eno ey'okwogera kw'omuntu ya kifuusa, so si ya byawandiikibwa." (Ibid.) Gordon Fee akkaatiriza nti, "Ku musingi eddiini y'okulaakulana egaba enjigiriza eteekeddwa ku muntu, okusinga eyeesigamiziddwa ku Katonda. Newankubadde omuntu bulijjo ategeezebwa nti ekitiibwa kya Katonda yennyini kye tukulakulanya okutuukiriza, bulijjo okujulira kuva ku kwefaako ffekka n'okuwulira nti tuli

Obuyinza bw'okuwandiika © 2019 bwa Jonathan Menn. Eddembe lyonna liri mu buyinza bwaffe.

bulungi." (Fee 1984: 42-43) Okujulira kw'enjiri y'okulaakulana eri okwefaako kwaffe ffekka si kirala wabula okujulira omululu n'okwegomba. Eri wala nnyo n'okulaga okukkiriza, Bayibuli egamba nti ow'omululu "*musinza wa bifaaananyi,*" (**Beef 5:5**), era omululu gwekana *okusinza ebifaananyi,*" era kino kutuviirako "*obusungu bwa Katonda okubuunbuuka,*" (**Bak 3:5-6**).

Kituufu ddala, nti Yesu yagamba, "*Musabe muliweebwa; munoonye muliraba; mukonkone muliggulirwawo*" (**Mat 7:7**) era "*buli kye tusaba nga tukkiriza, kirituweebwa*" (**Mat 21:22**). Abantu abamu bakozesa ennyiriri zino okutondawo ekya "kitondewo" era "okisabe"—kwe kugamba, abakkiriza buli kya bugagga kye basaba, basobola okukifuna, era ekibagaana okubifuna bwe butakkiriza. Kyokka, **1 Yok 5:14-15** okusaba essaala ekola amakulu y'eyo gye tusaba "*ekole olw'okwagala kwa Katonda*" so si "*okwagala kwaffe*." Kye tuva tulaba nga Mukama agaana okwanukula essala ya Pawulo omutume (**2 Kol 12:7-9**) ne Yesu Mukama waffe (**Lukka 22:41-42**)—so nga bombi bano baalina "okukkiriza okutabuusibwabuusibwa." Mukama y'ali ku ntikko era ye we nkomeredde, era ekyo tetusanye kukyerabira buli lwe tusaba. **Yak 4:3** atujjukiza okuba n'ebigendererwa ebirungi nga tusaba. Kubanga essaala mu bulamu bwaffe, oba ffe twagala kimu bya nfuna na bya bulungi. Bwe tuba nga tugoba bya kufuna, tuba tumaze okukiraga nti tusinza ebifaananyi ata nga—ye Mukama tawa mukisa basinza bifaananyi.

4. **<u>v.4</u>**<u>—Enkolagana yaffe ne Katonda.</u> **Olunyiriri 4** luteeka evvumbo ku kukubaganya ebirowoozo ku kweyagaliza, okwegomba, obuggya n'okusaba. Ekizibu ky'abantu Yakobo be yali awandiikira—era ekizibu ky'abagoberezi bonna ab'enjiri ey'okulaakulana, era bangi ku ffe ensangi zino—kuli nti, baali era "ba nsi" nga kwotadde okuba "mu nsi." Mu ngeri endala, empisa zaabwe, bye bayayaanira, ne bye basoosowaza n'ebyo bye beegomba, bya nsi. Bo buli kimu bakiraba nga bo so si nga Katonda wadde Yesu Kristo. Yakobo ba nnakigwanyizi, n'abakaba abayise "abeenzi" aboogerako, ng'alaga nti abantu ab'engeri eno enkolagana yaabwe ne Katonda eri mu kabi. Ensonga eri nti "abeenzi" kigambo "ekiraga obutali bwesigwa mu by'omwoyo. Ekigambo kino kiruma era kiwuniikiriza, ekigendereddwamu okusiba omusomi n' okumuzuukusa mbeera ye entuufu ey'omwoyo. Endowooza y'obwenzi obw'omwoyo awatali kubuusabuusa yaggyibwa ddala mabega mu Ndagaano Enkadde (soma Kos. 2:2-5; 3:1-5; 9:1)." (Burdick 1981: 193) Ffe ekkanisa ffe bagole ate Yesu ye kawasa. (**Beef 5:23, 32; Kub 19:7; 21:2, 9**). Mukama, kawasa waffe, atwagaza kimuobwesigwa obw'enjawulo era ng'abugwana, ng'omuntu yenna bw'ayagala omwagalwa we okuba n'obwesigwa obujjuvu okuva eri munne.

Yakobo teyayinza kuba mulambulukufu oba okulaga ennyo ku bikwata ku bukulu bwa kino bw'agamba nti, *"Buli ayagala okubeera mukwano gw'ensi yeefula omulaba wa Katonda*." Ekisinga obukulu gye tuli, era kye tusinga okwetaaga nga bwe kiragibwa mu kusaba kwaffe, birina ebivaamu eby'olubeerera. Ebintu bino biraga embeera entuufu ey'emitima gyaffe. Era tusaanye bulijjo okujjukira nti*, "Mukama akebera mutima munda"* (**1 Sam 16:7**). Nga bw'akoze mu kitabo kino kyonna, ekitundu kino kikuba ku mutima gw'okukkiriza okwa nnamaddala nga golakanye n; okukkiriza okw'obulimba. Eno nga y'ensonga etuddizaayo ddala emabega mu **Lub 3:15**; "*Nange obulabe nnaabuteekanga wakati wo n'omukazi, era ne wakati w'ezzadde lyo n'ezzadde ly'omukazi"* kwe kugamba [*Setaani katonda w'oku nsi, n'abagoberezi be bonna y'ali mu kifaananyi ky'omusota, n'omukazi akikiridde Kristo Katonda omutuufu ow'ensi, ne bonna abamugoberera.]* Okuva edda n'edda, ebintu bino bizze bitambula biti: ensi ewakana n'obwa kabaka bwa Katonda; okukkiriza kuwakana n'ebikolwa. Kino kiraga nti waliyo amakubo ga mirundi ebiri gyokka—ekkubo erya Katonda n'eryo eritali lirye—bino biri wonna mu Bayibuli (soma **Zab 1; 73; Mat 7:13-20, 24-27; 1 Kol 2:14- 15**). Mu Kubikkulirwa ebisinga mw'obisanga kubanga mwo tulaba nga buli muntu, okuva mu mawanga, ge nsi, aboogera ennimi ez'enjawulo, alinako ekkubo erimu kw'ago abiri ly'akwata: ekkubo ery'ensi (**Kub 11:9; 13:7; 14:6**; era soma ne **17:15**), oba ekkubo ery'ekkanisa (**Kub. 5:9; 7:9**); abo abali mu nsi (**Kub 3:10; 6:10; 8:13; 11:10; 13:8, 12, 14; 14:6; 17:2, 8**), oba abo abalina obutuuze mu ggulu (**Kub 6:9, 11; 7:9-10; 11:12; 12:10; 14:1-3; 15:2-4; 19:1-9, 14; 20:4-6**); abo abasinza ekisolo (**Kub 13:3, 4, 8, 12, 15; 14:9, 11; 19:20**), oba abo abasinza omwana gw'endiga (**Kub 4:8-11; 5:9-14;** 6:9; **7:9-17; 11:15-18; 12:11, 17; 14:4, 12; 15:2-4; 17:14; 19:5-9; 20:4; 21:9; 22:3);** abo abalina akabonero k'ensolo (**Kub 13:16-17; 14:9, 11; 19:20**), oba abo ababikkiddwako Katonda (**Kub 7:3; 9:4; 14:1; 22:4**); abo ng'amannya gaabwe tegawandiikiddwa mu kitabo eky'obulamu (**Kub 13:8; 17:8; 20:15**), oba abo ng'amannya gaabwe gawandiikiddwa mu kitabo ky'obulamu (**Kub 3:5; 21:27**); abo abalibeera mu kibuga ekikulu (**Kub 11:8; 16:19; 17:18; 18:10, 16, 18, 19, 21**), oba abo abalibeera mu kibuga ekyagalibwa (**Kub 20:9**). Tewali kugamba tolina ludda oba anti ggwe ogwa walala.[9][jm5]

[9] Mu kitundu ekyokubiri ekya Kubikkulirwa tulaba obwa nnakabirye nga bugeraageranyizibwa kubifaananyi ebisatu omuli ebisolo, abakazi n'ebibuga: Ensolo—Omwana gw'endiga; Harlot—Omugole; Babiloni omunene—Yerusalemu omuggya.

Obuyinza bw'okuwandiika © 2019 bwa Jonathan Menn. Eddembe lyonna liri mu buyinza bwaffe.

**EBIBUUZO EBYOKUKUBAGANYAAKO EBIROWOOZO**

1. Mu nnyiriri zino, kiki Yakobo ky'alaga ng'ensibuko y'ebibi byaffe, ennyombo n'enkaayana?

2. Mu Yak **4:2-3** Yakobo ayogera ebigambo ebikulu ennyo ebikwata ku kusaba.
   - Kiki ky'ayogera ku kusaba mu nnyiriri zino, era by'ayogera biyamba bitya okutuwa okutegeera okulungi ennyo ku kusaba?
   - Makulu ki agali mu kigendererwa ky'omuntu okusaba ekintu okuva eri Katonda? Ekigendererwa kyaffe kyogera ki ku ffe n'embeera yaffe ey'omunda, ey'omwoyo?
   - Ennyiriri zino zikwatagana zitya n'enjiri ey'okulaakulana?

3. Yak 4:4 lulabika nga lwe lunyiriri olusinga obwangu n'okutegeerekeka amangu mu Bayibuli.
   - Lwaki?
   - Singa amakanisa g'Abakistaayo ssekinoomu gaatwala olunyiriri 4 ng'ekikulu, olowooza nkyukakyuka ki bangi ku ffe ze twetaaga okukola nga ba ssekinnomu ne ng'amakanisa? Mitendera ki gye tusaanidde okukola okusobola okukola enkyukakyuka ezo?

**VIII. <u>Yak 4:5-10—Engeri y'okunoonyaamu ekisa kya Katonda tufune amagezi agava mu ggulu</u>—**[5] ***Oba mulowooza ng'ekyawandiikibwa kyogerera bwereere? Omwoyo gwe yatuuza mu ffe gwegomba okuleeta obuggya? Kye mugamba omwoyo gwe yateeka mu ffe, agulinako obuggya?*** [6] ***Naye yeeyongera okugaba ekisa. Kye kiva kyogera nti KATONDA ALWANA N'AB'AMALALA, NAYE ABAWOMBEEFU ABAWA EKISA.*** [7] ***Kale mujeemulukukirenga Katonda; naye mulwanenga ne Setaani, naye anaabaddukanga.*** [8] ***Musembererenga Katonda, naye anaabasembererenga mmwe. Munaabenga nga mu ngalo, abalina ebibi, era mutukuzenga emitima gyammwe, mmwe abalina emmeeme ebbiri.*** [9] ***Munakuwalenga, mukube ebiwoobe, mukaabe: okuseka kwammwe kufuuke ebiwoobe, n'essanyu lifuuke okunakuwala.*** [10] ***Mwetoowazenga mu maaso ga Mukama waffe, naye alibagulumiza.***

Ennyiriri zino, ze zituyambako okusaabulula obutwa obw'atuyingizibwamu olw'okweyagaliza n'ebizibu byonna e y'enkolagana ebikuvaamu ebyogeddwako mu nyiriri **1-4**. Eky'ekomerero, eky'okuddamu kisangibwa mu kwetoowaza n'okusemberera Katonda atuwa ekisa ekingi era bw'atyo n'ayugulumiza. Ennyiriri zino zoogera ku nsonga ntono enkulu:

1. **<u>Olunyiriri 5</u>**<u>—ensonga enkulu ey'okwekkeneenya</u>. Enkyusa eyo waggulu etwala 'Ye" (oyo nga ye Katonda) ng'omutwe gw'olunyiriri. Nga twesigama ku ebyo ebya akagerwako mu **lunyiriri 4**— ekifaananyi kya Katonda ng'omugole waffe — "olunyiriri luno lunnyonnyola obukulu bw'okwekulubeseza kwonna n'ensi nga kireeta mu birowoozo obuggya bwa Mukama, obusaba obwesigwa obw'enkomeredde, obutaziyizibwa, obutawuguka okuva mu bantu be yeetabye nabo" (Moo 1985: 144). Tekitegeerekeka bulungi oba ekigambo "omwoyo" kitegeeza Mwoyo Omutuukirivu kubanga ate waliwo "n'omwoyo" gwe bafuuwa mu muntu ng'omukka ku kutondebwa kw'omuntu. Mu mbeera zino zombi, olunyiriri lutujjukiza nti, "Katonda atulinako obwanannyini ku ffe olw'omulimu gwe mu bulamu bwaffe" (Ibid.: 146). Mu ngeri endala, enzivvunuula ya Bayibuli endala eya NIV erimu ekibuuza, "*oba nga tulowooza nti ekyawandiikibwa kyawandiikibwa awatali nsonga nti omwoyo gwe yatuwa okutuulanga mu ffe amulinako obuggya?*" Enzivuunula eno etwala "omwoyo" y'entabiro ya olunyiriri yonna (kwe kugamba, "omwoyo" bamututeekamu nga tutondebwa) era kitegeeza nti, "naye olw'obutonde bwaffe obugudde, obuggya bwatwefuga kati alinga ataliiwo" (*Life Application* 1986: 2250n.4.5). Nga tetufuddeyo ku nnyinnyola, "Yakobo tajukiza lunyiriri oba ekitundu ekigere—aba awumbaawumba enjigiriza eri mu kyawandiikibwa" (Ibid.).
2. **<u>Olunyiriri 6</u>**<u>—Mukama atuwa ekisa okutuukiriza by'atwagaza era ne tuvvunuka amaanyi g'ekibi.</u> Olunyiriri luno lujuliza **Nge 3:34** (era soma ne **1 Peet 5:5**). Okusobola okulaba ekisa kino, *obwetoowaza* bwetaagisa. Olunyiriri **7-10** olwo lutubuulira engeri y'okukozesaamu amaanyi g'ekisa kya Katonda mu bulamu bwaffe.
3. **<u>Ennyiriri 7-10</u>**<u>—Engeri y'okutwala ekisa kya Katonda "ekisingawo".</u> Ennyiriri zino ennya zirimu (ebiragiro) kkumi nga bino birimu emitendera musanvu gye tulina okuyitamu bwe tuba ba kunyweza "ekisa kya Katonda ekisingawo" mu bulamu bwaffe. Ng' "ekibala ky'omwoyo" mu Bag **5:22-23** byonna binnyonnyola "okwagala" (ekikulembera olukalala lw'ebibala by'Omwoyo) kiringa ebyetaagisa eby'enjawulo okubeera omukulembeze w'ekkanisa ebiwandiikiddwa mu 1 **Tim 3:2-7** byonna binnyonnyola okubeera "waggulu w'okuvumibwa" (ekikulembera olukalala lw'ebyetaago) bwe kifaanana,

Obuyinza bw'okuwandiika © 2019 bwa Jonathan Menn. Eddembe lyonna liri mu buyinza bwaffe.

kale ebiragiro wano biyinza okutunuulirwa ng'ebitegeeza engeri okugondera Katonda okwa nnamaddala gye kufaanana.

- *Mugondere Mukama.* Kino kya musingi. Buli kiddako kyonna kye tufuna kikulukuta okuva mu kugondera Katonda era kinnyonnyola okugondera Katonda kye kuzingiramu.
- *Muziyize Setaani.* Mu **olunyiriri 4**, Yakobo yalaga nti waliwo enjawulo enkulu wakati w'ensi ne Katonda. Kati abikkudde nti enkaayana entuufu eri ne setaani. Ensonga eri nti, "*setaani ye mufuzi w'ensi eno"* (**Yok 12:31**) era "*katonda w'ensi eno* [*oba 'omulembe guno'*]*"* (**2 Kol 4:4**).
- *Musemberere Mukama.* Kino kye kiyamba okuziyiza setaani. Kubanga setaani ye mufuzi era katonda w'ensi eno, buli muntu yenna atali mu bwakabaka bwa Katonda, aba afugibwa amanyi n'obuyinza bwa setaani (**Bik 26:18**). Tewaliiwo nampawengwa oba oluuyi olwokusatu. Okugatta kw'ekyo, David Nystrom alaga nti, okusemberera Katonda, "kisingako ku kumalirira kwokka okulongoosa obulamu bwe obw'omwoyo. Kiba mu kuyingirira mu bujjuvu mu maaso ga Katonda, okubeera eyo, okubeera nga weeyagaza eyo, okubeera awaka." (Nystrom 1997: 231)
- *Naaba emikono gyo.* Emikono gyaffe gitegeeza ebikolwa byaffe eby'okungulu. Kino, naye kirina okuwerekerewako omutendera omulala.
- *Mulongoose emitima gyammwe.* Emitima gyaffe gye giraga endowooza zaffe ez'omunda, n'ebigendererwa ko n'endaba y'ebintu. Ebyo y'ensibuuko y'ebikolwa byaffe eby'okungulu. Yesu, abantu abanaabako engalo zaabwe zokka abayita "amalaalo agasiigiddwa okutukula" (**Mat.23:27-28**; soma ne **Lukka 11:37-41**).
- *Munakuwale era mukungubage ate mukaabe. Enseko zammwe ka zifukemu kukungubaga.* Kino kikwatagana n'okusaasira mu mazima n'okwenenya ebibi byaffe. Kristo asuubizza okubudaabudibwa kwe eri abo abakikola (**Mat 5:4**). Kwe kugamba, anakuwalirako abo abasanyuka kati, kubanga balikaaba ne bakungubaga okukirawo (**Lukka 6:25**).
- *Mwetowaze.* Obwetowaze bulaga nti twewaddeyo eri Mukama era tumusemberedde. Mu butuufu, omuntu yenna tasobola kwewaayo eri Katondo era n'amusemberera nga teyeetowazza. Mukama aliyimusa abo abeetowaza mu maaso ge, ng'era Yakobo bwe yagamba mu **olunyiriri 6**, Obwetowaze bwaffe Mukama alibutusasulamu ekisaakye eky'omuyiika n'okusinga bwe tumusaba.

## EBIBUUZO EBY'OKUKUBAGANYAAKO EBIROWOOZO

1. Mukama akyawa abeegulumiza ate n'ayimusa abeetowaza (**Yakobo 4:6**), okwetowaza kye ki, era tufuuka tutya abeetowaze?

2. Yak 4:7-10 erina ebiragiro kkumi ebyetyaaga okuyita mmu mitendera musanvu okusobola okweyagalira mu kisa kya Katonda ekitakoma mu bulamu bwaffe.
   - Ebiragiro ebyo bye biriwa?
   - Kkanisa ziyinza kuyamba zitya abantu baazo okugoberera ebiragiro bino?

## IX. Yak 4:11-5:6—Ekibi ky'okwegulumiza era n'okweyoleka kwakyo okw'okungulu

Mu kitangala kya **4:7-10** eyannyonyola bye tusaanidde okukola n'okugondera Katonda okwa nnamaddala kye kugingiramu, ekitundu kino kitulaga bye *tutasaanidde* kukola, kwegamba, obubonero obulaga nti omuntu *teyeetoow*aza oba tagondera Katonda.

**4:11-12**—***[11] Temwogeraganangako bubi, abooluganda. Ayogera obubi ku wooluganda, oba asalira omusngo owooluganda, ayogera obubi ku mateeeka, era asalira omusango amateeka: naye bw'osalira omusango amateeka, nga toli mukozi w'amateeka, wabula omusazi w'omusango. [12] Eyateeka amateeka era omusazi w'omusango ali omu, naye ggwe asalira omusango munno ggwe ani?***

Okuwaayiriza oba okusalira munno omusango kiraga okwegulumiza n'okweyagaliza. Era kiba kikontana n'endowooza gye twaakalaba mu **4:5-10** gye twandibadde nayo. Ekigambo ky'Oluyoonaani ekikozesebwa wano ku "kwogera ku muntu" (*katalaleō*) kitegeeza engeri yonna ey'okwogera ku muntu. Ekyogerwa kiyinza okuba ekituufu mu birimu naye nga kikambwe era nga si kya kisa mu ngeri gye kyanjulwamu. . .. Yakobo amenya eddembe lyonna abasomi be lye bandibadde nalyo nga bagamba nti batuula mu kusala omusango ku balirwaana baabwe. Kino si kugoba kkooti z'ebitundu n'abalamuzi. Mu kifo ky'ekyo, kwe kuggyawo omwoyo omukambwe, oguyali gwa kisa, ogw'okunenya ogunoonya ensobi buli kiseera ku balala." (Burdick 1981: 196)

Ekintu kino kikulu nnyo okusinga abamu bwe balowooza. Ronald Ward attaanya ebigambo bya Yakobo ebiraga nti omuntu yenna asalira omulala omusango n'obuswandi bwonna era n'ayogera bubi ku banne, aba

Obuyinza bw'okuwandiika © 2019 bwa Jonathan Menn. Eddembe lyonna liri mu buyinza bwaffe.

"yeefudde mulamuzi ate si ono omulamuzi owa bulijjo naye oli owa waggulu ennyo.Aba yeefudde *muteesi w'amateeka*, era ng'ataddewo n'etteeka eddala m'wasalirira abalala emisango.Omuntu bw'ati aba yeegaanye Katonda ,ng'era ayonoonye mu maaso ga Katonda ate ng'awambye n'obuyinza bwe."(Ward 1970: 1233)

Eky'okugaana okusalira abalala omusango wano tekikontana na **Yok 7:24** Yesu wagamba nti, "*tosalira musango kusinziira ku ndabika, naye ssala omusango mu bweenyaanya,"*, era ne **1 Kol 2:15** eraga nti, *"Omuntu ow'omwoyo asalira abalala emisango naye ye tewali aligumusalira*." Oba **1 Kol 14:29** egamba nti, ekibina kirina basobola "*okusala omusango"* ku bantu abeeyita bannabbi. Buli muntu ateekwa okuba ng'asobola okukema n'okwawula ekikyamu ku kituufu, ekirungi n'ekibi. Ekyo Pawulo ne Yesu kye boogerako. Enjawulo wakati w'ebigambo bya Pawulo ne Yesu n'ebya Yakobo, eri mu kigendererwa omuntu ky'aba nakyo, okuba n'endowooza era n'embala ya Kristo, era n'okukulemberwa Omwoyo. Dachollom Datiri kino akifunza mu kwogera kwe ku **1 Kol 2:14-15**: "Pawulo ayawula abantu ab'ebika ebiri. Ekika ekisooka, kye ky'abantu *abatalina Mwoyo*, abalinga abateeguya bulamu **(2:14).** Bo bafa kimu kuba na bya bugagga, era bo buli kimu bakirabira mu bya kufuna na bugagga. Abantu ab'engeri eno tebamanyi era tebasobola kutegeera bya Mwoyo ate okwawukana n'abo, bo ab'omwoyo era abakuze, abafugibwa Omwoyo, bo kye bettanira kwe kusobola *okusalawo ku buli kintu* nga bakyekkeneenya, kwe kugamba, basobola okwetegereza ensonga ne balondobamu ebyo ebisinga okuba eby'omugaso (**2:15**). Omuntu yenna alina embala ya Kristo aba asobola bulungi okukola okusalawo okutuufu ku nsonga zonna." (Datiri 2006: 1381)

<u>**4:13-17**</u>—[13] ***Kale nno mmwe aboogera nti: "Leero oba jjo tunaagenda mu kibuga gundi, tulimalayo omwaka gumu tulitunda tuliviisa amagoba",[14]naye nga temutegeera bya nkya obulamu bwammwe bulinga olufu olulabika akaseera akatono ne luggwaawo. [15]Mwandigambye nti, Mukama waffe bw'alyagala tuliba balamu era netukola kino oba bwe tuti. [16]Naye kaakano mwenyumiriza mu kwekulumbaza*** kibi ***eri oyo.***

Tulabye nga **ennyiriri 11-12** zitunuulidde okwogera obubi n'okusalira bannaffe omusango, naye mu nnyiriri zino, ekibi ekisinza okutunuulirwa *ky'ekyokwegulumiza okuva ku mutima* gw'omuntu: ekibi ky'okulowooza nti twemalirira era twesobola ffeka na ffekka nga Mukama tetumutunuulidde. Ekibi kino kyekuusa ku ky'okuteebereza, kwe kugamba, okuteebereza nti oli byonna by'alowooza bijja kuba nga bw'asuubira nga yeerabidde nti Mukama ye w'enkomeredde era ayinza n'okuba ng'alina nteekateeka ndala. Okuteebereza okw'engeri eno kuba kwa kwegulumiza, era ne Yakobo akwogerako mu **lunyiriri 16**.

Tetuvumirira kwetekeratekera biseera eby'omu maaso, naye ekibi kwe kuteebereza ebinajja, okubalirira, okusalawo eky'enkomeredde, ebintu okukolebwa ku lwabyo bye byaavumirirwa mu nnyiriri **1-12**. Omuntu buli lw'aba n'ebyetaago, alina okukola embalirira y'ebiseera bye eby'omu maaso. Naye byonna bye tuteekateeka biteekwa okuba bikulembezeddwa okubeerawo kwa Katonda, okwagala kwe, n'entegekazze. Tuteekeddwa bulijjo okukimanya nti enteekateeka zaffe zonna zituukirizibwa kwagala na ntegeka za Katonda. Enfunda nnyingi, Pawulo ye enteekateeka ze azissa mu mikono gya Katonda era akozesa ebigambo nga Mukama bw'annaba ayagadde (soma **Bik 18:21; Bar 1:10; 1 Kol 4:19; 16:7**; era soma **Beb 6:3**). Kyokka kino teyakikola nga buli kaseera lwe yabanga akola entekateeka ku kintu kyonna (soma **Bik 19:21; Bar 15:28; 1 Kol 16:5, 8**). Kino kisaanye kitujjukize nti okukozesa ebigambo nga "Mukama ng'ayagadde" si "bigambo bya bufuusa" nti byebikola ku byetaago byaffe. Wabula, ensonga y'endowooza yaffe ey'omunda: oba twogera mu bulambulukufu ebigambo nga "Mukama bw'aba ayagadde" oba nedda, "tulina mu kumanya okuteeka enteekateeka zaffe zonna n'essuubi lyaffe wansi w'obwakabaka bwa Kristo, nga tukimanyi nti y'akulaakulanya oba okutukiriza enteekateeka ezo" (Moo 1989: 1160).Yakobo amaliriza ekitundu kino mu **lunyiriri 17** nga tujjukira nti tulina okuba n'endowooza entuufu nga tukola enteekateeka zaffe, bwe tutaziteeka mu mikono gya Katonda, kino kibi ekiwedde emirimo. Ekirala, bwe tukkiririza ddala, ne tumusembeza era ne tumugondera nti y'asukkulumye era bwe tusalawo okumwesiga mu byonna, nga tulindiridde kwagala kwe (soma, ekyokulabirako mu, **Yok 15:5; 1 Kol 6:19-20**) tusigala tulina emirembe oba enteekateeka zaffe ziyisemu oba nedda.

<u>**5:1-6**</u>**—*Kale nno mmwe abagagga mukaabe mulire olw'ennaku ezijja mu mmwe. [2] Obugagga bwammwe buvunze, n'ebyambalo byammwe biriiriddwa ennyenje. [3] Ezaabu yammwe ne ffeeza zitalazze; n'obutalagge bwazo buliba mujulirwa gye muli, bulirya omubiri gwammwe ng'omuliro. Mwakungaanyiza ebintu mu nnaku ez'enkomerero. [4] Laba, empeera y'abakozi abaakungula ennimiro zammwe, gye mulyazamaanya, akaaba: n'ebiwoobee by'abo abakungula byayingira mu matu ga Mukama Ow'eggye. [5] Mwesanyusa ku nsi, ne muwoomera ebinyumu; mwegezezza mu mitima gyammwe nga ku lunaku olw'okubaaga ebya ssava. [6] Mwasala omusango okusinga omutuukirivu, ne mumutta; naye tabawakanya.***

Ekitundu kino kigoberera **4:13-17** ku bikwata ku butonde bw'obulamu obw'akaseera obuseera n'obutakola nteekateeka za maanyi n'okwefaako era n'okuteesa okugaziyiziddwa ku **1:9-11**. Omulamwa

Obuyinza bw'okuwandiika © 2019 bwa Jonathan Menn. Eddembe lyonna liri mu buyinza bwaffe.

gw'okulabula ku bagagga gweyolekera mu kuyigiriza kwa Yesu (soma **Mat 6:19-24; 19:23-24; Makko 10:23-25; Lukka 12:16-21; 16:19-31**) era ne Pawulo bw'atyo (**1 Tim 6:5-11**).

Mu kitundu kino, Yakobo akozesa olulimi lwe lumu ne Yesu lwe yakozesa ng'ayogera ku nsimbi ng'alabula abagagga. Yesu yagamba nti, "*Temweterekera eby'obugagga ku nsi kuno, ennyenje n'obutalagge gye bibyonoonera, era n'ababbi gye bamenyera ne babibba. Naye mweterekere obugagga bwammwe mu ggulu, eyo ennyenje n'obutalagge gye bitatuuka kwonoona era n'ababbi gye batamenyera kubba.; [21] kubanga obugagga bw gye buli, n'omutima gwo gye gubeera*" (**Mat 6:19-20**) Yakobo atugamba nti abagagga "beeterrekedde obugagga bwabwe ku nsi." Engeri omuntu gye yeeterekeramu obugaggga bwe ku nsi ng'ayitiriza okwagala ssente n'eby'obugagga, ng'ayaayaana buli kaseera okufuna ebingi, nga bakodowalira ssente zaabwe era nga ziyamba bo bokka mu kifo ky'okuziwaayo okuyamba abaavu n'abeetaaga, ne mu kwejalabya, ne mu by'amasanyu. Mu maaso ga Katonda, obugagga bwaffe "buvunda" era "butalagga" era n'engoye zaffe "ziriibwa ennyenje" bwe tugaggawala naye obugagga bwaffe ne tubwekozeseza ffe, ne tutayamba bannaffe wadde okubunyisa obwakabaka bwa Katonda (soma **1 Tim 6:17-19**).

Ebintu ebirala bisatu ebiri mu kitundu kino bisaana okwogerwako. Ekisooka, mu **olunyiriri 4** emiranga gy'abakozi abaakolanga mu nnimiro z'abagagga naye nga tebasasulwa bulungi "*gituuse mu matu ga Mukama Katonda w'eggye.*" Kino kiri ne mu **Lub 4:10** ng'omusaayi gwa Abeeli gukaabirira Mukama okuva mu ttaka. Okukaaba kw'abakozi si kwe kwokka okutuuka ewa Mukama, naye "*n'omusaala gwabwe . . . gukukaabirira.*" *Kino ne mu* **lunyiriri 3** mwekiri kikkatiriza ku zaabu ne ffeeza y'abagagga nga "*bwe biri obujulizi nga bitalazze*" ku nnyini byo. *Bwe tweyongerayo, Mukama lumu tumuyita Katonda w'eggye*. Bwe tugamba nti ye Katonda w'eggye, kitegeeza nti Mukama y'asinga amaanyi (Danker 2000: *"Sabaoth,"* 909; Zodhiates 1993: *"Sabaoth,"* 1268). Kino kitegeeza nti Mukama aggula olutalo ku bagagga okulwanirira abaavu be bajolonga. Awalala mu Ndagaano Empya Mukama w'ayitibwa Katonda w'eggye, we mu **Bar 9:29**, lwogera ku Sodoma ne Gomola. Ensonga enkulu nnyo kubanga ebibi byennyini Yakobo by'ayogerako—kwagala ssente ekisusse n'ebyobugagga, okukodowalira n'okwesaasaanyizaako ssente mu kifo ky'okuyamba abaavu n'abeetaaga, ko n'okwejalabya, amasanyu aga buli kadde—bye byanyiiza Mukama n'azikiriza Sodoma ne Gomola (**Ezek 16:49-50**).

Ekyokubiri, **olunyiriri 3** lugambye nti, *"Mwakuŋŋaanyiza ebintu mu nnaku ez'enkomerero!"* Abantu abamu balowooza nti "ennaku ez'enkomerero" zikyali mu maaso nti era zijja kutuuka Yesu nga tannadda. Ekyo kikyamu. Okujja kwa Kristo okwasooka: (A) kwe kwaggulawo ennaku ez'oluvannyuma zino nga tujja kuzibeeramu kutuusa lw'alidda; era (B) kino kyatuukiriza Bannabbi kye baalanga mu Ndagaano Enkadde nga boogera ku "nnaku ez'oluvannyuma" era "ezirisembayo." Endagaano Empya kino ekyogerako bulungi. "Kino Peetero kye yayogera mu ngeri ey'enjawulo mu kubuulira kwe okunene ku lunaku lwa Pentekooti, bw'ajuliza nnabbi Yoweeri bw'eti: 'Abantu bano tebatamidde, nga mmwe bwe mulowoza; kubanga y'essaawa ey'okusatu ey'emisana. Naye bino bye byayogerwa nnabbi Yoweeri: *olulituuka mu nnaku ez'luvannyuma, bw'ayogera Katonda, ndifuka Omwoyo gwange ku balina omubiri bonna . . .*' (Bik 2:16-17). Ebigambo bino 'ennaku ez'oluvannyuma' (*en tais eschatais hēmerais*) bivvunnulwa mu Lwebulaniya nga *'acharey khēn,* ekutegeeza *oluvannyuma.* Peetero bwe yeewola ebigambo bino era n'abikozesa ku mbeera eyali yakabeerawo: 'ab'alaga ng'ennaku ez'oluvannyuma ze tulimu kakaati.'" (Hoekema 1979: 16) Buli mkozesa ey'ebigambo "ennaku ez'oluvannyuma" mu Ndagaano Empya mu ngeri y'emu eteebereza nti tuli mu "nnaku ez'oluvannyuma" kati (soma **2 Tim 3:1-5; Beb 1:1-2; 2 Peet 3:1-4**). Yakobo ky'ava ayogera ku abalina ssente ne bye bazikolamu.

Ekyokusatu, ekinyusi ky'ekitundu kino kyonna kiri ku bagagga n'obugagga bwabwe, tebulaga nti baliko ekisa kya Katonda naye baasalirwa dda omusango. Abantu bangi bwe balaba omugagga nga balowooza nti aliko ekisa kya Katonda. Ye kituufu, weewaawo, *"Mukama atuwa obugagga butuyambe"* (**1 Tim 5:17**). Naye enjigiriza "y'enjiri ey'okugaggawala" eraga nti obugagga bwe bulaga Katonda akutaddeko ekisa, nkyamu era ya bulimba. Yesu yali mwavu ng'era abagagga bamuyigganya ko n'abamaanyi, era enkomerero yakwatibwa, n'akubwa, era n'asalirwa omusango ogutaalimu bwenkanya, bw'atyo yakomererwa ng'omuzzi w'emisango oba omuddu. Pawulo yali muggaga naye ekyo *kyali nga* tanafuka mukristayo. *Bweyamala* okufuka omukristayo baamukuba, ne bamucunya, baamukasukira amayinja, ne bamusuula ku lubalama, n'abonyaabonyezebwa, ne bamusiba mu kkomera (**2 Kol 11:23-33**) era n'oluvannyuma ne bamutemako omutwe. Ebyo byonna ebyakolebwa Yesu ne Pawulo byali tebitegeeza nti baali boonoonyi oba nti tebaalina kukkiriza; ebintu ebyo byaliwo ddala *olw'okuba* baali beesigwa. Akabonero akalaga nti tuli bayigirizwa ba Yesu si kwe kuba ne ssente oba eby'obugagga, wabula nti twagalana (**Yok 13:34-35**).

Eby'obugaagga *bisobola* kuba akabonero k'omukisa n'ekisa kya Katonda—naye ekyo kisinziira ku bye tukola mu ssente n'omukisa Mukama gw'atuwadde. Yakobo ky'ayogerako kiri nti, bwe tusirikira ssente zaffe oba okuzeesaasaanyizaako, ne tudda okwesanyusa n'okwejalabya mu kifo ky'okukozesa Mukama by'atuwadde okuyamba abaavu n'abeetaaga ko n'okuzimba obwakabaka bwa Katonda, olwo obugagga bwaffe buba bulinze Mukama *kutusalira musango!* Kino akyogerako bulungi mu **olunyiriri 3** olugamba nti, "*Ezaabu yammwe ne ffeeza zitalazze; n'obutalagge bwazo buliba mujulirwa gye muli, bulirya omubiri gwammwe ng'omuliro.*" Ne mu

Obuyinza bw'okuwandiika © 2019 bwa Jonathan Menn. Eddembe lyonna liri mu buyinza bwaffe.

lw'**olunyiriri 5** olugamba nti**,** *"Mwesanyusa ku nsi, ne muwoomera ebinyumu; mwegezezza mu mitima gyammwe nga ku lunaku olw'okubaaga ebya ssava."* Mu **lunyiriri 5** ageraageranya abagagga ku nte oba embizzi ezisavuwazibwa olw'kusalibwa. *Olunaku lw'kusalibwa* mu Ndagaano Enkadde lwe lw'omusango (**Yer 12:1-3**; era soma ne **Zab 49:20**). Yakobo atugamba nti, okufaananako n'ebisolo ebinaatera okusalibwa, abagagga, mu bugagga bwabwe n'obulamu obubanguyira, tebakimanyi—ne ku lunaku lw'okufa kwabwe—nti banaatera okusalirwa musango n'okusalibwa. Ng'era **olunyiriri 3** bw'agamba nti, obugagga bwabwe (bwe babadde beesiga era nga balowoza nti Mukama yabawa mukisa na kuganja), bwe *buliba omujulizi* nga basalirwa musango. Buliba bajulizi gye bali kubanga, baabukozesa bubi ne bekkusa bokka na bokka mu kifo ky'okubukozesa ku balala n'okuzimba obwakabaka bwa Katonda.

Okujuliza okutta omutuukirivu mu **olunyiriri 6** "kuyinza okuba nga kuva ku kulemererwa kw'abagagga okukozesa obulungi obugagga bwabwe n'okulemwa okusasula emisaala gy'abakozi. . . . Wabula, *okuvumirira* (*katadikazō*) kigambo kya bannamateeka, era kisinga kulaga nti abagagga bakozesa, era mpozzi ne bakyusakyusa, enkola z'amateeka ezibaziriwo okukuŋŋaanya ebintu n'okufuna eby'obugagga." (Moo 1985: 166) Ekigambo ekisembayo," takuziyiza," okutwalira awamu kitwalibwa ng'ekitegeeza nti ebikolwa by'abagagga bibi nnyo kubanga abakoseddwa bagaana oba tebasobola kuziyiza. Wabula, "kisoboka okuvvuunula akawaayiro ng'ekibuuzo, nga osuubira ekyokuddamu'yee': "takiziyiza?" Omulamwa gw'ekikolwa olwo guyinza okuba Katonda . . . era ekijuliziddwa kibeera ku musango ogujja: "Katonda tajja kuyimirire okukulwanyisa?" (Ibid.: 167)

Mu kitundu kino, Yakobo atugamba nti, eky'enkomeredde; ssente za mwoyo. Bye tukola ne ssente zaffe, mpozzi okusinga ebirala byonna, biraga ani Mukama waffe omutuufu. Ye nsonga lwaki Yesu akikkaatiriza nti, "*Temuyinza kuba baddu ba Katonda, ate ne muba baddu ba bugagga obw'ensi."* (**Mat 6:24; Lukka 16:13**).

## EBIBUUZO EBY'OKUKUBAGANYAAKO EBIROWOOZO

1. **Yak 4:11-12** eyogera ku kwogera obubi ku n'okusalira ow'oluganda omusango.
   - Kiki ekifuula kino okuba ekibi ennyo?
   - Kino tekukontana ne Yesu eyagamba nti, "Musalenga omusango nga mugoba ensonga." Wano Yakobo aba takubaganye empawa ne Yesu eyatugamba okusala omusango ogw'ensonga (Yok 7:24; era soma ne 1 Kol 2:15 ko ne 1 Kol 14:29)? Otabaganya otya Yakobo ne Yesu ne Pawulo?

2. Yak 4:13-17 eyogera ku kubeera n'obulamu bw'omuntu n'endowooza ey'okweguga oba okweyimirizaawo nga tajuliza Katonda. Tuyinza tutya okuvvuunuka endowooza eno (buli muntu gy'alina ku ddaala erimu oba eddala) ne tuwaayo enteekateeka zaffe mu kumanya eri okwagala n'enteekateeka ya Katonda?

3. Yak 5:1-6 ya kulabula kw'amaanyi nnyo okukulwanyisa abagagga n'ab'omululu.
   - Teri n'omu akkiriza nti wa mululu, naye tuyinza tutya okumanya oba tuli ba mululu oba nedda?
   - Mu kitundu kino, obugagga bw'omuntu kaali kabonero, si ka kuganja kwa muntu eri Katonda, naye ak'okusalirwa musango okuva ewa Katonda (era buliba mujulizi kw'olwo). Buli omu yeetaaga ssente n'eby'obugagga, naye tuyinza tutya okumanya oba ng'obugagga bwe tulina kabonero ka kuweebwa mukisa gwa Katonda oba kusalirwa musango?
   - Yakobo agamba nti abantu batereka eky'obugagga kyabwe mu "nnaku ez'oluvannyuma." Ennaku ez'oluvannyuma zituuka ddi, ye ate tumanya tutya?
   - Kitegeeza ki okugamba nti ssente kya mwoyo?
   - Kkanisa kiki ky'eyinza era ky'erina okukola okuyigiriza abantu baayo embala ya ssente ey'omwoyo n'engeri abantu gye balina okukozesaamu ssente zaabwe?

Obuyinza bw'okuwandiika © 2019 bwa Jonathan Menn. Eddembe lyonna liri mu buyinza bwaffe.

**X. <u>Yakobo 5:7-20—Okubuulirira okufundikira</u>**

***<u>5:7-11</u>—[7] Kale, ab'oluganda, mugumiikirizenga okutuusa okujja kwa Mukama waffe. Laba, omulimi alindirira ebibala eby'ensi eby'omuwendo omungi, abigumiikiriza, okutuusa enkuba eya Ddumbi n'eya Ttoggo. [8] Era nammwe mugumiikirizenga; munywezenga emitima gyammwe: kubanga okujja kwa Mukama waffe kuli kumpi. [9]Temwemulugunyanga, abooluganda, mwekka na mwekka, muleme okusalirwa musangao: laba, omusazi w'emisango ayimiridde ku luggi. [10] Mutwale eky'okulabirako ab'oluganda, eky'okubonyaabonyezebwa n'okugumiikiriza, bannabbi abaayogeranga mu linnya lya Mukama. [11] Laba, tubayita ba mukisa abaagumiikirizanga: mwawulira okugumiikiriza kwa Yobu, era mwalaba Mukama ku nkomerero bw'akola nga Mukama wa kisa kingi n'okusaasira.***

"N'olwekyo," etandika ekitundu kino ekwataganya ennyiriri **1-6** n'okudda kwa Kristo n'olwekyo yanyweza omulamwa era ekkaatiriza olunaku lw'omusango mu nnyiriri ezo.[10] Mu butuufu, okukubiriza okubeera abagumiikiriza (**ennyiriri 7-8**), obutemulugunyiza bannaffe (**olunyiriri 9**), okugumira ennaku (**ennyiriri 10-11**), okwogera mu ngeri ennyangu era mu mazima (**olunyiriri 12**), okusaba, okuyimba amatendo, n'okwatula ebibi (**ennyiriri 13-18**), era n'okukomyawo ab'oluganda abagudde okudda eri Mukama (**ennyiriri 19-20**) byonna bisobola okutumuulirwa ng'okubuulirirwa ku ngeri y'okubeera mu bulamu okusinziira ku nsonga nti Yesu ajja natte. **Zabbuli 37** erina endowooza efaananako bwetyo ku bukuumi bw'abo abakola ekituufu era ababeera ku lwa Mukama nga bolakanye ku butali butebenkevu n'omusango ogujja ogw'abo abatokola (soma ne **Zabbuli 73**).

Enjawulo eri wakati w'obulamu bw'Omukulisitaayo bwe bulina okuba n'ebyo Yakobo by'ayogerako mu **nnyiriri 1-6** era tugirabira ne ku bagagagga "*abasavvuwazza emitima gyammwe"* (**olunyiriri 5**) obutafaanana n'abakkkiriza abalina "*okunyweza emitima gyammwe"* (**olunyiriri 8**). Omulamwa gw'okugumiikiriza nga gwe gutandika ekitundu kino, gukola ku bantu bonna Yakobo b'ayogerako: abatagumiikiriza tebata kwemulugunya (**olunyiriri 9**); ate ng'okugumira ennaku (**ennyiriri 10-11**) kubaamu obugumiikiriza. David Nystrom alaga ensonga enkulu emu lwaki Yakobo ayita abakkiriza okugumiikiriza okubonaabona: "Omugaso ogumu oguva mu kugumiikiriza okubonaabona kwe kuweebwa omukisa okuweereza abalala ababonyaabonyezebwa mu ngeri y'emu. Ebigambo bino bikaluba, naye ate nga bituufu. Nze ne mukyala wange twafumbiriganwa okumala emyaka kkumi n'ettaano era nga tetulina mwana. Abasawo baababagamba nti tetulizaala. Enneewulira ez'okuwuubaala n; ezitasuubirwa ez'okwagala kuno okuluma kizibu okunnyonnyola. Naye nze ne mukyala wange tusobodde okujja kumabbali g'abalala aboolekagana n'obulumi obufaananako bwe butyo—obulumi bw'omukyala afiiriddwa omwana mu ssanya, oba obwa abafumbo abalinga ba ffe, nga tebalina baana. Tetwenyumiriza nnyo mu kuba nti tetunnazaala, naye twebaza Mukama nti tulina kye tukola okuyamba abalala." (Nystrom 1997: 297-98)

Okugatta ku ekyo, mu **olunyiriri 7**, **8**, ne **9** obugumiikiriza bukwatagana n'okujja kwa Mukama waffe n'olunaku lw'omusango. Newankubadde, nga omutendera gwa Katonda munene ate nga n'obudde bwe buwanvu okusinga bwe tuyinza okwagala, azzeemu okujja, era tewali kintu kyonna kyerabirwa oba ekibuusibwa amaaso. Obwenkanya bujja kusa era Abatuukirivu baakuweebwa empeera. Era Mukama atukakasa bulijjo ng'ajja kusala omusango ogw'ensonga n'amazima n'obwenkanya ababi, abakyamu n'ebivve byonna bye bakoze: Katonda yajja ku nsi mu muntu wa Yesu Kristo era yali wansi w'ekibi n'obubi; Yettikka ekibi kyaffe n'asasula omuwendo gw'ekibi kyaffe olwo bonna abajja gy'ali bafuune obulamu obutaggwwaawo mu kifo ky'okuzikirizibwa ku lw'enkomerero. Mu kitangaala kya bino byonna omuwandiisi w'ebitabo Omukulisitaayo Omurusiya Fyodor Dostoevsky yakomekkereza nti, "Nzikiriza ng'omwana nti okubonaabona kujja kuwona era kujja kusasulwa. Nzikiriza ng'omwana ng'ebiswalo byonna ebiswaza obw'okkukontana kw'abantu bujja kubula ng'ekyewuunyo ng'okuyiiya okwunyoomebwa okw'ebirowoozo by'omuntu eby'ekika kya Euclidean ebitaliiko maanyi era ebitono ennyo, Nzikiriza nti ku nkomerero y'ensi, mu kaseera ak'okukwatagana okw'olubeerera, ekintu eky'omuwendo ennyo kijja kubaawo nga kijja kumala emitima gyonna, okubudaabuda okwetamwa kwonna, okutangirira ebikolobero byonna eby'obuntu, eby'abantu bonna omusaayi oguyiiriddwa. Nzikiriza nti tekijja kusoboka kusonyiwa kwokka wabula okulaga obutuufu bw'ebyo byonna ebibaddewo." (Dostoevsky 1957: 217) Omukrisitaayo bw'amala okumanya bino, era n'abiteeka ne mu birowoozo n'ebinywereramu, aba ajja kusobola okugumiikiriza n'okugumira byonna ebimutuukako.

---

[10] Mukama ayogerwako mu lunyiriri 7 era ye Mukama w'eggye ayogerwako mu **lunyiriri 4**. Mukama ali mu **lunyiriri 7** ayogera ku bulungi ku madda ga Mukama waffe Yesu Kristo; Katonda w'eggye mu **olunyiriri 4** era y'ennyinnyola y'Endagaano Enkadde.N'olwekyo Kristo Katonda.

Obuyinza bw’okuwandiika © 2019 bwa Jonathan Menn. Eddembe lyonna liri mu buyinza bwaffe.

**5:12—*Naye okusinga byonna, baganda bange temulayiranga newankubadde ensi, newankubadde ekirayiro ekirala kyonna naye ekigambo kyammwe weewaawo kibeerenga weewaawo, n’ekigambo kyammwe si weewaawo; kibeerenga si weewaawo; muleme okugwa mu musango.***

Yakobo wano akkiriziganya ne Yesu kye yagamba mu **Mat 5:33-37**. Kubanga Yesu ge mazima (**Yok 14:6**; soma ne **Yok 1:14**), Abakrisitaayo—obutafaananako n’abantu abalala bonna abali mu nsi—balina okuba n’amazima n’obwesigwa.

**5:13-18**—[13] ***Waliwo mu mmwe omuntu ali obubi? Asabenga; Waliwo asanyuka? ayimbenga eby’okutendereza Katonda.*** [14] ***Waliwo mu mmwe omuntu alwadde? ayitenga abakadde b’ekkanisa; bamusabirenga, nga bamusiigako amafuta, mu linnya lya Mukama waffe:*** [15] ***n’okusaba kw’okukkiriza kulirokola omulwadde, ne Mukama waffe alimuyimusa; era oba nga yakola ebibi birimuggyibwako.*** [16]***Kale mwatulireganenga ebibi byammwe mwekka na mwekka, musabiraganenga, mulyoke muwone. Okusaba kw’omuntu omutuukirivu kuyinza nny mu kukla kwakwo.*** [17] ***Eriya yali muntu eyakwatibwa byonna nga ffe, n’asaba nnyo enkuba ereme okutonnya; enkuba n’etatonnya ku nsi emyaka esatu n’emyezi mukaaga.*** [18] ***N’asaba nate; eggulu ne litonnyesa enkuba, ensi n’ebaza ebibala byayo.***

Mu kitundu kino, **ennyiriri 13-16a** zogera ku kusaba mu mbeera zonna ez’obulamu ku kusaba mu buli mbeera yonna; **ennyiriri 16b-18** zo n’ezoogera ku bulungibwansi bw’okusaba okva mu bwesimbu. “Okubonaabona” mu **lunyiriri 13a** kulaga emitawaana n’ebizibu ebya buli ngeri—eby’omubiri, eby’omwoyo, eby’obwongo, eby’enneewulira, eby’okufuna, eby’enkolagana, n’ebirala. N’okufaananako, “okusanyuka” mu olunyiriri **13b “**tekitegeeza mbeera za kungulu, wabula okujaganya n’essanyu ly’omutima gw’omuntu mu biseera ebizibu n’ebirungi. . . . Emitima gyaffe bwe gibudaabudubwa, kyangu nnyo okwerabira nti okumatizibwa kuno ku nkomerero kuva eri Katonda yekka. Bwe kityo, oboolyawo n’okusinga nga tubonaabona tulina okujjukizibwa mu biseera eby’essanyu obuvanaanyizibwa bwaffe obw’essanyu obw’okukkiriza omulimu gwa Katonda ogw’okuntikko mu bulamu bwaffe. Tuyina kola kino, Yakobo agamba *kuyimba amatendo*. . . . Okutendereza kuno kwali kulina enkolagana n’okusaba (*cf.* 1 Kol. 14:15); eky’amazima ddala, kiyinza okutwalibwa ng’engeri y’okusaba.” (Moo 1985: 175-76)

Waliwo ebintu ebiwerako ebikwata ku kusabira abalwadde mu nnyiriri **14-16a** ebirina okwetegereza. Ekisooka, ebigambo ebikozeseddwa mu nnyiriri zino— “omulwadde” (**olunyiriri 14**); “okufukibwako amafuta” (**olunyiriri 14**); “okuwona” (**olunyiriri 15**); “mumuyimuse” (**olunyiriri 15**); “n’okuwonyezebwa” (**olunyiriri 16a**) oluusi ebigambo bino bikozesebwa mu mbeera z’okuyiga Bayibuli ezizingirimu obulokozi, okwawukana ku bulwadde bw’omubiri n’okuwona kw’omubiri.[11] Kyokka embeera eyogererwamu wano efaanana okuba ey’omubiri era n’okuwonyezebwa bwe kutyo (Moo 1985: 181).

Ekyokubiri, “abakadde” abalina okusabira n’okufuka ku bantu amafuta be baali abakulembeze bw’ekkanisa (soma **Bik 14:23; 20:17; 1 Tim 5:17; Tito 1:5; 1 Peet 5:1**). Mu biseera ebya Bayibuli, ng’okufuka ko omuntu amafuta bakiraba ng’eddagala erivumula ekirwadde (soma **Lukka 10:34**), ekivuddeko abamu ku banyonyola okumaliriza nti “Yakobo awandiika nga asemba okukozesa essaala n’eddagala” (Burdick 1981: 204). Kyokka, endowooza y’abasinga obungi era oba oli awo esinga obulungi eraba okufukibwako amafuta nga ekikolwa eky’akabonero nti omulwadde ateekebwawo olw’okufaayo n’okulabirirwa Katonda mu ngeri ey’enjawulo (soma Moo 1985: 179; Moo 1989: 1162). Kino kiragibwa nga ofukako amafuta kikolebwa “*mu linnya lya Mukama”* (**olunyiriri 14**), era okufukako amafuta, nga kabonero akokukola oba okubeerawo kw’Omwoyo Omutukuvu (soma **1 Sam 16:13; Zab 89:20; Lukka 4:18; Bik 10:38**). Waliwo okwegendereza kwa murundi ebiri okukwatagana okulina okulowoozebwako ku nkozesa y’amafuta agafukibwako:

- “Okusaba kwe kusinga obukulu mu buweereza obubiri obukolebwa abakadde. “Saaba” kye kikolwa ekikulu, ate “okufukako amafuta” kigambo kya kitundu. Ekirala, okussa essira okutwalira awamu mu katundu liri ku kusaba. Kale okufukibwako amafuta kikolwa kya kubiri.” (Burdick 1981: 203-04)
- “Si mafuta wadde abakadde abawonya, wabula Mukama yennyini, okuva okufukibwako amafuta bwe kukolebwa mu linnya lye. Abaffirika abamu bakkiriza nti amafuta ge galimu amaanyi ag’ekyamagero agawonya. Abalala ne balowoza nti okuwonyezebwa kusinziira ku kika ky’amafuta agaba gakozeseddwa. Abantu bwebati balina okulekerawo okulowooza nti amafuta matukuvu, nti era galimu amaanyi ag’enjawulo

[11] Ronald Ward annyonnyola obutategeeragana obuleetebwa amakulu ag’enjawulo ag’ebigambo bino byonna tebuyinza kugaanibwa, Kisoboka okuwa okutaputa okw’ obujjanjabi okukwatagana oba okw’omwoyo okukwatagana. Oba omulwadde ye yenna era *essaala y’okukkiriza* ejja kumuwonya era ne Mukama ajja *kumuzuukusa okuva ku kitanda* kye; oba tasobola kukola era akooye mu by’omwoyo era ajja kulokolebwa mu kuzuukira okw’omwoyo. Yakobo ayinza okuba nga alina endowooza embi mu bugenderevu, n’aleka abasomi be okulonda okutaputa okukwatagana n’ebyava mu kukyala kw’omukadde. (Ward 1970: 1235)

Obuyinza bw'okuwandiika © 2019 bwa Jonathan Menn. Eddembe lyonna liri mu buyinza bwaffe.

era bateekwa okunywerera ku bisuubizo bya Katonda byokka. Ye nsonga lwaki omuwandiisi w'ebbaluwa eno, atukuutira okusaba (**5:15**). Okusaba okw'okukkiriza kwe kuwonya so si emikolo egy'okumukumu nti gye girimu amaanyi ag'ekyamagero agawonya." (Andria 2006: 1516)

Ekyokusatu, "okusaba okw'okukkiriza" kukwatagana n'okusonyiyibwa ebibi **olunyiriri 15**. Bino bisatu byetaaga okwetegerezebwa wano:

- Newankubadde, olumu okulwala n'okufa kuyinza okuva ku kibi (**1 Kol 11:27-30**), Bayibuli akyogerwa lunye nti, oluusi obulwadde tebuva mu kukola bibi (**Yok 9:2-3**). Yakobo ekyo akikkiriza ku nkomerero ya **olunyiriri 15** bw'agamba nti, *"era singa oli aba akoze ebibi."*
- Okuyunga okuwonyezebwa n'okusonyiyibwa mu **olunyiriri 15** ("*era bw'aba akoze, ebibi, bijja kumusonyiyibwa*") "kireetedde abamu okulowooza nti okuwona omubiri kitundu kikulu nnyo mu bulokozi. Obuzibu obuli mu kino kiri nti omuntu asobola okulwala emirundi egiwerako kyokka n'awonyezebwa olw'amaanyi g'okusaba. Naye olunaku lumu, omuntu oyo ayinza okulwala era n'afa. Enfa ey'engeri eno, tetegeeza nti obulokozi omuntu oyo yabweesaba. Obulokozi bwaffe bwa ddala ate bwa nkomeredde. Ekitundu kino kye kisomesa kiri nti, okuwonyezebwa kw'omubiri kabonero ka kununulibwa (Andria 2006: 1516). Amazima gali nti, abantu bonna nga n'Abakristaayo tebabuzeemu, tuli ba kufa. Abakristaayo abamu balina endwadde ezibatawaanya ezitawona, newankubadde basaba nnyo n'okukkiriza okutabuusibwabuusibwa (soma, ebyokulabirako bino, **2 Kol 12:7-10** ["Eriggwa mu mubiri" gwa Pawulo]). Amazima gano ge gatutuusa ku kulabulwa okw'okusatu:
- Ate nga **olunyiriri 15** bwe lugamba nti, "*okusaba okuweebwa mu kukkiriza kujja kuzzaawo oyo omulwadde,"* si ssaala yennyini erina amaanyi ag'enjawulo okuwonya okusinga amafutakibwako amafuta agalina amaanyi ag'enjawulo okuwonya—Katonda y'awonya. "Okusaba okwa nnamaddala okw'okukkiriza n'olwekyo bulijjo kuzingiramu munda mu yo okukkiriza mu kasirise obufuzi bwa Katonda mu nsonga zonna; nti Katonda by'ayagala birina okukolebwa. Era kyeyoleka bulungi nti si n'akatono Katonda by'ayagala okuwonya abo abalwadde (*cf.* 2 Kol. 12:7-9). N'olwekyo, 'okukkiriza' kye kikulu kye twetaaga nga tusaba okuwonyezebwa tulyoke tuddibwemu—okukkiriza kuno kirabo ekituweebwa Katonda—okuwonyezebwa kusobola okubaawo nga Katonda ayagadde. Mu bulamu buno, ebiseera ebisinga, tetusobola kumanya oba Katonda ayagala tuwonyezebwe, era kitukaluubirira okumanya oba ng' 'okkukiriza' okwo okututuusa ku bye tusabidde tukulina. Essaala zaffe ez'amazima, ez'amaanyi ez'okuwona bwe zitaddibqamu, n'olwekyo, si kubulwa kukkiriza kwaffe kwe kulina omusango; embeera okukkiriza ng'okwo mwe kwali kuyinza okuba nga teyaliiwo." (Moo 1985: 182, 186-87)

Eky'okuna, olunnyiriiri.16a lukubiriza ekibiina kyonna (so si bakadde bokka) *"mwatuliraganenga ebibi byammwe mweka na mweka, era musabiraganenga, mulyoke muwonye."* Abakristaayo abasinga obungi basabira bannaabwe, wadde nga kirabika tekikolebwa nnyo oba waakiri, emirundi egimu. Ku luuyi olulala, Abakristaayo batono ddala abaatula ebibi byabwe eri bannaabwe. Dietrich Bonhoeffer ayogera ku nsonga lwaki kino kikulu nnyo: "Mu kwatula omusajja amenya okutuuka ku bukakafu. Lwaki emirundi mingi kibanguyira okwatula ebibi byaffe eri Katonda okusinga eri ow'oluganda? . . . Tulina okwebuuza oba tetubadde tetutera kwelimbalimba na kwatula kwaffe ekibi eri Katonda, oba tetubadde twatula bibi byaffe gye tuli era nga era ne twewa okusonyiyibwa. Era ensonga oboolyawo lwaki tuddamu okuddamu okutabalika n'obunafu bw'obuwulize bwaffe obw'Ekikristaayo tesangibwa ddala mu kuba nti tubeera ku kwesonyiwa so si kusonyiwa okwa nnamaddala? . . . Ani ayinza okutuwa obukakafu nti, mu kwatula n'okusonyiyibwa ebibi byaffe, tetukolagana naffe wabula ne Katonda omulamu? Katonda atuwa obukakafu buno ng'ayita mu muganda waffe. Muganda waffe amenya enzirugavu y'okwelimba. Omusajja ayatula ebibi bye mu maaso g'ow'oluganda amanya nti takyali yekka naye; alaba okubeerawo kwa Katonda mu butuufu bw'omuntu munne. . . . Nga okwatula ebibi byange mu lwatu eri ow'oluganda bwe kunkakasa nti sikyelimbalimba, bwe kityo, n'okukakasa okusonyiyibwa kufuuka okukakafu mu bujjuvu gyendi bwe kwogerwa ow'oluganda mu linnya lya Katonda. Okwatula kwa buli omu, okw'obwasseruganda, Katonda y'atuwa tusobole okukakasa nti Katonda atusonyiwa." (Bonhoeffer 1954: 115-17)

Ennyiriri **16b-18** oluvannyuma zigenda mu maaso n'okukubaganya ebirowoozo ku ngeri okusaba gye tukola obulungi. "Omuntu omutuukirivu" mu (**v.16b**) si mmemba wa kibiina ky'Abakristaayo kyonna w'agwa omuli (abalabirizi, abakadde, bammemba b'abakulembeze b'eddiini n'ebirala). Era taba oyo alina ebirabo ebya Mwoyo mutuukirivu, naye ye muntu yenna ali mu nkolagana entuufu ne Katonda: oyo ye muntu ebibi bye ebyatulwa nga n'okusonyiyibwa, ayagala Mukama, era anoonya mu kumanya okugondera Katonda n'okwagala okuweereza abalala. Ekyokulabirako kya Eriya kikkaatiriza ensonga eno. Newankubadde Eriya yali nnabbi ow'amaanyi, Yakobo akiggumiza nti, *"Eliya yalina obutonde nga obwaffe"* (**olunyiriri 17**). Ky'amazima, **1 Bassek 19** etulaga nti Eriya naye yali atidde (**1 Bassek 19:3**); yali mwennyamivu (**1 Basssek 19:4**); era ng'ajjudde okwekubagiza (**1 Bassek 19:10**). Kyokka, Eriya bwe yakontana ne Bannabbi ba Bayaali, era n'ebyaddirira byonna (**1 Bassek 18-19**) bye bitulaga lwaki essaala ye yavaamu ebibala bingi: essaala ye yali esimbye ku Mukama era

Obuyinza bw'okuwandiika © 2019 bwa Jonathan Menn. Eddembe lyonna liri mu buyinza bwaffe.

nga gw'egulumiza so si ye Eriya ng'omuntu (**1 Bassek 18:36- 39**); yamanya nti Mukama tasobola butayanukula (**1 Bassek 18:41**); teyasirisa mu kya Mukama n'okwagalakwe (**1 Bassek 18:40**); yalina enkolagana ey'okumpi ennyo ne Mukama (**1 Bassek 18:46; 19:9-14**); era yali agondera ekigambo kya Mukama (**1 Bassek 19:5-8, 15-19**).

**5:19-20—*[19] Baganda bange, omuntu yenna mu mmwe bw'akyamanga okuva ku mazima, omuntu n'amala amukyusa, [20] ategeeranga ng'akyusaalina ebibi mu bukyamu obw'ekkubo lye alirokola obulamu mu kufa era alibikka ku bibi bingi.***

Ennyiriri zino ebbiri ze zifundikira ebbaluwa ya Yakobo era nga n'essira ly'ekitabo kyonna lisimbye wano. Tekitegeerekeka mangu oba ng'omuntu ono ava mu kkubo eggolokofu akyali mugoberezi wa Kristo ate ng'azzeemu okukola ebibi era tekimanyiddwa oba aba akyabalibwa mu banunule oba aba yeetaaga kuddamu kulokola buto. (Kkanisa bulijjo ebadde "kibiina kya bantu etabuddwatabuddwamu" nga kirimu abalokole ate n'abo abagamba nti balokole naye nga mu butuufu tebali, bano bafaananako n'Abayisirayeri abaava e Misiri mu kitabo ky'Okuva [soma **Kuva 12:38**].) Ensonga eno eri mu **olunyiriri 20** eyogera nti "*alirokola obulamu mu kufa*," tukiraba nti ono aba tannakkiriza. Ate waliwo n'ensonga y'abakkiriza abafaayo ennyo okulondoola obulamu bwa bannaabwe obw'omwoyo era ne bakola kyonna ekisoboka mu kkanisa okubanywereza mu kkubo eggolokofu. Okusobola okutuukiriza obuvunaanyizibwa buno, abakkiriza balina okukimanyaga obulungi era nga balina n'enkolagana enywedde. Kkanisa erina kuba ng'amaka g'abantu (**Mat 12:49-50; 2 Kol 6:18; Beef 2:19; Bag 6:10; 1 Tim 3:15; 5:1-2; 1 Peet 4:17**). Dhati Lewis ye agamba bwati "Ekkanisa *teyefananyiriza* maka; *wabula* maka. . . . Kino kiri bwe kityo kubanga ekigambo *muyigirizwa*, ekyacaaka ennyo mu biseera by'Endagaano Empya ebyakulembera, kiggwaawo ng'ekitabo ky'ebikolwa by'Abatume kimaze okuwandiikibwa. Kisikizibwa ekigambo owooluganda era ekyefuga Bayibuli yonna." (Lewis 2015: n.p.) Amaka gayambagana. Nga Wayne Grudem bw'atugamba okubeera mu kkanisa nga twagalana ng'ab'omu maka agamu era tubeere bumu ne bannaffe (Grudem 1994: 859). Mu ngeri endala, kkanisa bwe ziremwa okuyisa abantu baazo ng'abooluganda, awo ensi (mubutuufu) eba ejja kuyisaamu kkanisa amaaso, ebuuze: "Lwaki tuba tufuka abakristayo, nga namwe abakristayo temweyagala?"

Yakobo by'atukuutira ng'afundikira ebbaluwa eno bikulu nnyo—era kkanisa bw'eba ya kukyusa bantu okuva mu bibi byabwe, eteekwa okunywerera ku byawandiikibwa. Endagaano Empya erina ebyokulabirako bingi ebikuutira abakkiriza okwagalana (**Yok 13:34-35; Bar 13:8; 1 Bas 3:12; 4:9; 1 Peet 3:8; 4:8; 1 Yok 3:11, 23; 4:7, 11-12; 2 Yokaana 5**), okuzzaamu bannaffe amaanyi (**1 Bas 4:18; 5:11; Beb 3:13; 10:24-25**), musomese era mulabulagane (**Bar 15:14; Bak i3:16**), muweerezeganye (**Yok 13:14-15; Bag 5:13; 1 Peet 4:10**), mugumiikiriziganye, era mukkiriziganye ne bannammwe (**Bar 15:7; Beef 4:2**), mube ba kisa, abalumirirwa, abasembeza abagenyi, era abafaayo ku bannammwe (**1 Kol. 12:25; Beef 4:32; 1 Peet 4:9**), mukuume emirembe n'obutebenkevu ne bannammwe (**Makko 9:50; Bar 12:16; 1 Peet 3:8**), muwe bannammwe ekitiibwa era temwegulumiza (**Bar 12:10; Baf 2:3**). Mu bufunze, abakkiriza bateekwa "*okwewaayo eri bannaabwe mu kwagala okw'obwasseruganda*." (**Bar 12:10**). Ebintu ebyo byonna bye biraga amaka amalungi, agalimu obulamu. Buno nno buweereza, obulamu obw'omwoyo; era n'obulamu obw'omubiri bwe bulina okutambula. Olunyiriri lwa james olusembayo, nti okukomyawo ow'oluganda oba mwannyinaffe asobezza kijja *"kubikka ebibi bingi,"* kwe kukozesa kwokka okw'ekyo Peetero kye yagamba nti, *"Okusinga byonna, munywererenga mu kwagalana, kubanga okwagala kubikka ku bibi bingi"* **(1 Peet 4:8).** Kino kibeere kituufu ku makanisa gaffe.

## EBIBUUZO EBY'OKUKUBAGANYAAKO EBIROWOOZO

1. Ekitundu kino ekisembayo eky'Yakobo kitandika nga kigamba nti, "okudda kwa Mukama waffe kuli okumpi" (Yak 5:8). Biki Yakobo by'atubuulirira ku ngeri gye tusaanidde okweyisa ku nsonga nti Yesu ajja?

2. Yakobo aggumiza ku kubeera "abagumiikiriza." Tuyinza tutya okuyiga obugumiikiriza, era waliwo ekkanisa ky'eyinza okukola okuyamba abantu baayo okufuuka ab'abugumiikiriza?

3. Yak 5:12 aggumiza nti Abakristaayo—okusinga abantu bonna mu nsi—balina okuba ab'amazima era abeesimbu. Tuyinza tutya okufuuka abantu abamanyiddwa olw'amazima gaffe era abeesimbu, ye abaffe, waliwo ebintu byonna ekkanisa by'esobola era by'erina okuba ng'ekola okuyamba abantu baayo okufuuka abantu ab'amazima n'obweesimbu?

4. Yak 5:13-18 ayogera ku kusaba. Bintu ki ebikulu Yakobo by'ayogerako ng'ebisinga obukulu mu kusaba mu kitundu kino?

5. Mu Yak 5:16 Yakobo atugamba nti "okwatula ebibi byo eri omulala."

Obuyinza bw'okuwandiika © 2019 bwa Jonathan Menn. Eddembe lyonna liri mu buyinza bwaffe.

- Lwaki olowooza Yakobo atugamba okwatula ebibi byaffe eri bannaffe mu kifo ky'okumala okwatula ebibi byaffe eri Katonda?
- Olowooza, Abakristaayo abangi babuulira bannaabwe ebibi byabwe oba nedda? Bwe kiba nedda, olowooza lwaki guli gutyo?
- Okubuulira munno ebibibyo kiba kitegeeza nti enkolagana ey'omuzinzi yo n'omuntu oyo era tolina ky'omukisa, osobola okumugamba ensobizo, obunafubwo, enkenyera, n'ebibibyo, era oba mukakafu nti tayinza kukulyamu lukwe. Olowooza Abakristaayo abalina enkolagana ey'engeri eno bangi, bwe kiba nedda, lwaki nedda? Kiki kye tusobola era nga tulina okukikola okuzimba enkolagana okusobola okutuukiriza Yakobo ky'atulagira okukola?

6. Ekitabo kifundikira nga kyogera ku kukyusa omuntu aba awabye n'ava ku mazima, okumuzza mu kkubo ettuufu.
   - Kiki ekyetaagisa okusobola okukola kino?
   - Ekkanisa eyinza etya okuyamba okwanguyiza obusobozi bw'abantu baayo okukyusa abalala okudda mu kkubo ettuufu n'okwanguyiza enkola y'okubanywerezaamu?

## EBITABO EBIJULIZIDDWA

*Africa Study Bible, New Living Translation.* 2016. Wheaton, IL: Tyndale House.

Andria, Solomon. 2006. "James." In *Africa Bible Commentary,* ed. Tokunboh Adeyemo, 1509-16. Nairobi: WordAlive.

Augustine. 1950 (reprint). *The City of God.* New York: Random House. Online (another edition): http://www.ccel.org/ccel/schaff/npnf102.iv.html.

Bonhoeffer, Dietrich. 1954. *Life Together.* Translated by John Doberstein. New York: Harper & Row. Online: bearsfc.tistory.com/attachment/cfile26.uf@213C214854ADB05A0CCBE3.pdf.

Burdick, Donald. 1981. "James." In *The Expositor's Bible Commentary,* ed. Frank Gaebelein, 159-205. Grand Rapids: Zondervan.

Calvin, John. 1547. *Acts of the Council of Trent with the Antidote*. Online: http://www.monergism.com/thethreshold/sdg/calvin_trentantidote.html.

Carson, D. A., and Douglas Moo. 2005. *An Introduction to the New Testament.* Grand Rapids: Zondervan.

Cole, Victor Babajide. 2006. "Mark." In *Africa Bible Commentary,* ed. Tokunboh Adeyemo, 1171-1202. Nairobi: WordAlive.

Danker, Frederick, ed. 2000. *A Greek-English Lexicon of the New Testament and Other Early Christian Literature*. Chicago: The University of Chicago Press.

Datiri, Dachollom. 2006. "1 Corinthians." In *Africa Bible Commentary,* ed. Tokunboh Adeyemo, 1377-98. Nairobi: WordAlive.

Davids, Peter. 1982. *The Epistle of James* (NIGTC). Grand Rapids: Eerdmans.

Dostoevsky, Fyodor. 1957. *The Brothers Karamazov*. Translated by Constance Garnett. New York: New American Library. Online (another edition): http://pinkmonkey.com/dl/library1/book0664.pdf.

*Epitome of the Formula of Concord.* 1577. Online: http://bookofconcord.org/fc-ep.

Eusebius. 1988 (reprint). *The Ecclesiastical History of Eusebius Pamphilus.* Grand Rapids: Baker. Online: http://www.ccel.org/ccel/schaff/npnf201.toc.html.

Fee, Gordon. 1984. "The 'Gospel' of Prosperity—an Alien Gospel." *Reformation Today* 82: 39-43.

France, R. T. 1992. "Faith." In *Dictionary of Jesus and the Gospels,* ed. Joel Green, Scot McKnight, and I. Howard Marshall, 223-26. Downers Grove, IL: InterVarsity.

Grudem, Wayne. 1994. *Systematic Theology.* Grand Rapids: Zondervan. Preview online: https://books.google.com/books?isbn=0310286700.

Hoekema, Anthony. 1979. *The Bible and the Future.* Grand Rapids, MI: Eerdmans. Johnson, Luke Timothy. 1995. *The Letter of*

Obuyinza bw'okuwandiika © 2019 bwa Jonathan Menn. Eddembe lyonna liri mu buyinza bwaffe.

*James* (AB 37A). New York: Doubleday.

Josephus. 1987. *The Antiquities of the Jews.* In *The Works of Josephus Complete and Unabridged.,* 27-542. Translated by William Whiston. Peabody, MA: Hendrickson. Online (another edition): http://www.ccel.org/ccel/josephus/works/files/works.html.

Lewis, Dhati. 2015. "The Church Is Not Like A Family." Online: http://www.vergenetwork.org/2017/03/14/the-church-is- not-like-family/?inf_contact_key=563a07f48051945f93bdc050b4bbef102519cd85d688856b793a9898205d2ff9.

*Life Application Study Bible, New International Version.* 1986. Wheaton, IL: Tyndale House.

Lindsell, Harold. 1971. "Introduction to the Letter of James." In *Harper Study Bible, Revised Standard Version,* 1822-23 Grand Rapids: Zondervan.

Luther, Martin. 1535. *A Commentary on St. Paul's Epistle to the Galatians.* Translated and abridged by Theodore Graebner. Online: http://www.ccel.org/ccel/luther/galatians.i.html.

Marshall, I. Howard, Stephen Travis, and Ian Paul. 2002. *Exploring the New Testament: A Guide to the Letters and Revelation.* Downers Grove, IL: InterVarsity.

Martin, Ralph. 1988. *James* (WBC 48). Waco, TX: Word.

Menn, Jonathan. 2016. *Biblical Theology.* Online: http://www.eclea.net/courses.html#theology.

Moo, Douglas. 1985. *James* (TNTC). Grand Rapids: Eerdmans.

________. 1989. "James." In *Evangelical Commentary on the Bible,* ed. Walter Elwell, 1150-62. Grand Rapids: Baker.

*New American Standard Bible.* 1995. Grand Rapids: Zondervan.

Ngundu, Onesimus. 2006. "Revelation." In *Africa Bible Commentary,* ed. Tokunboh Adeyemo, 1543-79. Nairobi: WordAlive.

Nystrom, David. 1997. *James* (NIVAC). Grand Rapids: Zondervan.

Sarles, Ken. 1986. "A Theological Evaluation of the Prosperity Gospel." *Bibliotheca Sacra* 143: 329-52.

Schowalter, Daniel. 1993. "Faith." In *The Oxford Companion to the Bible,* ed. Bruce Metzger and Michael Coogan, 222-23. New York: Oxford University Press.

Tasker, R. V. G. 1982. *The General Epistle of James* (TNTC). Grand Rapids: Eerdmans. Travis, Stephen. 1982. *I Believe in the*

*Second Coming of Jesus.* Grand Rapids, MI: Eerdmans.

Ward, Ronald. 1970. "James." In *New Bible Commentary,* 3rd ed., ed. D. Guthrie and J. A. Motyer, 1222-35. Carmel, NY: Guideposts.

**OMUWANDIISI**



Jonathan Menn abeera mu Appleton, WI, Amerika. Yafuna diguli ya B.A. mu by'obufuzi okuva mu Yunivasite y'e Wisconsin-Madison, n'ebitiibwa, mu 1974, era n'ayingizibwa mu kibiina ky'ekitiibwa ekya Phi Beta Kappa. Oluvannyuma yafuna diguli ya J.D. okuva mu Cornell Law School, magna cum laude, mu 1977, era n'ayingizibwa mu kibiina kya Order of the Coif legal honor society. Emyaka 28 egyaddirira yagimala ng'akola mu by'amateeka, nga munnamateeka w'emisango gy'amateeka, mu Chicago n'oluvannyuma ng'omukwanaganya mu Menn Law Firm e Appleton, WI. Yafuuka omukkiriza era omugoberezi wa Yesu Kristo mu 1982. Okwagala okweyongera mu by'okutegeera Katonda n'obuweereza kwamuviirako okusoma Master of Divinity mu Trinity Evangelical Divinity School e Deerfield, IL. Yafuna diguli ye eya M.Div. okuva mu TEDS, summa cum laude, mu May 2007. Wakati wa 2007-2013 yali Dayirekita wa Equipping Pastors International mu Buvanjuba bwa Africa. Kati Jonathan ye Dayirekita wa Equipping Church Leaders-East Africa (**www.eclea.net**). Ebiwandiiko bye ebingi eby'okusomesa ku nsonga za Bayibuli bisangibwa ku mukutu gwa **www.eclea.net**. Jonathan oyinza okumutuukirira ku: **jonathanmenn@yahoo.com**.